

## Ekitabo Ekiyitibwa Okuva

### *Abayisirayiri Babonyaabonyezebwa*

<sup>1</sup> Gano ge mannya ga batabani ba Isirayiri, era ye Yakobo, abajja naye mu Misiri; buli omu n'ab'omu nnyumba ye:

<sup>2</sup> Lewubeeni, ne Simyoni, ne Leevi ne Yuda,

<sup>3</sup> ne Isakaali, ne Zebbulooni, ne Benyamini,

<sup>4</sup> ne Ddaani, ne Nafutaali, ne Gaadi, ne Aseri.

<sup>5</sup> Abaana bona awamu Yakobo yennyini be yazaala baali bawera nsanvu\*; Yusufu ye, yali yabeera dda mu Misiri.

<sup>6</sup> Awo Yusufu n'afa; ne baganda be ne bona ab'omulembe ogwo ne bafa. <sup>7</sup> Naye Abayisirayiri ne bazaala nnyo, ne baala, ne bayitirira obungi, era ne baba ba maanyi nnyo; ne bajjula ekitundu ekkyo mwe baali.

<sup>8</sup> Awo ne waddawo kabaka omuggya mu Misiri ataamanya Yusufu. <sup>9</sup> N'agamba abantu be nti, "Abayisirayiri batuyitirideko obungi era ba maanyi. <sup>10</sup> Ka tubasalire amagezi baleme kweyongera bungi. Kubanga singa wagwawo olatalo

---

\* <sup>1:5</sup> ebiwandiiko ebimu bigamba nsanvu; kyokka ebiwandiiko ebyasangibwa mu Nnyanja ey'Omunnyo bigamba nsanvu mu bataano

ne beegatta n'abalabe baffe, ne batulwanyisa, balituddukako ne bava mu nsi eno.”

<sup>11</sup> Bwe batyo ne babateekako bannampala bababonyeebonye n'emirimu egy'obuwaze; ne bazimbira Falaawo ebibuga eby'amaterekero, Pisomu ne Lamusesi. <sup>12</sup> Naye gye baakoma okutuntuzibwa, ate gye baakoma okweyongera obungi, ne basaasaana wonna. Abamisiri ne bakyawa abaana ba Isirayiri ate nga bwe babatya. <sup>13</sup> Ne bongera okutuntuza abaana ba Isirayiri n'obukambwe. <sup>14</sup> Obulamu bw'Abayisirayiri ne bubakaayirira nga bakozesebwa ng'abaddu; nga batabula ebbumba okukola amatoffaali; n'emirimu egya buli ngeri egikolebwa mu nnimiro. Mu mirimu egyo gyonna baabakoze-sanga n'amaanyi era n'obukambwe.

### *Falaawo Awa Abazaalisa Ekiragiro*

<sup>15</sup> Awo kabaka w'e Misiri n'ayogera n'abazaalisa b'Abaebbulaniya, amannya gaabwe Sifira ne Puwa<sup>†</sup>, n'abagamba nti, <sup>16</sup> “Bwe mubanga muzaalisa abakazi Abaebbulaniya, ne mulaba ng'omwana wabulenzi, mumuttanga bussi, naye bw'abanga owoobuwala, mumulekanga n'alama.” <sup>17</sup> Naye abazaalisa baali batya Katonda, nga bamussaamu ekitiibwa, ebyo kabaka w'e Misiri bye yabalagira ne batabikolerako, n'abaana abalenzi nabo ne babaleka ne balama. <sup>18</sup> Kabaka w'e Misiri n'ayita abazaalisa, n'ababuuza nti, “Kiki ekibakozesezza bwe mutyo, okuleka abaana abalenzi ne balama?”

---

<sup>†</sup> **1:15** Sifira ne Puwa baali abazaalisa Abaebbulaniya.

<sup>19</sup> Abazaalisa, ne baddamu Falaawo nti, "Abakazi Abaebbulaniya tebali ng'abakazi Abamisiri; bo balamu bulungi era ba maanyi; abazaalisa we bagendera okubatuukako nga bamaze okuzaala."

<sup>20</sup> Katonda, n'ayisanga bulungi abazaalisa n'abawa emikisa. Abaanba Isirayiri ne beeyongera nnyo obungi era ne baba ba maanyi nnyo. <sup>21</sup> Olwokubanga abazaalisa bassangamu Katonda ekitiibwa, nga bamutya, n'abawa ez-zadde.

<sup>22</sup> Falaawo n'alyoka alagiraabantu be bonna nti, "Buli mwana wabulenzi Abaebbulaniya gwe banaazaalanga mumusuulanga mu mugga Kiyira, naye owoobuwala mumulekanga."

## 2

### *Okuzaalibwa kwa Musa*

<sup>1</sup> Awo olwatuuka omusajja ow'omu kika kya Leevi, n'agenda n'awasa omukazi, nga naye Muleevi. <sup>2</sup> Omukazi oyo n'aba olubuto n'azaala omwana mulenzi; naye bwe yalaba nga mwana alabika obulungi ennyo, n'amukwekera emyezi esatu. <sup>3</sup> Naye bwe yatuusa ekiseera nga takyasobola kumukweka, n'amufunira ekibaya eky'ebitoogo, n'akisiigako ebitosi ne koolaasi; omwana n'amuteeka omwo, n'akissa mu bitoogo ku lubalama lw'omugga Kiyira. <sup>4</sup> Mwannyina w'omwana n'ayimiriranga nga yeesuddeko ak-abanga, alabe ebinaamutuukangako.

<sup>5</sup> Awo muwala wa Falaawo n'aserengeta ku mugga Kiyira okunaaba; abawereza be abawala ne batambulira ku lubalama lw'omugga;

muwala wa Falaawo n'alaba ekibaya mu bitoogo, n'atuma omu ku bawala okukikima, n'akireeta. <sup>6</sup> Bwe yakisaanukulako, n'alabamu omwana. Omwana yali akaaba, n'amusaasira nnyo, n'agamba nti, "Ono y'omu ku baana abawere aba Baebbulaniya."

<sup>7</sup> Awo mwannyina w'omwana n'asembera, n'agamba muwala wa Falaawo nti, "Njende nkuyitire omulezi w'abaana Omwebbulaniya aije akumulerere?" <sup>8</sup> Muwala wa Falaawo n'amuddamu nti, "Kale, genda." Omuwala mwannyina w'omwana oyo bwe yagenda, yaleeta nnyina wa mwana! <sup>9</sup> Muwala wa Falaawo n'agamba nnyina w'omwana nti, "Twala omwana ono omunderere, nnaakusasulanga." Omukazi oyo n'atwala omwana n'amulera. <sup>10</sup> Omwana bwe yakula, n'amutwalira muwala wa Falaawo, n'afuuka omwana wa muwala wa Falaawo. N'amutuumma erinnya Musa, n'agamba nti, "Kubanga namuggyga mu mazzi."

### *Musa Addukira e Midyaani*

<sup>11</sup> Awo olwatuuka, Musa ng'amaze okukula, n'agendako mu bantu be Abaebbulaniya, n'alaba emirimu emikakanyavu gye baali bakozesebwa. N'alaba Omumisiri ng'akuba Omwebbulaniya, omuntu ow'omu baganda be. <sup>12</sup> Awo Musa n'amagamaga, bwe yalaba nga teri muntu mulala amulaba, n'akwata Omumisiri n'amutta, n'amukweka mu musenyu. <sup>13</sup> Bwe yaddayo enkeera, n'alaba abasajja babiri Abaebbulaniya nga balwana. N'abuuza oyo

eyali asobezza nti, "Lwaki okuba Mwebbulaniya munno?" <sup>14</sup> Omusajja n'amuddamu nti, "Ani eyakulonda okuba omufuzi waffe era omulamuzi waffe? Oyagala kunzita nga bwe watta Omumisiri?" Musa n'aty, n'ayogera mu mutima gwe nti, "Ekintu kye nakola kirabika kyategeerebwa."

<sup>15</sup> Awo Falaawo bwe yakiwulira, n'agezaako okutta Musa. Naye Musa n'aviira Falaawo, n'addukira mu nsi ya Midyaani;\* n'atuula awali oluzzi. <sup>16</sup> Waaliwo kabona mu Midyaani eyalina abaana be abawala musanvu, ne bajja okusena amazzi bajjuze ebyesero banywese endiga za kitaabwe. <sup>17</sup> Kyokka ne wabaawo abasumba ne bajja ne babagobawo; naye Musa n'asituka n'abalwanirira, n'anywesa endiga zaabwe.

<sup>18</sup> Abawala bwe baddayo eka eri kitaabwe Leweri,<sup>†</sup> n'ababuuza nti, "Nga mukomyewo mangu leero?" <sup>19</sup> Ne bamuddamu nti, "Omusajja Omumisiri atulwaniridde ng'abasumba batujoogereza; y'atusenedde n'amazzi n'anywesa ekisibo kyaffe." <sup>20</sup> N'abuuza bawala be nti, "Ali ludda wa? Ye lwaki mumuleseeyo? Mumuyite aije alye ku mmere."

<sup>21</sup> Musa n'akkiriza. N'abeerera ddala mu maka ga Leweri. Leweri n'awa Musa muwala we Zipola okuba mukyala we. <sup>22</sup> Zipola n'amuzaalira omwana owoobulenzi. Musa

---

\* <sup>2:15</sup> Midyaani yali omu ku batabani ba Ibulayimu (Lub 25:2). Abamidiyaani baabeeranga obukiikkono bwa Sinaayi. † <sup>2:18</sup> Leweri lye lyali erinnya lya Yesero eddala.

n'amutuumma erinnya Gerusomu, ng'agamba nti,  
"Kubanga ndi mugwira mu nsi etali yange."

<sup>23</sup> Awo nga wayiseewo ebbanga ggwanvu, kabaka w'e Misiri n'afa. Abaana ba Isirayiri ne basindanga era ne bakaabanga olw'obuddu bwe baalimu, n'okukaaba kwabwe ne kutuuka eri Katonda. <sup>24</sup> Katonda n'awulira okusinda kwabwe. Katonda n'ajjukira endagaano ye gye yalagaana ne Ibulayimu, ne Isaaka ne Yakobo. <sup>25</sup> Katonda n'atunuulira abaana ba Isirayiri, n'ategeera okubonaabona kwabwe.

### 3

#### *Okuyitibwa kwa Musa*

<sup>1</sup> Awo olwatuuka, Musa bwe yali ng'alunda ekisibo ky'endiga za mukoddomi we Yesero, kabona w'e Midiyaani, n'atwala ekisibo ku ludda olw'ebugwanjuba olw'eddungu; n'atuuka ku lusozi lwa Katonda oluyitibwa Kolebu\*. <sup>2</sup> Malayika wa MUKAMA n'amulabikira ng'asinziira mu muliro ogwaka, mu makkati g'ekisaka. Musa n'atunuulira ekisaka, n'alaba nga kyaka naye nga tekisiriira. <sup>3</sup> Musa n'ayogera mu mwoyo gwe nti, "Leka nneetoolooleko neetegereze ekintu kino ekitali kya bulijjo, eky'ekitalo, ekireetedde ekisaka obutasiriira."

<sup>4</sup> MUKAMA bwe yalaba nga Musa agenze ok-wetegereza, Katonda n'amuyita ng'asinziira mu kisaka wakati nti, "Musa, Musa!" Musa n'ayitaba nti, "Nze nzuuno." <sup>5</sup> Katonda n'amugamba nti, "Teweeyongera kusembera. Ggyamu engatto zo,

---

\* **3:1** Kolebu Olusozi olwo era ye Sinaayi.

kubanga ekifo w'oyimiridde kitukuvu.” <sup>6</sup> Ne yeeyongera n'amugamba nti, “Nze Katonda wa kitaawo, era nze Katonda wa Ibulayimu, nze Katonda wa Isaaka, era nze Katonda wa Yakobo.”

Musa bwe yawulira ebyo n'akweka amaaso ge, kubanga yatya okutunuulira Katonda.

<sup>7</sup> Awo MUKAMA Katonda n'ayogera nti, “Ndabidde ddala okubonaabona kw'abantu bange abali mu Misiri. Mpulidde ebiwoobe byabwe olw'abo ababatuntuza ng'abaddu; era ntagedde okubonaabona kwabwe. <sup>8</sup> Kyenvudde nzika, mbawonye effugabbi ery'Abamisiri, era mbaggye mu nsi eyo, mbaleete mu nsi ennungi era engazi, y'ensi ekulukuta amata n'omubisi gw'enjuki; kaakano mwe muli Abakanani, n'Abakiiti, n'Abamoli, n'Abaperezi, n'Abakiivi n'Abayebusi. <sup>9</sup> Kale mpulidde okukaaba kw'abaana ba Isirayiri, era ndabye ng'Abamisiri bwe bababonyaabonya. <sup>10</sup> Noolwekyo, jjangu nkutume ewa Falaawo, oggyeyo abantu bange abaana ba Isirayiri mu Misiri.”

<sup>11</sup> Naye Musa n'agamba Katonda nti, “Nange nze ani agenda ewa Falaawo nziggyeyo abaana ba Isirayiri mu Misiri?” <sup>12</sup> Katonda n'amuddamu nti, “Ddala, nnaabeeranga naawe. Era kino kye kikakasa nti nze nkutumye: Bw'olimala okuggyga abantu abo mu Misiri, mulisiniza Katonda ku lusozi luno.” <sup>13</sup> Awo Musa n'abuuza Katonda nti, “Bwe ndituuka mu baana ba Isirayiri ne mbat-eggeza nti, ‘Katonda wa bajjajjammwe antumye gye muli;’ nabo ne bambuuza nti, ‘Erinnya lye ye ani?’ Ndibaddamu ntya?”

<sup>14</sup> Katonda n'agamba Musa nti, "NDI NGA BWE NDI," n'ayongera nti, "Bw'otyo bw'onootegeeeza abaana ba Isirayiri nti, 'NDI y'antumye gye muli.' "

<sup>15</sup> Katonda n'ayongera n'agamba Musa nti, "Tegeeza abaana ba Isirayiri nti, 'MUKAMA, Katonda wa bajjajjammwe: Katonda wa Ibulayimu, era Katonda wa Isaaka, era nga ye Katonda wa Yakobo, y'antumye gye muli.'

"Eryo lye linnya lyange ery'olubeerera,  
era lye linnya lye nnajjuukirirwangako  
mu buli mulembe ogunaddiriranga gunnaagwo.

<sup>16</sup> "Genda okunjaanye abakadde ba Isirayiri, obategeeze nti, 'MUKAMA, Katonda wa bajjajjammwe, Katonda wa Ibulayimu, era owa Isaaka, era owa Yakobo, yandabikira, n'anjamba nti, Ntunuulidde abantu bange, ne ndaba ebibakolebwa mu Misiri. <sup>17</sup> Kyenvudde nsuubiza okubaggya mu kubonaabona kwe balimu mu Misiri, mbaleete mu nsi y'Abakanani, n'Abakiiti, n'Abamoli, n'Abaperezi, n'Abakiivi, n'Abayebusi; y'ensi ekulukuta amata n'omubisi gw'enjuki.'

<sup>18</sup> "Abakadde ba Isirayiri bagenda kuwuliriza by'ogamba. Kale, ggwe n'abakadde ba Isirayiri muligenda eri kabaka wa Misiri ne mumugamba nti, 'MUKAMA, Katonda w'Abaebbulaniya yeeraga gye tuli. Tukkirize tugende mu ddungu, olugendo lwa nnaku ssatu, tuweeyo ssaddaaka eri MUKAMA Katonda waffe.' <sup>19</sup> Naye mmanyi nga kabaka w'e Misiri talibakkiriza kugenda, wabula ng'awalirizibbwa n'amaanyi mangi. <sup>20</sup> Kyendiva

nkozesza amaanyi gange, ne mbonereza Misiri n'ebiyamagero bye ndikolera mu nsi omwo; n'oluvannyuma alibakkiriza ne mugenda.

<sup>21</sup> “Era Abamisiri ndibaagazisa abantu abo; bwe mutyo bwe muliba musitula, temulivaayo ngalo nsa. <sup>22</sup> Buli mukazi Omuyisirayiri alisaba omukazi Omumisiri muliraanwa we, n'oyo bwe basula mu nju emu, ebitemagana ebya ffeeza n'ebya zaabu, n'engoye ez'okwambala. Ebyo byonna mulibyambaza batabani bammwe ne bawala bammwe; Abamisiri ne muleka nga mubakalizza.”

## 4

### *MUKAMA awa Musa Obuyinza Okukola Ebyamagero*

<sup>1</sup> Musa n'addamu nti, “Tebagenda kunzikiriza, wadde okuwuliriza ebyo bye mbagamba: kubanga bagenda kwogera nti, MUKAMA takulabikiranga.”

<sup>2</sup> Awo MUKAMA n'amubuuza nti, “Ekyo kiki ekiri mu ngalo zo?”

N'addamu nti, “Muggo.”

<sup>3</sup> MUKAMA Katonda n'amugamba nti, “Gusuule wansi.”

Musa n'agusuula wansi; ne gufuuka omusota, n'agudduka! <sup>4</sup> MUKAMA n'agamba Musa nti, “Golola omukono gwo ogukwate akawuuwo ogusitule.” N'agolola omukono gwe n'agukwata, ne gufuuka omuggo mu mukono gwe. <sup>5</sup> MUKAMA n'amugamba nti, “Bw'olikola bw'otyo bagenda kukukkiriza, era balitegeera nga MUKAMA Katonda wa bajajjaabwe, Katonda wa Ibulayimu,

era Katonda wa Isaaka, era Katonda wa Yakobo, yakulabikira.”

<sup>6</sup> MUKAMA n'amugamba nate nti, “Yingiza omukono gwo munda mu kyambalo kyo.” N'ayingiza omukono gwe munda mu kyambalo kye: bwe yaguggyaayo, laba, nga gujjudde ebigenge nga gutukula ng'omuzira.

<sup>7</sup> Ate n'amugamba nti, “Zzaayo omukono gwo munda mu kyambalo kyo.” Musa n'azzaayo omukono gwe mu kyambalo kye. Bwe yaguggyaayo, laba nga gufuuse mulamu ng'omubiri gwe ogwa bulijjo.

<sup>8</sup> MUKAMA n'agamba Musa nti, “Bwe batilikukkiriza ku kabonero akasoose, balikukkiriza ku kabonero akookubiri. <sup>9</sup> Bwe bagaananga okukukkiriza nga bamaze okulaba obubonero obwo bwombi, osenanga amazzi mu mugga n'ogayiwa ku lukalu; amazzi ago g'olisena mu mugga, galifuuka omusaayi ng'ogayiye ku lukalu.”

<sup>10</sup> Awo Musa n'agamba MUKAMA nti, “Ayi Mukama wange, siri mwogezi mulungi okuva edda n'edda, wadde ne mu kiseera kino ggwe kaayogerera nange, omuddu wo; njogera nnembeggerera ate nga bwe nnaanaagira.” <sup>11</sup> MUKAMA n'amuddamu nti, “Ani yakola akamwa k'omuntu? Ani yatonda bakasiru, ne bakiggala, n'abatunula, ne bamuzibe? Si nze, MUKAMA? <sup>12</sup> Kaakano, genda! Nnaakuyambanga ng'oyogera, era nnaakuyigirizanga by'onooyoyeranga.”

<sup>13</sup> Naye Musa n'agamba nti, “Mukama wange, nkwegayiridde tuma omuntu

omulala.” <sup>14</sup> MUKAMA n’asunguwalira nnyo Musa, n’amugamba nti, “Muganda wo Alooni Omuleevi, taliwo? Mmanyi nga mwogezi mulungi; era, laba, ajja gy’oli, era bw’anaakulabako ajja kusanyuka mu mutima gwe. <sup>15</sup> Ggwe ojja kwogeranga naye, nze nnaakutegeezanga ky’onoomugambanga, nange n’abayambanga mwembi, ne mbayigiriza eky’okukola. <sup>16</sup> Y’anaakwogereranga eri abantu, ng’abategeeza bye wandiyogedde; ggwe n’oba nga Katonda gy’ali, ng’omutegeezanga by’anaayogeranga. <sup>17</sup> Era oligenda n’omuggo guno, ng’ogukutte mu mukono gwo; gw’onookozesanga ebyamagero.”

<sup>18</sup> Awo Musa n’addayo eri Yesero, kitaawe wa mukazi we n’amugamba nti, “Nkusaba onzikirize ηnjende ndabe obanga baganda bange e Misiri bakyali balamu.” Yesero n’addamu Musa nti, “Genda mirembe.”

### *Musa Addayoko e Misiri*

<sup>19</sup> Awo MUKAMA n’ayogera ne Musa e Midiyaani nti, “Genda, oddeyo e Misiri kubanga abantu bona abaali baagala okukutta, baafa.” <sup>20</sup> Musa n’addiru mukyala we n’abaana be, n’abassa ku ndogoyi, n’asitula okuddayo mu nsi y’e Misiri, ng’akutte omuggo gwa Katonda mu ngalo ze.

<sup>21</sup> MUKAMA n’agamba Musa nti, “Bw’oddangayo e Misiri, okoleranga ebyamagero ebyo byonna bye nkulaze, awali Falaawo. Nze ndikakanyaza omutima gwe, abantu bange aleme okubakkiriza okugenda.

<sup>22</sup> Falaawo omugambanga bw'oti nti, MUKAMA agambye nti, 'Isirayiri mutabani wange, ye mwana wange omubereberye; <sup>23</sup> era nkulagira oleke omwana wange agende ampeereze; naye singa ogaana okumuleka okugenda, laba, nditta mutabani wo omubereberye.'

<sup>24</sup> Awo bwe baali bagenda nga batuuse ku nnyumba y'abagenyi, MUKAMA n'amulabikira, n'ayagala okumutta. <sup>25</sup> Naye Zipola n'addiraijjinja eryogi, n'akomola omwana we, ekikuta n'akisuuula ku bigere bya Musa, n'amugamba nti, "Oli baze wa musaayi!" <sup>26</sup> Awo MUKAMA n'amuleka. Mu kaseera ako Zipola we yayogerera ku kukomola nti, "Baze wange ng'osaabye omusaayi!"

<sup>27</sup> Awo MUKAMA n'agamba Alooni nti, "Genda mu ddungu, osisinkane Musa. N'agenda, n'amusanga ku lusozi lwa Katonda, ne bagwanjana mu bifuba." <sup>28</sup> Musa n'abuulira Alooni ebigambo byonna MUKAMA bye yali amutumye okwogera, n'obubonero bwonna obw'ebiyamagero bwe yamulagira okukola.

<sup>29</sup> Musa ne Alooni ne bagenda, ne bakuñjaanya abakulu abakulembeze b'abaana ba Isirayiri; <sup>30</sup> Alooni n'abategeeza byonna MUKAMA bye yagamba Musa; era n'abakolera n'obubonero, <sup>31</sup> ne bakkiriza. Era bwe baawulira nga MUKAMA yakyalira abaana ba Isirayiri, n'alaba okubonaabona kwabwe, ne bakoteka emitwe gyabwe ne basinza.

*Falaawo Aziyiza Abayisirayiri Okuva mu Misiri*

<sup>1</sup> Oluvannyuma lw'ebyo, Musa ne Aloonii ne bajja eri Falaawo, ne bamugamba nti, "Tutumid-dwa MUKAMA Katonda wa Isirayiri ng'akugamba nti, 'Leka abantu bange bagende, bankolere embaga mu ddungu.' "

<sup>2</sup> Naye Falaawo n'abaddamu nti, "MUKAMA ye ani, mmugondere, nzikirize Abayisirayiri okugenda? MUKAMA ssimumanyi, era sijja kubakkiriza kugenda."

<sup>3</sup> Ne bamugamba nti, "Katonda w'Abaebbulaniya yatulabikira. Tukusaba otuleke tugende olugendo lwa nnaku ssatu mu ddungu, tuweeyo ssaddaaka eri MUKAMA Katonda waffe;\*" aleme kututta ne kawumpuli, oba n'ekitala."

<sup>4</sup> Naye kabaka w'e Misiri n'abagamba nti, "Mmwe Musa ne Aloonii, lwaki mwagala okuggya abantu ku mirimu gyabwe? Muddeeyo mangu ku mirimu gyammwe." <sup>5</sup> Falaawo n'ayongera n'agamba nti, "Kale, mulabe abantu nga bwe beeyongedde obungi mu ggwanga ate mmwe mubaziyiza kukola."

<sup>6</sup> Ku lunaku olwo lwennyini Falaawo n'alagira abagabi b'emirimu ne bannampala b'abantu<sup>†</sup> nti, <sup>7</sup> "Mulekeraawo okuwanga abantu essubi ery'okukoza mu kubumba amatoffaali;

---

\* <sup>5:3</sup> Abamisiri baatwalanga ensolo ng'ente okuba ensolo ezwongebwa, era ekyo kye kyagendererwa mu kugenda olugendo okuva awaali Abamisiri, okuwaayo ssaddaaka (laba 8:22) † <sup>5:6</sup> Abagabi b'emirimu baali Bamisiri, ate nga bannampala b'abantu Bayisirayiri.

mubaleke bagende beenoonyezenga essubi lyabwe.<sup>‡ 8</sup> Naye mubalagire babumbenga obungi bw'amatoffaali bwe bumu nga ge babadde babumba; temukendeezanga ku muwendo ogwabasalirwa. Bagayaavu; era kyebava bankaabirira nti, ‘Tuleke tugende tuweeyo ssaddaaka eri Katonda waffe.’<sup>9</sup> Abasajja mubongerekko ku mirimu gye mubasalira, bakole nnyo, balyoke baleme na kufa ku ebyo bye babalimbalmiba.”

*Abakozesa      Bongera      ku      Mirimu  
gy'Abayisirayiri*

<sup>10</sup> Awo abakozesa ne bannampala ne bagenda ne bategeeza abantu nti, “Falaawo agambye bw'ati nti, ‘Sijja kwongera kubawanga ssubi. <sup>11</sup> Mugende mwenoonyeze essubi yonna gye musobola okuliraba; kyokka emirimu gyammwe tegijja kukendeezebwako n'akatono.’” <sup>12</sup> Bwe batyo abantu ne basaasaanira Misiri yonna okukunjaanya obukonge bw'essubi ly'enjaano bakozese obwo mu kifo ky'essubi. <sup>13</sup> Abakozesa ne babakuluusanyanga nga babalagira nti, “Emirimu gyammwe egibasalirwa buli lunaku, mugituukirize nga bwe mwakolanga ng'essubi likyabaweebwa.” <sup>14</sup> Bannampala Abayisirayiri,

---

<sup>‡ 5:7</sup> Amatoffaali gakazibwanga mu musana, essubi nga likoze-sebwa okwongera okugagumya. Mu biseera ebyamakungula, ebitundu ebya waggulu empeke kwe zibeera bye byatemeb-wanga, ebikolo ebya wansi ne birekebwa mu nnimiro. Ebikolo ebyo ebya wansi, ebyasigalanga mu nnimiro, Falaawo bye yabagamba bateme okubumba amatoffaali.

abaalondebwa abakozesa ba Falaawo, ne baku-bibwanga nga bwe babuuzibwa nti, "Lwaki omuwendo gw'amatoffaali ogwa jjo n'ogwa leero ogwabasalirwa temugutuukirizza nga bwe mwakolanga edda?"

<sup>15</sup> Awo bannampala Abayisirayiri ne bajja ne bajulira ewa Falaawo, ne bamugamba nti, "Ffe abaddu bo, lwaki otuyisizza bw'oti? <sup>16</sup> Abaddu bo tetuweebwa ssubi, kyokka tulagirwa nti, 'Mubumbe amatoffaali!' Abaddu bo tukubibwa, so ng'omusango guli mu bantu bo." <sup>17</sup> Falaawo n'abaddamu nti, "Muli bagayaavu bugayaavu kyokka. Kyemuva mundeeberera nti, 'Tuleke tugende tuweeyo ssaddaaka eri MUKAMA.' <sup>18</sup> Kale, mugende mukole! Temuija kuweebwa ssubi, naye muteekwa okubumba omuwendo gw'amatoffaali omujjuvu nga bwe gwabasalirwa."

<sup>19</sup> Bannampala Abayisirayiri ne bategeera ng'akacwano kabatuukiridde, bwe baagam-bibwa nti, "Omuwendo gw'amatoffaali og-wabasalirwa okubumba buli lunaku tegujja kukendeezebwako." <sup>20</sup> Bwe baava ewa Falaawo, baasanga Musa ne Alooni nga babalindiridde. <sup>21</sup> Bannampala ne babagamba nti, "MUKAMA abatunuulire era asalewo; kubanga mutufudde ekyenyinyalwa ewa Falaawo n'abaweeresa be, era mubakwasizza ekitala okututta."

### *Katonda Asuubiza Okununula Abayisirayiri*

<sup>22</sup> Awo Musa n'akomawo awali MUKAMA, n'ayogera nti, "Ayi Mukama, abantu bano lwaki obaleetedde emitawaana? Eyo y'ensonga kye-wava ontuma? <sup>23</sup> Kubanga kasookedde ηnjenda

ne njogera ne Falaawo mu linnya lyo, abantu bo abataddeko ebizibu bingi; era abantu bo tobawonyezza n'akatono.”

## 6

<sup>1</sup> Awo MUKAMA n'addamu Musa nti, “Kaakano ojja kulaba kye nnaakola Falaawo. Kubanga alibaleka ne bagenda olw'amaanyi, era olw'amaanyi alibagoba mu nsi ye.”

<sup>2</sup> Katonda n'agamba Musa nti, “Nze MUKAMA.

<sup>3</sup> Nalabikira Ibulayimu, ne Isaaka ne Yakobo nga Katonda Ayinzabyonna; kyokka saabategeeza linnya lyange nti Nze MUKAMA. <sup>4</sup> Era nabasubiza mu ndagaano yange okubawa ensi ya Kanani, gye baabeerangamu ng'abagwira abatambuze. <sup>5</sup> Kaakano mpulidde okusinda kw'abaana ba Isirayiri abatuntuzibwa Abamisiri mu buddu, ne nzijkira endagaano yange.

<sup>6</sup> “Noolwekyo tegeeza abaana ba Isirayiri nti, ‘Nze MUKAMA. Ndibatikkulako emigugu gy'Abamisiri, era ndibawonya obuddu, ne mbanunula n'omukono gwange ogw'amaanyi nga nsalira Abamisiri omusango. <sup>7</sup> Ndibafuula abantu bange, era nnaabeeranga Katonda wammwe, era mulitegeera nga nze MUKAMA Katonda wammwe abawonyezza ebizibu by'Abamisiri. <sup>8</sup> Ndibaleeta mu nsi gye nalayira okuwa Ibulayimu ne Isaaka ne Yakobo; ndigibawa n'efuuka yammwe. Nze MUKAMA.’”

<sup>9</sup> Musa n'ategeeza abaana ba Isirayiri ebigambo ebyo. Naye tebaamuwliriza, kubanga emitima gyali gibennyise, nga n'okutuntuzibwa kubayitiride.

<sup>10</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, <sup>11</sup> "Genda otegeeze Falaawo kabaka w'e Misiri aleke abaana ba Isirayiri bave mu nsi ye."

<sup>12</sup> Naye Musa n'addamu MUKAMA nti, "Laba, abaana ba Isirayiri bagaanyi okumpuliriza, kale Falaawo anampuliriza atya nze atayogera bulungi?" <sup>13</sup> Naye MUKAMA n'ayogera ne Musa ne Alooni, n'abalagira bategeeze abaana ba Isirayiri ne Falaawo nti, MUKAMA abalagidde okuggya abaana ba Isirayiri mu nsi y'e Misiri.

### *Obuzaale bwa Musa ne Alooni*

<sup>14</sup> Gano ge mannya aga bajajjaabwe ab'omu bika byabwe:

Batabani ba Lewubeeni, mutabani wa Isirayiri omubereberye, be bano:  
Kanoki ne Palu, Kezulooni ne Kalumi.

<sup>15</sup> Batabani ba Simyoni:

Yamweri ne Yamini, ne Okadi, Yakini ne Zokali, Sawuli (omwana w'omukyala Omukanani).

Abo be b'omu mu bika bya Simyoni.

<sup>16</sup> Gano ge mannya ga batabani ba Leevi ng'emirembe bwe giri:

Gerusoni ne Kokasi ne Merali.

Leevi yawangaala emyaka kikumi mu asatu mu musanvu.

<sup>17</sup> Batabani ba Gerusoni be bano mu bika byabwe:

Libuni ne Simeeyi.

<sup>18</sup> Bano be batabani ba Kokasi:

Amulaani ne Izukali, Kebbulooni ne  
Wuziyeeri.

Kokasi yawangaala emyaka kikumi mu  
asatu mu esatu.

<sup>19</sup> Bano be batabani ba Merali:  
Makuli ne Musi.

Abo be b'omu bika bya Leevi  
ng'emirembe gyabwe bwe gyali.

<sup>20</sup> Amulaamu n'awasa senga we Yokebedi;  
n'amuzaalira: Aloonie ne Musa.

Amulaamu n'awangaala emyaka kikumi  
mu asatu mu musanvu.

<sup>21</sup> Bano be baana ba Izukali:  
Koola ne Nefega ne Zikiri.

<sup>22</sup> Abaana ba Wuziyeeri be bano:  
Misayeri ne Erizafani ne Sisiri.

<sup>23</sup> Aloonie n'awasa Eriseba, muwala wa Ami-  
nadaabu era nga ye mwannyina wa Nakay-  
isoni. Yamuzaalira abaana bano: Nadabu ne  
Abiku, Eriyazaali ne Isamaali.

<sup>24</sup> Bano be baana ba Koola:  
Asira ne Erukaana, ne Abiyasaafu.  
Abo be b'omu kika kya Abakoola.

<sup>25</sup> Eriyazaali, mutabani wa Aloonie, yawasa  
omu ku bawala ba Putiyeeri, n'amuzaalira  
Finekaasi.

Ago ge mannya g'abakulu b'ebika  
by'Abaleevi, n'enneyumba zaabwe  
mu bika ebyo.

<sup>26</sup> Abo ye Aloonie ne Musa MUKAMA be yalagira

nti, "Muggyeyyo abaana ba Isirayiri bona mu nsi y'e Misiri." <sup>27</sup> Be bo abaayogera ne Falaawo, kabaka w'e Misiri, ku by'okuggyayo abaana ba Isirayiri mu Misiri. Ye Musa oyo, ne Alooni oyo.

<sup>28</sup> Ku lunaku olwo MUKAMA kwe yayogerera ne Musa mu nsi y'e Misiri, <sup>29</sup> MUKAMA yagamba Musa nti, "Nze MUKAMA. Tegeeza Falaawo, kabaka w'e Misiri, buli kimu kyonna kye nkugamba." <sup>30</sup> Naye Musa n'addamu MUKAMA nti, "Nze atamanyi kwogera bulungi, Falaawo anampuliriza atya?"

## 7

<sup>1</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Laba, nkufudde nga Katonda awali Falaawo, ne muganda wo Alooni y'ajja okubeera nnabbi wo. <sup>2</sup> Ojjanga kwogera bye nkulagira, ne muganda wo Alooni ayogere ne Falaawo asobole okuleka abaana ba Isirayiri bave mu nsi ye. <sup>3</sup> Naye ndikakanyaza omutima gwa Falaawo; ne bwe ndikolera ebyamagero ebingi ennyo mu nsi y'e Misiri, <sup>4</sup> tagenda kubawuliriza. Ndirumba Misiri n'amaanyi, ne ngisalira omusango, ne ndyoka nzigyayo abantu bange Abayisirayiri bona. <sup>5</sup> Era Abamisiri balitegeera nti Nze MUKAMA, bwe ndirumba Misiri n'amaanyi ne nzigyayo Abayisirayiri."

### *Omuggo gwa Alooni Gufuuka Omusota*

<sup>6</sup> Awo Musa ne Alooni ne bakola nga MUKAMA bwe yabalagira. <sup>7</sup> We baayogerera ne Falaawo, Musa yali aweza emyaka kinaana

egy'obukulu, ne Alooni ng'aweza emyaka kinaana mu esatu. <sup>8</sup> MUKAMA n'agamba Musa ne Alooni nti, <sup>9</sup> "Falaawo bw'anaabagamba nti, 'Mukoleeyo ekyamagero,' nga ggwe ogamba Alooni nti, 'Ddira omuggo gwo ogusuule wansi awali Falaawo,' era gunaafuuka omusota."

<sup>10</sup> Awo Musa ne Alooni ne bagenda ewa Falaawo, ne bakola nga MUKAMA bwe yabalgira. Alooni n'asuula omuggo gwe wansi awali Falaawo n'abawereza be, ne gufuuka omusota. <sup>11</sup> Falaawo naye n'atumya basajja be abagezigezi, n'abalogo; abakujukujju abo Abamisiri ne bakola ekintu kye kimu mu magezi gaabwe ag'ekyama. <sup>12</sup> Kubanga nabo baasula wansi emiggo gyabwe, ne gifuuka emisota; naye omuggo gwa Alooni ne gumira emiggo gyabwe. <sup>13</sup> Naye era omutima gwa Falaawo ne gukakanyala, nga MUKAMA bwe yali agambye.

### *Amazzi Gafuuka Omusaayi*

<sup>14</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Omutima gwa Falaawo gukakanyadde, era agaanye okuleka abantu okugenda. <sup>15</sup> Mu makya genda eri Falaawo ng'afuluma okulaga ku mazzi, omulindirire ku lubalama lw'omugga Kiyira\*. Era twala n'omuggo ogwafuuka omusota. <sup>16</sup> Olyoke omugambe nti, 'MUKAMA Katonda wa Abaebbulaniya yantuma gy'oli ng'agamba nti, Leka abantu bange bajje mu ddungu

---

\* <sup>7:15</sup> Kiyira Falaawo yagendanga okusinza lubaale w'Omugga Kiyira (kitaawe wa balubaale). Noolwekyo okukwata ku Kiyira, kyali nga kukwata mu liiso lya Misiri lyennyini.

bansinze; naye, laba, n'okutuusa leero okyagaanyi okunyondadera.' <sup>17</sup> Bw'ati bw'ayogera MUKAMA nti, 'Ku kino kw'olitegeerera nga nze MUKAMA: laba ndikuba ku mazzi agali mu mugga, n'omuggo oguli mu mukono gwange, era galifuuka musaayi, <sup>18</sup> n'ebyenneyanja ebiri mu mugga birifa, n'omugga guliwunya; era n'Abamisiri nga tebakayayagala kunywa ku mazzi gaagwo.'

<sup>19</sup> MUKAMA n'agamba Musa nti, "Tegeeza Alooni nti, 'Twala omuggo gwo ogwolekeze amazzi gonna mu Misiri: ku migga gyabwe, n'emikutu gyabwe, n'obuyanja bwabwe, n'ebidiba byabwe, byonna bifuuke musaayi. Era wagenda kubeerawo omusaayi mu nsi yonna ey'e Misiri: mu ntiba ez'emiti ne mu matogero ag'amayinja.' "

<sup>20</sup> Awo Musa ne Alooni ne bakola nga MUKAMA bwe yabalagira. Alooni n'addira omuggo gwe n'akuba ku mazzi ag'omu mugga, nga Falaawo n'abaweeresa be balaba; amazzi gonna ag'omu mugga ne gafuuka omusaayi. <sup>21</sup> Era n'ebyenneyanja byonna mu mugga Kiyira ne bifia. Omugga ne guwunya, Abamisiri nga tebakaya-sobola kunywa mazzi ga mu mugga Kiyira; omusaayi ne gubuna wonna mu nsi y'e Misiri.

<sup>22</sup> Abalogo ab'omu Misiri nabo ne bakola bwe batyo mu magezi gaabwe ag'ekyama. Omutima gwa Falaawo ne gweyongera okukakanyala, ebya Musa ne Alooni n'atabiwuliriza era nga MUKAMA bwe yali agambye; <sup>23</sup> n'akyuka ne yeddirayo mu lubiri lwe, nga byonna ebibaddewo

tabissizzaako mwoyo. <sup>24</sup> Abamisiri bona ne basimaasima okumpi n'omugga nga banoonya amazzi ag'okunywa, kubanga amazzi g'omu mugga nga tegakyanyweka.

<sup>25</sup> Awo ne wayitawo ennaku musanvu okuva ku lunaku MUKAMA lwe yakubirako omugga.

## 8

### *Ebikere Bibuna mu Bamisiri*

<sup>1</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Ggenda ewa Falaawo omugambe nti, 'MUKAMA agambye bw'ati nti, "Leka abantu bange bagende, balyoke bansinze. <sup>2</sup> Naye bw'onoogaana n'otabakkiriza kugenda, laba, nnaasindika ebikere ne bijjula ensi yo yonna. <sup>3</sup> Omugga gulivaamu ebikere enkumu ennyo ebirituuka ne mu lubiri lwo. Biriyingira mu kisenge kyo mw'osula, ne ku kitanda kyo. Biriyingira mu nnyumba z'abaweeereza bo ne mu z'abantu bo. Biriyingira ne mu byoto omufumbirwa. <sup>4</sup> Ebikere birikuwalampa ne bikutambulirako ne ku bakungu bo bona ne ku bantu bo." ""

<sup>5</sup> MUKAMA n'agamba Musa nti, "Tegeeza Alooni nti, 'Golola omukono gwo oyolekeze omuggo gwo eri emigga, n'eri emikutu gy'amazzi, n'eri ebidiba, osobozese ebikere okubuna ensi yonna ey'e Misiri.' " <sup>6</sup> Bw'atylo Alooni n'agolola omukono gwe ku mazzi gonna ag'omu Misiri; ebikere ne bivaayo ne bijjula ensi yonna ey'e Misiri. <sup>7</sup> Abalogo nabo ne bakola bwe batyo mu magezi gaabwe ag'ekyama, nabo ne baleeta ebikere mu nsi ey'e Misiri.

<sup>8</sup> Awo Falaawo n'atumya Musa ne Alooni n'abagamba nti, "Mwegayirire MUKAMA anzig-geeko ebikere bino era ne ku bantu bange, ndyoke nange ndekeabantu bammwe bagende baweeyo ssaddaaka eri MUKAMA." <sup>9</sup> Musa n'addamu Falaawo nti, "Weerondere ekiseera nga bw'osiima, w'oyagalira neegayirire MUKAMA ku lulwo ne ku lw'abawereza bo, ne ku lw'abantu bo, ebikere ebikuliko n'ebiri mu nnyumba zo bizikirizibwe, bisigale mu mugga Kiyira mwokka."

<sup>10</sup> Falaawo n'agamba nti, "Enkyaa." Musa n'agamba nti, "Kijja kubeera nga bw'ogambye, olyoke otegeere nga bwe watali n'omu afaanana nga MUKAMA Katonda waffe. <sup>11</sup> Ebikere bijja kukuviira, bive ne mu mayumba go, biviire n'abawereza bo n'abantu bo; bijja kusigala mu mugga mwokka."

<sup>12</sup> Awo Musa ne Alooni ne bava ewa Falaawo. Musa ne yeegayirira MUKAMA olw'ebikere MUKAMA bye yali aleetedde Falaawo. <sup>13</sup> MUKAMA n'akolera Musa kye yamusaba. Ebikere ne bifira mu mayumba, ne mu mpya mu byalo, ne mu nnimiro. <sup>14</sup> Ne bikuññaanyizibwa entuumo n'entuumo; ensi n'ejjula ekivundu. <sup>15</sup> Naye Falaawo bwe yalaba nga waliwo wassiza ku mukka, n'akakanyaza omutima gwe, ebya Musa ne Alooni n'alekera awo okubiwliriza, era nga MUKAMA bwe yali agambye.

### *Ensekere Zibuna mu Bamisiri*

<sup>16</sup> Awo MUKAMA n'ayogera ne Musa nti, "Gamba Alooni bw'oti nti, 'Golola omuggo gwo, okube ku nfuufu eri ku ttaka, eryoke efuuke

ensekere mu nsi yonna ey'e Misiri.' " <sup>17</sup> Ne bakola nga MUKAMA bw'abagambye; Aloon n'agolola omukono gwe ogwali gukute omuggo, n'akuba ku nfuufu ku ttaka, ne muvaamu ensekere ne zitambulira ku bantu ne ku nsolo; enfuufu yonna mu nsi y'e Misiri n'efuuka nsekere. <sup>18</sup> Abalogo nabo ne bagezaako mu magezi gaabwe ag'ekyama okufuusa ensekere, naye ne balemwa. Ensekere ne ziteevuunya ku bantu ne ku nsolo.

<sup>19</sup> Abalogo ne bagamba Falaawo nti, "Engalo ya Katonda bino y'ebikoze." Naye omutima gwa Falaawo ne gukakanyala, n'atabawuliriza, nga MUKAMA bwe yali agambye.

### *Ensowera Zibuna mu Bamisiri*

<sup>20</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Keera mu makya nnyo, ogende osisinkane Falaawo ng'aserengeta ku mazzi omugambe nti, 'MUKAMA agambye bw'ati nti, Leka abantu bange bagende, bansinze. <sup>21</sup> Naye abantu bange bw'otoobakkirize kugenda, laba, ndireeta ebikuukuulu by'ensowera, ku ggwe ne ku baweereza bo, ne ku bantu bo, ne mu nnyumba zammwe. Ensowera zirijjula mu mayumba ga Bamisiri ne ku ttaka kwe gaazimbibwa.

<sup>22</sup> "Naye ku lunaku olwo, ekitundu Goseni abantu bange gye babeera ndikiyisa mu ngeri ya njawulo; kubanga yo teribaayo bikuukuulu bya nsowera n'akatono, olyoke otegeere nga nze, MUKAMA, ndi wano wakati mu nsi. <sup>23</sup> Nzija kussaawo enjawulo wakati w'abantu bange n'abantu bo. Ekyamagero kino kijja kubaawo enkeera.' "

<sup>24</sup> MUKAMA n'akola bw'atyo. Ebikuukuulu by'ensowera ne byeyiwa mu lubiri lwa Falaawo, mu nnyumba ye, ne mu mayumba g'abaweereza be, ne mu nsi yonna ey'e Misiri: ensi n'eyonooneka olw'ebikuukuulu by'ensowera.

<sup>25</sup> Awo Falaawo n'atumira Musa ne Alooni, n'abagamba nti, "Kale, muweereeyo wano mu nsi eno ssaddaaka eri Katonda wammwe."

<sup>26</sup> Naye Musa n'addamu nti, "Ekyo bwe tukikola, tekijja kuba kituufu. Kubanga ssaddaaka ze tuwaayo eri MUKAMA Katonda waffe, Abamisiri tebajja kuzaagala. Kale singa tuddira ssaddaaka Abamisiri ze bakyawa ennyo bwe batyo, ne tuziwaayo nga balaba, tebajja kutukuba amayinja? <sup>27</sup> Kitugwanira tutambule olugendo lwa nnaku ssatu mu ddungu, tuweeyo ssaddaaka eri MUKAMA Katonda waffe nga bw'anaatulagira."

<sup>28</sup> Falaawo n'agamba nti, "Nzija kubaleka mugende muweeyo ssaddaaka eri MUKAMA Katonda wammwe mu ddungu, kyokka temugenda ewala ennyo. Kale munsabire." <sup>29</sup> Musa

n'addamu nti, "Bwe nnaaba nakava wano w'oli nzija kusaba MUKAMA, enkya ensowera ziviire Falaawo n'abakungu be awamu n'abantu be. Naye kirungi Falaawo aleme nate kulimbalimba, n'atakkiriza bantu kugenda kuwaayo ssaddaaka eri MUKAMA."

<sup>30</sup> Musa n'avaayo ewa Falaawo, n'asaba MUKAMA. <sup>31</sup> MUKAMA n'akola nga Musa bwe yamusaba, n'aggyawo ebikuukuulu by'ensowera ewa Falaawo ne mu baweereza be, ne mu bantu be; ne watasigala nsowera n'emu. <sup>32</sup> Kyokka ne

ku mulundi guno, Falaawo yakakanyaza omutima gwe, abantu n'atabakkiriza kugenda.

## 9

### *Nsotoka mu Magana ag'Abamisiri*

<sup>1</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Genda ewa Falaawo omugambe nti, MUKAMA Katonda wa Abaebbulaniya agambye nti, 'Leka abantu bange bagende, bansinze. <sup>2</sup> Singa ogaa na okubakkiriza okugenda, n'oyongera okubaku-umira wano, <sup>3</sup> MUKAMA ajja kusindika nsotoka omukambwe ennyo mu magana go agali mu malundiro, ne mu mbalaasi ne mu ndogoyi, ne mu ηηjamira, ne mu zisseddume z'ente ne mu ndiga. <sup>4</sup> Naye MUKAMA ajja kwawulamu amagana aga Isirayiri n'aga Misiri, waleme kubaawo nsolo n'emu efa mu magana ag'abaana ba Isirayiri.' "

<sup>5</sup> MUKAMA n'alonda ekiseera, n'agamba nti, "Enkyia MUKAMA w'anaakolera ekintu kino mu nsi eno." <sup>6</sup> Era enkeera MUKAMA n'akola ekikolwa ekyo: amagana aga Misiri gonna ne gafa, naye ne wataba nsolo n'emu ku magana ag'abaana ba Isirayiri eyafa. <sup>7</sup> Falaawo n'atuma abantu okwetegereza, ne basanga nga tewali wadde ensolo n'emu ey'abaana ba Isirayiri eyali efudde. Naye era omutima gwa Falaawo ne gusigala nga gukyakakanyadde, Abayisirayiri n'atabakkiriza kugenda.

### *Amayute n'Amabwa mu Bamisiri*

<sup>8</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa ne Alooni nti, "Muyoole mu kyokero embatu z'omunyale,

Musa agumanse waggulu mu bbanga nga ne Falaawo alaba.<sup>9</sup> Gujja kufuuka nfuufu mu nsi yonna ey'e Misiri, guleete amayute ku bantu ne ku nsolo aganaatulikamu amabwa mu nsi yonna ey'e Misiri."

<sup>10</sup> Bwe batyo ne bayoola omunyale mu kyokero, ne bagenda bayimirira mu maaso ga Falaawo. Musa n'amansa evvu wag-gulu mu bbanga, ne lifuuka amayute, ne gatulikamu amabwa ku bantu ne ku nsolo. <sup>11</sup> Abalogo ne batasobola kuyimirira mu maaso ga Musa olw'amayute;\* kubanga amayute gaak-wata abalogo n'Abamisiri bonna. <sup>12</sup> Naye MUKAMA n'akakanyaza omutima gwa Falaawo, n'atawuliriza Musa ne Alooni, era nga MUKAMA bwe yagamba Musa.

### *Amayinja g'Omuzira Gagwa mu Bamisiri*

<sup>13</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Ozuukuka mu makya nnyo, n'ogenda oyolekera Falaawo, n'omugamba nti, MUKAMA Katonda wa Abaebbulaniya agamba bw'ati nti, 'Leka abantu bange bagende, bampeereze. <sup>14</sup> Kubanga ku mulundi guno nziya kukusindikira kawumpuli ku ggwe kennyini, ne ku bawereza bo, ne ku bakungu bo, olyoke otegeere nga tewali ali nga nze mu nsi yonna. <sup>15</sup> Kubanga nandiyinzizza okugolola omukono gwange ne nkusindikira olumbe, ggwe n'abantu bo, ne lubamalawo ku nsi. <sup>16</sup> Naye olw'ensonga eno kyennava nkuleka

---

\* **9:11** Ebirwadde n'ebibonooobono ebyasooka byali bituuse ku bintu ebiszibwa, kyokka ekirwadde kino kyali kituuse ku balogo, baleme kudday nate kutawanya Musa.

n'obeera mulamu, ndyoke njolesa amaanyi gange, era n'erinnya lyange liryoke litegeeezebwé mu nsi yonna. <sup>17</sup> Kyokka okyekulumbaliza ku bantu bange n'otobakkiriza kugenda, <sup>18</sup> noolwekyo, enkya obudde nga bwe buti, nzija kusindika kibuyaga ow'omuzira ogw'amayinja ogutagwangako mu Misiri kasookedde ensi eyo ebaawo. <sup>19</sup> Kale, lagira bayingize amagana go ag'ente, n'ebisolo byonna ebiri mu ddundiro, kubanga omuzira gujja kukuba buli muntu ali ebweru era ajja kufa; ne buli nsolo yonna eneebeera ebweru mu ddundiro gujja kugikuba efe.' "

<sup>20</sup> Abakungu ba Falaawo abaali batya ekigambo kya MUKAMA, ne banguwa ne bayingiza abaddu baabwe n'amagana gaabwe. <sup>21</sup> Naye abo abatassaayo mwoyo ku kigambo kya MUKAMA ne baleka abaddu baabwe n'amagana gaabwe ebweru.

<sup>22</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Golola omukono gwo eri eggulu, omuzira gugwe ku nsi yonna ey'e Misiri: gukube abantu, n'ensolo, ne buli kimera kyonna ekiri mu nnimiro mu Misiri." <sup>23</sup> Musa n'ayolekeza omuggo gwe eri eggulu; MUKAMA n'asindika okubwatuka n'omuzira; laddu ne yakira ku ttaka. Bw'atyø MUKAMA n'atonnyesa omuzira ku nsi y'e Misiri. <sup>24</sup> Omuzira ne gugwa, n'okumyansa ne kwetabika n'omuzira awatali kusalako, ne guba mungi nnyo, nga tegugwangako bwe gutyo kasookedde ensi ya Misiri efuuka ggwanga. <sup>25</sup> Omuzira gwakuba buli kintu kyonna ekyali ebweru mu nnimiro mu nsi yonna ey'e Misiri:

abantu n'ensolo; era omuzira ne gukuba buli kimera kyonna mu nnimiro, ne gusensebulu emiti gyonna ku ttale. <sup>26</sup> Ekitundu kyokka ekitaaatuukwamu muzira, kye kya Goseni, abaana ba Isirayiri gye baabeeranga.

<sup>27</sup> Awo Falaawo n'atumya Musa ne Alooni, n'abagamba nti, "Leero luno nnyonoonye; MUKAMA ye mutuufu, naye nze n'abantu bange ffe bakyamu. <sup>28</sup> Weegayirire MUKAMA; kubanga omuzira n'okubwatuka bitwetamizza. Nzija kubaleka mugende; siraba kyemuva mweyongera kubeera wano."

<sup>29</sup> Musa n'addamu nti, "Olunaafuluma mu kibuga, nnaagolola emikono gyange waggulu eri MUKAMA ne mmusaba. Okubwatuka kunaasirika, n'omuzira gunaalekera awo okugwa; olyoke otegeere ng'ensi eno MUKAMA ye nannyini yo. <sup>30</sup> Kyokka mmanyi nga ggwe n'abakungu bo temunnatya MUKAMA Katonda."

<sup>31</sup> (Obugoogwa ne sayiri byakubwa ne bizikirizibwa, kubanga sayiri yali ayengera nga n'obugoogwa bumulisizza. <sup>32</sup> Naye enjaano n'omukyere, byo tebyayonoonebwa kubanga byali tebinnayengera.)

<sup>33</sup> Musa n'ava mu kibuga ewa Falaawo, n'awanika emikono gye eri MUKAMA ng'amusaba; okubwatuka n'omuzira ne bisirika, era n'enkuba n'ekya. <sup>34</sup> Naye Falaawo bwe yalaba enkuba, n'omuzira, n'okubwatuka nga birekdeddaawo, ate ne yeeyongera okusobya; ye n'abakungu be ne bakakanyaza emitima gyabwe. <sup>35</sup> Omutima gwa Falaawo bwe gutyo ne gukakanyala; n'ataleka baana ba Isirayiri

kugenda, era nga MUKAMA bwe yayogerera mu Musa.

## 10

### *Enzige Zirya Ebirime by'Abamisiri*

<sup>1</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Genda eri Falaawo, kubanga nnyongedde okukakanyaza omutima gwe, n'omutima gw'abaweeereza be, ndyoke mbalage ebyamagero byange bino: <sup>2</sup> era naawe onyumize abaana bo, n'abaana b'abaana bo, ebintu bye nkoledde mu Misiri, n'ebiyamagero bye mbalaze; nammwe mulyoke mutengeere nga nze MUKAMA."

<sup>3</sup> Awo Musa ne Alooni ne bagenda ewa Falaawo, ne bamugamba nti, "MUKAMA Katonda wa Abaebbulaniya n'agamba bw'ati nti, 'Olituusa ddi ng'okyagaanye okwetoowaza mu maaso gange? Leka abantu bange bagende, basinze. <sup>4</sup> Singa ogaana okubakkiriza okugenda, enkya nzija kuleeta enzige mu nsi yo. <sup>5</sup> Zijja kubikka ensi yonna, wabulewo n'omuntu w'ayisa eriiso okulaba ettaka. Zijja kulya ebyo omuzira bye gwalekawo, zirye ne buli muti ogukula mu nnimiro. <sup>6</sup> Zinajjuza amayumba go, n'amayumba g'abakungu bo bona, n'amayumba g'Abamisiri bona; ekyo bakadde bo, ne bakadde ba bakadde bo nga tebakirabangako kasookedde babeera mu nsi eno n'okutuusa leero.' " Musa n'akyuka n'aviira Falaawo.

<sup>7</sup> Abakungu ba Falaawo ne bamugamba nti, "Omusajja ono alituusa ddi ng'atufuukidde omutego? Leka abantu bagende basinze

MUKAMA Katonda waabwe. Ggwe tolaba Misiri nga bw'eweddewo?" <sup>8</sup> Musa ne Alooni ne bazzibwa awali Falaawo. N'abagamba nti, "Kale, mugende musinze MUKAMA Katonda wammwe. Naye abagenda be baani?" <sup>9</sup> Musa n'addamu nti, "Abakulu n'abato, batabani baffe ne bawala baffe bona tujja kugenda nabo; era tugenda n'amagana gaffe n'ebisibo byaffe, kubanga waliwo embaga gye tujja okukolera MUKAMA."

<sup>10</sup> Falaawo n'abagamba nti, "MUKAMA abeere nammwe, obanga mulowooza nga nzija kubaleka mugende, mmwe n'abaana bammwe! Nze ndaba nga mulina olukwe lwe muteekateeka. <sup>11</sup> Nedda! Abasajja bokka ka bagende basinze\* MUKAMA; kubanga ekkyo kye mwagala." Ne bagobebwa awali Falaawo.

<sup>12</sup> Awo MUKAMA Katonda n'agamba Musa nti, "Golola omukono gwo ku nsi ya Misiri oyite enzige, zijke ku nsi ya Misiri, zirye buli kantu konna akamera mu nnimiro, n'ebyo byonna omuzira bye gwataliza."

<sup>13</sup> Musa n'agolola omuggo gwe ku nsi ya Misiri; MUKAMA Katonda n'aleeta embuyaga ezaava ebuvanjuba, ne zikunta olunaku olwo lwonna n'ekiro kyonna. Obudde bwe bwakya embuyaga ne zireeta enzige. <sup>14</sup> Enzige nnyingi nnyo ne zigwa ku nsi yonna ey'e Misiri, ne zigisaanikira, okuva ku nsalo yaayo ey'oluuyi olumu okutuuka ku y'oluuyi olulala. Zaali nzige za kabi kanene,

---

\* **10:11** Mu ddiini y'Abamisiri, abasajja bokka be beetabanga mu kusinza. Noolwekyo mu kiseera kino, Falaawo yali awambye abakyala n'abaana.

nga tewalabikanga ziri ng'ezo, era tezigenda kula bika. <sup>15</sup> Zaabuutikira ensi yonna, ne wabaawo ekizikiza ku nsi; ne zirya buli kimera kyonna mu nsi, n'ebibala byonna eby'emiti omuzira bye gwali gutalizza; era tewaa sigalawo kintu kyonna kya kiragala ku miti n'ebimera mu nnimiro, mu nsi yonna ey'e Misiri.

<sup>16</sup> Awo Falaawo n'atumya Musa ne Alooni bunnambiro, n'abagamba nti, "Nnyonoonye eri MUKAMA Katonda wammwe ne gye muli. <sup>17</sup> Mbeegayiridde munsonyiwe olw'okwonoona kwange, omulundi guno gwokka; era musabe MUKAMA Katonda wammwe anziggyeeko olumbe luno lwokka olututta." <sup>18</sup> Musa n'ava ewa Falaawo ne yeegayirira MUKAMA. <sup>19</sup> Awo MUKAMA n'aleeta embuyaga ez'amaanyi ennyo nga ziva ebuvanjuba, ne zisitula enzige ne zisisula mu Nnyanja Emyufu. Tewaa sigala nzige n'emu wonna wonna mu nsi y'e Misiri. <sup>20</sup> Naye MUKAMA n'akakanyaza omutima gwa Falaawo, abaana ba Isirayiri n'atabakkiriza kugenda.

### *Ekizikiza Kikwata mu Bamisiri*

<sup>21</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Golola omukono gwo waggulu eri eggulu, wabee wo ekizikiza ku nsi ey'e Misiri; ekizikiza ekiyinza n'okuwulikika." <sup>22</sup> Musa n'agolola omukono gwe eri eggulu; ne wabaawo ekizikiza ekikwafu mu nsi yonna ey'e Misiri okumala ennaku ssatu. <sup>23</sup> Abantu bona nga tewali asobola kulaba munne; era tewaali yaseguka kuva mu kifo kye w'abeera okumala ennaku ssatu. Naye bo abaana ba Isirayiri ewaabwe ng'obudde bulaba.

<sup>24</sup> Awo Falaawo n'atumya Musa, n'amugamba nti, "Mugende musinze MUKAMA. Abaana bammwe nabo mugende nabo, wabula ente zammwe, n'embuzi n'endiga ze ziba zisigala."

<sup>25</sup> Naye Musa n'addamu nti, "Osaana otuleke tutwale ebisolo eby'okuwaayo ssaddaaka n'ebiweebwayo ebyokebwa eri MUKAMA Katonda waffe. <sup>26</sup> Ente zaffe tusaana okugenda nazo; tewali nsolo n'emu eneesigala. Kubanga kitusaanira okuzitwala nga tugenda okusinza MUKAMA Katonda waffe; kubanga tujja kumala kutuuka eri, ne tulyoka tumanya kye tunaakozesa mu kusinza MUKAMA."

<sup>27</sup> Naye MUKAMA n'akakanyaza omutima gwa Falaawo, n'atabaleka kugenda. <sup>28</sup> Falaawo n'agamba Musa nti, "Nva mu maaso! Era weekuum, sikulabanga ng'okomyewo w'endi; bwe ndiddayo okukulaba tolirema kufa."

<sup>29</sup> Musa n'addamu nti, "Nga bw'ogambye, nange siriddayo kukulaba."

## 11

### *Okuttibwa kw'Abaana Abamisiri Ababere-berye*

<sup>1</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Ekyaliyo ekibonoobono kimu kye nzija okuleetera Falaawo n'ensi y'e Misiri. Oluvannyuma lwakyo ajja kubaleka mugende; ate bw'anaabakkiriza okugenda, ajja kubeegeoberako ddala bwegobi abasindiikirize. <sup>2</sup> Kale, tegeeza abantu, buli musajja asabanga muliraanwa we, ne buli mukazi asabanga muliraanwa we, ebintu eby'omuwendo ebya ffeeza n'ebya zaabu."

<sup>3</sup> MUKAMA n'aleetera Abamisiri okukwanagana n'abaana ba Isirayiri; ne Musa n'aweebwa nnyo ekitiibwa mu nsi y'e Misiri. Abakungu ba Falaawo n'abantu bona ne bamugulumiza nnyo.

<sup>4</sup> Awo Musa n'agamba Falaawo nti, "MUKAMA agambye bw'ati nti, 'Nga wakati mu ttumbi, nzija kuyita mu Misiri yonna. <sup>5</sup> Ebibereberye mu nsi y'e Misiri bijja kufa, okutandikira ku mubereberye wa Falaawo agenda okumusikira, okutuukira ddala ku mubereberye\* w'omuwala omuzaana asa ku lubengo; era n'ebibereberye byonna eby'ebisolo. <sup>6</sup> Wajja kubaawo okukungubaga okunene mu nsi yonna eya Misiri, okutabangawo era nga tewagenda kubaawo kukwenkana. <sup>7</sup> Naye mu baana ba Isirayiri n'embwa teribaayo gw'eboggolera wadde ebisolo byabwe; mulyoke mutegeere nga MUKAMA Abamisiri n'Abayisirayiri tabayisa bumu.' <sup>8</sup> Era bano abakungu bo bona balijja gye ndi nga babunda, ne banvuunamira nga banneegayirira nti, 'Genda, ggwe n'abantu bo bona abakugoberera.' Oluvannyuma lw'ebyo nange ndigenda." N'ava awali Falaawo n'obusungu bungi nnyo.

<sup>9</sup> MUKAMA yali agambye Musa nti, "Falaawo tagenda kuwuliriza by'omugamba, bwe ntyo ndyoke nkolere ebyamagero byange bingi mu Misiri." <sup>10</sup> Musa ne Alooni baakolera ebyamagero ebyo byonna awali Falaawo; naye

---

\* **11:5** Mu bitundu ebyo, omwana owoobulenzi nga ye mubereberye yali wa muwendo nnyo eri ennyumba gy'avaamu.

MUKAMA yakakanyaza omutima gwa Falaawo,  
n'atakkiriza baana ba Isirayiri kuva mu nsi ye.

## 12

### *Okuyitako*

<sup>1</sup> Awo MUKAMA n'ayogera ne Musa ne Alooni  
nga bali mu nsi y'e Misiri, n'abagamba nti,  
<sup>2</sup> "Okuva leero omwezi\* guno gwe gunaabanga  
omubereberye mu myezi gyonna mu mwaka  
gwammwe. <sup>3</sup> Mutegeeze abantu bona abo  
Isirayiri nti ku lunaku olw'ekkumi olw'omwezi  
guno kigwanidde buli mukulu wa nnyumba,  
addiré omwana gw'endiga ogw'okuliibwa mu  
maka ge, buli maka omwana gw'endiga gumu.  
<sup>4</sup> Singa amaka gabaamu abantu batono nnyo  
abatamalaawo mwana gwa ndiga, amaka  
ago geegatte n'ag'omuliraano balye omwana  
gw'endiga ogwo. Muligeraageranya obungi  
bw'abantu abamalawo omwana gw'endiga  
nga musinziira ku ndya ya buli omu mu  
maka omwo. <sup>5</sup> Omwana gw'endiga gusaana  
gube gwa seddume nga gwa mwaka gumu  
obukulu, era nga teguliiko kamogo. Guyinza  
okuba omwana gw'endiga oba ogw'embuzi.  
<sup>6</sup> Ensolo ezo muzirabiriranga okutuusa ku  
lunaku olw'ekkumi n'enya olw'omwezi guno;  
ekibiina kyonna eky'abantu ba Isirayiri ne  
kiryoka kizitta akawungeezi. <sup>7</sup> Baddiranga  
omusaayi ne bagumansira ku njuyi zombi

---

\* **12:2** Ekiseera ekyo kiri wakati w'ekitundu ekisembayo  
eky'omwezi gwa Maaki n'ekitundu ekisooka eky'omwezi gwa  
Apuli.

ne waggulu, ku mwango gw'oluggi lwa buli nnyumba mwe baliriira omwana gw'endiga. <sup>8</sup> Mu kiro ekkyo ennyama balyanga njokye ku muliro, era baliirangako n'emigaati egitali mizimbulukuse n'enva ezikaawa. <sup>9</sup> Tewabanga ku nnyama eyo gye mulya nga mbisi obanga efumbwa mu mazzi; wabula mugyokyanga ku muliro: omutwe, amagulu n'eb'yomunda byonna. <sup>10</sup> Temugiterekangako kutuusa nkeera; bw'ebalemanga eggulolimu, mugyokyanga bwokya ne mugizikiriza. <sup>11</sup> Mugiryanga bwe muti: Mwesibanga ekimyu, nga mwambadde n'engatto zammwe<sup>†</sup>, nga mukutte n'omuggo. Mugiryanga mangu. Kubanga eyo y'Embaga ey'Okuyitako kwa MUKAMA.

<sup>12</sup> "Kubanga mu kiro ekkyo ndiyita mu nsi ya Misiri, nditta buli kibereberye kyonna mu nsi y'e Misiri, abantu era n'ebisolo; era bakatonda bona ab'omu Misiri ndibasalira omusango. Nze MUKAMA. <sup>13</sup> Omusaayi ke kaliba akabonero akalaga ennyumba mwe muli; era bwe ndiraba omusaayi, nga mbayitako; so n'okuzikirira kwe ndireeta ku Bamisiri mmwe tekulibakwatako.

### *Okukwata Wiiki y'Okuyitako*

<sup>14</sup> "Olunaku luno lunaababeereranga lwa kijukizo, era munaalukuumanga ne mulukwata nga lwa mbaga ya MUKAMA mu mirembe gyammwe gyonna egiriddirinjana. Lino lifuuse tteeka ery'emirembe gyonna. <sup>15</sup> Munaalyanga

---

<sup>†</sup> **12:11** Engatto tezaayambalibwanga waka, era n'enkoba teza-asibwanga. Omuntu bwe yabiteekangako nga kitegeeza nga bw'asuubira okugenda.

emigaati egitali mizimbulukuse<sup>‡</sup> okumala ennaku musanvu; era ku lunaku olusooka, mu nnaku ezo omusanvu, ekizimbukusa mukiggiranga ddala mu nnyumba zammwe, kubanga alivumbulwa ng'alidde omugaati ogulimu ekizimbukusa, okuva ku lunaku olusooka okutuusa ku lunaku olw'omusanvu, aligobebwa mu Isirayiri. <sup>16</sup> Ku lunaku olusooka wanaabangawo olukuŋjaana olutukuvu, ne ku lunaku olw'omusanvu munaabanga n'olukuŋjaana olutukuvu; ennaku ezo temuzikolerangako mulimu gwa ngeri yonna, okuggyako okufumba emmere abantu bona gye banaalya, kye kyokka kye mujjanga okukola.

<sup>17</sup> "Mukwatanga Embaga ey'Emigati Egitali mizimbulukuse, kubanga ku lunaku luno lwenyini kwe naggyira ebika bya Isirayiri mu nsi y'e Misiri. Noolwekyo olunaku luno munaalukwatanga n'ab'omu mirembe gyonna egiriddawo. Ekyo kiragiro eky'emirembe n'emirembe. <sup>18</sup> Mu mwezi ogusooka, munaalyanga omugaati ogutaliimu kizimbukusa, okuva mu kawungeezi ak'olunaku olw'ekkumi n'enya olw'omwezi, okutuusa ku lunaku olw'amakumi abiri mu olumu olw'omwezi ogwo. <sup>19</sup> Okumala ennaku musanvu mu nnyumba zammwe temulabikangamu ekizimbukusa; era alivumbulwa ng'alidde ekintu kyonna omuli ekizimbukusa, agenda kugobwa mu Isirayiri, ne bwaliba omuzaaliranwa oba omugwira. <sup>20</sup> Temulyanga kintu kyonna omuli ekizimbu-

---

<sup>‡</sup> **12:15** Okuyitako kyekuva kuyitibwa embaga ey'omugaati ogutali muzimbukuse.

lukusa; mu nnyumba zammwe mwe musula yonna, mulyanga emigaati egitali mizimbu-lukuse.”

*Omwana gw'Endiga ogw'Okuyitako Guttibwa*

<sup>21</sup> Awo Musa n'ayita abakulembeze ba Isirayiri bona, n'abagamba nti, “Mwerondere abaana b'endiga ng'amaka gammwe bwe gali, mutte omwana gw'endiga ogw'Okuyitako. <sup>22</sup> Musibe bulungi akaddo k'akakubansiri, mukannyike mu musaayi gwe mutadde mu bensani, mulyoke mumansire ku mwango gw'oluggi waggulu, ne ku njuyi zombi ez'omwango. Tewabaawo n'omu afuluma ennyumba ye okutuusa ng'obudde bukedde. <sup>23</sup> Kubanga MUKAMA ajja kuyita awo ng'agenda okutta Abamisiri; kale bw'anaalaba omusaayi ku mwango gw'oluggi waggulu ne ku mwango mu mbiriizi z'oluggi, oluggi olwo MUKAMA ajja kuluyitako, era tajja kukkiriza oyo azikiriza kuyingira mu nnyumba zammwe n'okubatta.

<sup>24</sup> “Kibagwanira okugondera ebiragiro bino ng'etteeka, mmwe ne batabani bammwe emirembe gyonna. <sup>25</sup> Era bwe muliyingira mu nsi MUKAMA gy'alibawa nga bwe yasuubiza, temwerabiranga mukolo guno. <sup>26</sup> Abaana bammwe bwe balibabuza nti, ‘Omukolo guno gutegeeza ki?’ <sup>27</sup> Mulibaddamu nti, ‘Kino kye kiweebwayo eri MUKAMA eky'Okuyitako, kubanga yayita ku nnyumba z'Abayisirayiri mu Misiri, n'awonya amaka gaffe, bwe yatta Abamisiri.’” Awo abantu ne bavuunama ne basinza. <sup>28</sup> Abaana ba Isirayiri ne bagenda

ne bakola nga MUKAMA bwe yalagira Musa ne Aloonni, bwe batyo bwe baakola.

### *Ebibereberye Bittibwa*

<sup>29</sup> Awo ekiro mu ttumbi MUKAMA n'atta ebibereberye byonna mu nsi y'e Misiri, okuvira ddala ku mubereberye wa Falaawo eyali ow'okumusikira, okutuuka ku mubereberye w'omusibe ali mu kkomera; era n'ente embereberye zonna. <sup>30</sup> Falaawo n'azuukuka mu kiro wakati, ye n'abaweeresa be bonne, n'Abamisiri bonne; Misiri yonna n'ejjula okukungubaga, kubanga tewaaliwo nnyumba n'emu omutaafa mutu.

<sup>31</sup> Mu kiro ekkyo Falaawo n'atumya Musa ne Aloonni n'abagamba nti, "Musituke! Mutuviire, nze n'abantu bange, mmwe n'abaana ba Isirayiri. Mugende musinze MUKAMA nga bwe mwansaba. <sup>32</sup> Mutwale amagana gammwe n'ebisibo byammwe nga bwe mwansaba, mugende; nange munsabirangayo omukisa!"

<sup>33</sup> Awo Abamisiri ne basindiikiriza abaana ba Isirayiri banguwe okubaviira mu nsi yaabwe; kubanga baagamba nti, "Ffenna tufa tuggwaawo!" <sup>34</sup> Abaana ba Isirayiri ne baddira obuwunga bwabwe obw'emigaati obugotte, obutaliimu kizimbulukusa, ne babussa mu bbakuli omufumbirwa emigaati, ne babuzinga mu ngoye zaabwe, ne babutwalira ku bibegabega byabwe. <sup>35</sup> Baakola nga Musa bwe yabalagira, ne basaba Abamisiri eby'omuwendo ebya ffeeza n'ebya zaabu, awamu n'ebiyambalo. <sup>36</sup> MUKAMA yali aleetedde abaana ba Isirayiri okuganja mu

Bamisiri, bwe batyo ne baweebwa buli kye baasabanga. Ne baleka nga bakalizza Abamisiri.

### *Abayisirayiri Basitula Okuva mu Misiri*

<sup>37</sup> Awo abaana ba Isirayiri ne batambula okuva e Lameseesi ne batuuka e Sukkosi, Baali abantu ng'emitwalo nkaaga, ng'abakazi n'abaana tebaliddwa. <sup>38</sup> Waaliwo n'abantu abalala bangi abaagenda nabo. Baatwala amagana g'ente mangi, n'ebisibo, bingi nnyo. <sup>39</sup> Ne beefumbira emigaati mu buwunga obugotte bwe baggya mu Misiri, naye tegyalimu kizimbulukusa, kubanga baasindiikirizibwa busindiikirizibwa okuva mu Misiri, ne bataba na budde bwa kwefumbira mmere.

<sup>40</sup> Emyaka abaana ba Isirayiri gye baamala mu Misiri gyawera ebikumi bina mu amakumi asatu. <sup>41</sup> Ku lunaku olwasembayo olwaweza emyaka ebikumi ebina mu asatu, eggye lya MUKAMA eryo lyonna kwe lyasitulira ne liva mu nsi y'e Misiri. <sup>42</sup> MUKAMA yali bulindaala ekiro ky'olunaku olwo, n'aggya abaana ba Isirayiri mu nsi y'e Misiri; noolwekyo abaana ba Isirayiri banajjukiranga MUKAMA ekiro ky'olunaku olwo emirembe gyabwe gyonna.

### *Ebiragiro by'Embaga ey'Okuyitako*

<sup>43</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa ne Alooni nti, "Bino by'ebiragiro by'Okuyitako:

"Omunaggwanga takkirizibwa kugiryako.

<sup>44</sup> Omuddu aguliddwa n'ensimbi akkirizibwa okugiryako singa amala okukomolebwa; <sup>45</sup> naye omugenyi omugwira, n'omupakasi akola awaka, tebakkirizibwa kugiryako.

<sup>46</sup> “Buli ndiga eneerirwanga mu nnyumba emu; ennyama eyo tekuubengako efulumizibwa bweru wa nju eyo. Temumenyanga ku magumba gaayo n'erimu. <sup>47</sup> Abantu bonna aba Isirayiri banaakolanga omukolo guno.

<sup>48</sup> “Omunaggwanga abeera mu mmwe bw'abanga ayagala okukolera MUKAMA Katonda omukolo gw'Okuyitako, asaana asooke okukomola abantu be aboobulenzi bonna abali mu maka ge, alyoke asembere gye muli yeegatte mu mukolo ogwo; kubanga olwo anaabanga ng'omuzaaliranwa mu nsi omwo. Naye atali mukomole taagiryengako. <sup>49</sup> Etteeka lye limu lye linaakwatibwanga omuzaaliranwa n'Omunnaggwanga abeera mu mmwe.”

<sup>50</sup> Bwe batyo abaana ba Isirayiri bonna ne bakola nga MUKAMA Katonda bwe yalagira Musa ne Aloon; bwe batyo bonna bwe baakola. <sup>51</sup> Awo ku lunaku olwo lwennyini MUKAMA Katonda n'aggya abaana ba Isirayiri mu nsi ey'e Misiri nga bagendera mu bibinja byabwe.

## 13

### *Okutukuza Ebibereberye*

<sup>1</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa nti,  
<sup>2</sup> “Ebibereberye byonna binjawulireko. Abaana abaggulanda mu Isirayiri yonna banaabanga bange; n'ebisolo ebiggulanda nabyo binaabanga byange.”

### *Embaga ey'Emigaati Egitali Mizimbulukuse*

<sup>3</sup> Awo Musa n'agamba abantu nti, “Mujjukiranga olunaku luno, olunaku lwe

mwaviirako mu Misiri, ensi gye mwafugibwanga ng'abaddu, kubanga MUKAMA yabaggyayo n'omukono gwe ogw'amaanyi. Temuliirangako mugaati gulimu kizimbulukusa.<sup>4</sup> Ku lunaku lwa leero olw'omwezi guno Abibu, lwe musitudde okuva mu Misiri.<sup>5</sup> MUKAMA bw'alimala okubatuusa mu nsi y'Abakanani, n'Abakiiti, n'Abamoli; n'ey'Abakiivi, n'Abayebusi, ensi gye yalayirira bajajammwe okugibawa, ensi ekulukuta amata n'omubisi gw'enjuki, mukwatanga omukolo guno mu mwezi guno.<sup>6</sup> Mumalanga ennaku musanvu nga mulya emigaati egitaliimu kizimbulukusa, ne ku lunaku olw'omusanvu kwe munaakoleranga embaga ya MUKAMA.<sup>7</sup> Munaalyanga emigaati egitali mizimbulukuse okumala ennaku musanvu; tewabangawo alabika n'omugaati omuzimbulukuse, wadde ekizimbulukusa okusangibwa nammwe mu nsi yammwe.<sup>8</sup> Ku lunaku olwo mulitegeeza abaana bammwe nti, 'Tukola tuti nga tujjukira ebyo MUKAMA bye yatukolera nga tuva mu Misiri.'<sup>9</sup> Omukolo guno gunaababeereranga ng'akabonero ku mikono gyammwe, oba mu byenyi wakati w'amaaso gammwe, okabajjukizanga etteeka lya MUKAMA eritaavenga ku mimwa gyammwe. Kubanga MUKAMA yabaggya mu Misiri n'omukono gwe ogw'amaanyi.<sup>10</sup> Noolwekyo onookolanga ekiragiro kino bye kigamba, mu kiseera kyakyo buli mwaka, buli mwaka.

<sup>11</sup> “MUKAMA ng’amaze okubatuusa mu nsi y’Abakanani, nga bwe yabalayirira mmwe ne bajajja bammwe, era agenda kugibawa, <sup>12</sup> MUKAMA mumwawulirangako ebiggulanda byonna. Zisseddume zonna embereberye ez’amagana gammwe zinaabanga za MUKAMA. <sup>13</sup> Buli kalogoyi\* akabereberye mukawaanyisangamu omwana gw’endiga ne mukanunulayo, naye bwe mutaakanunulenga mukamenyanga ensingo ne kafa. Ne buli mutabani wammwe omubereberye mumununulanga.

<sup>14</sup> “Awo olulituuka batabani bammwe, bwe bababuuzanga nti, ‘Kino kye mukola kitegeeza ki?’ Mubaddangamu nti, ‘Kubanga MUKAMA yatuggya mu Misiri, ensi ey’obuddu, n’omukono gwe ogw’amaanyi. <sup>15</sup> Naye Falaawo bwe yali ng’akakanyadde ng’atugaanye okuvaayo, MUKAMA n’atta ebibereberye byonna mu nsi y’e Misiri; ababereberye b’abantu n’ebibereberye by’ebisolo. Noolwekyo kyetuva tuwaayo ssaddaaka eri MUKAMA ey’ebiggulanda byonna ebisajja; naye batabani baffe abaggulanda tubanunulayo.’ <sup>16</sup> Omukolo ogwo gunaababeereranga ng’akabonero akookebbwa ku mikono gyammwe, oba mu byenyi wakati w’amaaso gammwe; kubanga MUKAMA yabaggya mu Misiri n’omukono gwe ogw’amaanyi.”

---

\* <sup>13:13</sup> Endogoyi zaali nsolo ezitali nnongoofu (Kbl 18:15) nga teziyinza kuweebwayo nga ssaddaaka. Kyokka omuntu yayinzanga okuziwanyisaamu omwana gw’endiga, era ekyo kiraga omuwendo gw’endogoyi mu byenfuna

*Empagi ey'Ekire n'Empagi ey'Omuliro*

<sup>17</sup> Awo abantu, bwe baasitula nga Falaawo amaze okubaleka, Katonda teyabayisa mu kkubo eriyita mu nsi y'Abafirisuuti, newaakubadde lye lyali ery'okumpi.<sup>†</sup> Kubanga Katonda yagamba nti, "Singa bagwa mu lutalo, bayinza okwejjusa ne bawetamu ne baddayo e Misiri."

<sup>18</sup> Bw'atyo Katonda n'abeekooloobyia ng'abayisa mu kkubo ery'omu ddungu eriggukira ku Nnyanja Emyufu. Abaana ba Isirayiri baava mu nsi y'e Misiri nga bakutte ebyokulwanyisa byabwe nga beetegekedde okulwana.

<sup>19</sup> Awo Musa n'avaayo n'amagumba ga Yusufu, kubanga Yusufu yali alayizza abaana ba Isirayiri. Yabagamba nti, "Ddala, ddala MUKAMA agenda kubadduukirira. Kale, amagumba gange mugendanga nago nga muva wano."

<sup>20</sup> Bwe baava e Sukkosi ne bakuba eweema zaabwe mu Yesamu eddungu we litandikira.

<sup>21</sup> Emisana MUKAMA yabakulemberanga ng'ali mu mpagi ey'ekire okubalaga ekkubo, n'ekiro ng'ali mu mpagi ey'omuliro okubamulisiza, balyoke batambulenga emisana n'ekiro.

<sup>22</sup> Empagi ey'ekire ey'emisana, n'empagi ey'omuliro ey'ekiro tezaggibwawo mu maaso g'abantu obudde bwonna.

## 14

<sup>1</sup> Awo MUKAMA n'alagira Musa nti, <sup>2</sup> "Tegeeza abaana ba Isirayiri bawetemu nga boolekera

---

<sup>†</sup> **13:17** Ekkubo Abayisirayiri lye baakwata okuva mu Misiri, lyaliko ebigo ebbali n'ebbali, Abamisiri mwe baalabirizanga abaaliytangamu

Pikakirosi, bakube eweema zaabwe okumpi ne Pikakirosi, wakati wa Migudooli n'ennyanja. Musiisire ku lubalama lw'ennyanja nga mwolekedde Baali Zefoni.<sup>3</sup> Falaawo abaana ba Isirayiri ajja kuboogerako nti, 'Babulubuutira mu nsi yaffe, n'eddungu libazingizza.'<sup>4</sup> Nzija kukakanyaza omutima gwa Falaawo, alyoke abawondere. Naye ndyefunira ekitiibwa okuva ku bye ndikola Falaawo n'eggye lye lyonna; n'Abamisiri balitegeera nga nze MUKAMA." Abaana ba Isirayiri ne bakola bwe batyo.

### *Falaawo Awondera Isirayiri*

<sup>5</sup> Kabaka w'e Misiri bwe yategeera ng'Abayisirayiri baddukidde ddala, Falaawo n'abakungu be ne bejusa, ne bagamba nti, "Kiki kino kye tukoze, okuleka Abayisirayiri ababadde batukolera ne bagenda?"<sup>6</sup> Bw'atyo n'ateekateeka eggiali lye erisikibwa embalaasi, n'eggye ly'anaagenda nalyo.<sup>7</sup> Yatwala amagaali lukaaga agasingira ddala obulungi, n'agattako n'amagaali amalala gonna agaali mu Misiri, n'abalwanyi abaduumizi nga be bagavuga.<sup>8</sup> MUKAMA n'akakanyaza omutima gwa Falaawo Kabaka w'e Misiri, n'agoberera abaana ba Isirayiri. Abaana ba Isirayiri ne bakwata olugendo lwabwe nga tebaliiko gwe batya.<sup>9</sup> Abamisiri ne babawondera: embalaasi zonna, n'amagaali gonna aga Falaawo agasikibwa embalaasi, n'abeebagadde embalaasi, n'eggye lye, ne babasanga nga basiisidde ku lubalama lw'ennyanja okumpi ne Pikakirosi, nga boolekedde Baali Zefoni.

<sup>10</sup> Falaawo bwe yasembera, abaana ba Isirayiri ne balengera Abamisiri nga babagoberera, ne batya nnyo. Abaana ba Isirayiri ne balaa-jaanira MUKAMA. <sup>11</sup> Ne bagamba Musa nti, "Mu Misiri entaana tezaaliyo, kyewava otuleeta tufire wano mu ddungu? Lwaki watuggya mu Misiri n'ojoja otuyisa bw'oti? <sup>12</sup> Bwe twali mu Misiri tetwakugamba nti, 'Tuveeko, tuleke tukolere Abamisiri?' Kubanga okukolera Abamisiri kyandibadde waddeko okusinga okufiira mu ddungu."

<sup>13</sup> Musa n'addamu abantu nti, "Temutya, munywere, mujja kulaba obulokozi MUKAMA bw'anaabaleetera olwa leero. Kubanga Abamisiri abo be mulaba kaakano, temuliddayo nate kubalaba emirembe gyonna. <sup>14</sup> MUKAMA ajja kubalwanirira. Mmwe musirike busirisi."

<sup>15</sup> MUKAMA n'agamba Musa nti, "Lwaki okaibirira nze? Lagira abaana ba Isirayiri bakwate olugendo lwabwe. <sup>16</sup> Wanika omuggo gwo, ogolole n'omukono gwo ku nnyanja, amazzi ogaawulemu, abaana ba Isirayiri bayite wakati mu nnyanja kyokka nga batambulira ku ttaka kkalu. <sup>17</sup> Nange nzija kukakanyaza emitima gy'Abamisiri, bayingirire ennyanja nga babagoberera. Ndyoke nefunire ekitiibwa okusinziira ku bye nnaakola Falaawo, n'amaggye ge, n'amagaali ge, n'abeebagadde embalaasi. <sup>18</sup> Abamisiri nabo banaategeera nga nze MUKAMA, nga nefunidde ekitiibwa: okusinziira ku bye nnaakola Falaawo n'amagaali ge, n'abasajja beabeebagadde embalaasi."

<sup>19</sup> Awo malayika wa Katonda eyali akulembera abaana ba Isirayiri n'akyuka n'abadda emabega; n'empagi ey'ekire ne yejjulula okuva mu maaso gaabwe, n'eyimirira emabega waabwe: <sup>20</sup> Bw'etyo n'ebeera wakati w'abaana ba Isirayiri n'eggye ly'Abamisiri. Ekiro, ekire ne kireeta ekizikiza ku ludda lw'Abamisiri, naye ne kireeta omuliro okumulisa oludda lw'Abayisirayiri; ekiro kyonna ne wataba ggye lisemberera linnaalyo.

### *Okuyita mu Nnyanja Emyufu*

<sup>21</sup> Awo Musa n'agolola omukono gwe ku nnyanja; MUKAMA n'asindika ku nnyanja embuyaga ez'amaanyi ezaava ebuvanjuba, ne zigobawo amazzi ekiro kyonna, ne lufuuka lukalu, ng'amazzi gayawuddwamu. <sup>22</sup> Abaana ba Isirayiri ne bayita wakati mu nnyanja nga batambulira ku ttaka ekkalu, ng'amazzi gakoze ekisenge ku ludda lwabwe olwa ddyo n'olwa kkono.

<sup>23</sup> Abamisiri ne babawondera ne bayingira wakati mu nnyanja n'amagaali ga Falaawo gonna, n'embalaasi ze, n'abasajja be abeebagadde embalaasi. <sup>24</sup> Awo mu makya ennyo nga tebunnalaba, MUKAMA n'atunuulira eggye ly'Abamisiri ng'ali mu mpagi ey'ekire n'omuliro, n'atandika okulibonyaabonya.

<sup>25</sup> Amagaali gaabwe yagamaamulako zinnamuziga, ne gabakaluubirira okuvuga. Abamisiri n'okugamba ne bagamba nti, "Leka Abayisirayiri tubadduke! Kubanga MUKAMA alwanyisa Misiri ng'abalwanirira."

<sup>26</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Golola omukono gwo ku nnyanja, amazzi gakomewo gaggweere ku Bamisiri, ne ku magaali gaabwe, ne ku basajja baabwe abeebagadde embalaasi." <sup>27</sup> Bw'atyo Musa n'agololera ennyanja omukono gwe, obudde bwe bwakya n'ekomawo n'amaanyi, Abamisiri ne bagidduka nga balaba ejja; MUKAMA, Abamisiri n'abasaanyaawo wakati mu nnyanja. <sup>28</sup> Amazzi ne gakomawo ne gasaanikira amagaali n'abeebagadde embalaasi, n'eggye lya Falaawo lyonna eryali ligoberedde Abayisirayiri mu nnyanja. Tewaali n'omu ku bo eyawona.

<sup>29</sup> Naye abaana ba Isirayiri bo nga batambulira ku ttaka kkalu wakati mu nnyanja, amazzi nga gakoze ekisenge ku ludda lwabwe olwa ddyo ne ku lwa kkono. <sup>30</sup> Bwe kityo ku lunaku olwo Abayisirayiri MUKAMA n'abawonya Abamisiri. Abayisirayiri ne balaba Abamisiri ku lubalama lw'ennyanja nga bafudde. <sup>31</sup> Abayisirayiri ne balaba obuyinza obunene ennyo MUKAMA bwe yalaga ng'akola ku Bamisiri: abantu ne batya MUKAMA, ne bakkiriza MUKAMA n'omuweereza we Musa.

## 15

### *Oluyimba lwa Musa*

<sup>1</sup> Awo Musa n'abaana ba Isirayiri ne bayimbira MUKAMA oluyimba luno nga bagamba nti,  
"Nnaayimbiranga MUKAMA,  
kubanga awangudde n'ekitiibwa kingi.  
Asudde mu nnyanja  
embalaasi n'omwebagazi waayo.

- <sup>2</sup> MUKAMA ge maanyi gange era lwe luyimba  
lwange,  
era afuuse obulokozi bwange.  
Ye Katonda wange, nange nnaamutenderezanga,  
ye Katonda wa kitange, nange nnaamugulu-  
mizanga.
- <sup>3</sup> MUKAMA mulwanyi;  
MUKAMA, ly'erinnya lye.
- <sup>4</sup> Amagaali ga Falaawo n'eggye lye  
abisudde mu nnyanja;  
n'abaduumizi b'amaggye ge abalondemu  
basaanyeewo mu Nnyanja Emyufu.
- <sup>5</sup> Obuziba bubasaanikidde;  
basse okutuuka ku ntobo ng'ejjinja.
- <sup>6</sup> "Omukono gwo ogwa ddyo, Ayi MUKAMA,  
gwalina amaanyi n'ekitiibwa;  
omukono gwo ogwa ddyo, Ayi MUKAMA,  
gwasesebbulu omulabe.
- <sup>7</sup> Mu bukulu obw'ekitiibwa kyo,  
wamegga abalabe bo,  
wabalaga obusungu bwo,  
ne bubasiriiza ng'ebisasiro.
- <sup>8</sup> Omukka bwe gwava mu nnyindo zo,  
amazzi ne geetuma;  
amazzi g'ebuziba ne geekwata ng'ekisenge  
wakati mu nnyanja.
- <sup>9</sup> "Omulabe n'ayogera nti,  
'Ka mbagobe, mbakwate.  
Nnaagabana omunyago;  
mbeemalireko eggoga.  
Nnaasowolayo ekitala kyange,

ndyoke mbazikirize.'

<sup>10</sup> Naye wakunsa embuyaga zo,  
ennyanja n'ebasaanikira.

Bakka ng'ekyuma,  
ne basaanawo mu mazzi amangi  
ag'amaanyi.

<sup>11</sup> Ani akufaanana, Ayi MUKAMA,  
mu bakatonda bona?

Ani akufaanana, ggwe,  
Omutukuvu Oweekitiibwa,  
atiibwa era atenderezebwa,  
akola ebyamagero?

<sup>12</sup> "Wagolola omukono gwo ogwa ddyo,  
ensi n'ebamira.

<sup>13</sup> Mu kwagala kwo okutaggwaawo,  
abantu be wanunula olibakulembera.

Mu maanyi go,  
olibatuusa mu kifo kyo ekitukuvu.

<sup>14</sup> Amawanga galikiwulira ne gakankana,  
ababeeera mu Bufirisuuti balijjula ennaku.

<sup>15</sup> Abakungu b'omu Edomu balitangaalirira nga  
batidde;  
abakulembeze ab'amaanyi aba Mowaabu  
balikankana;

abatuuze b'omu Kanani baliggwaamu endasi.

<sup>16</sup> Okwesiwiwala n'entiisa birabajira.

Olw'omukono gwo ogw'amaanyi tebalinyega,  
balisirika ng'ejjinja okutuusa abantu bo lwe  
baliyatowo, Ayi MUKAMA,

okutuusa abantu bo, be wanunula,  
lwe baliyatowo.

- <sup>17</sup> Olibayingiza n'obassa ku lusozi lwo lwe weerondera,  
 kye kifo, Ayi MUKAMA kye weekolera mw'onoobeeranga,  
 ekifo kyo Ekitukuvu,  
 kye weekolera, Ayi MUKAMA, n'emikono gyo.  
<sup>18</sup> MUKAMA anaafuganga  
 emirembe n'emirembe."

*Oluylimba lwa Miryamu*

- <sup>19</sup> Embalaasi za Falaawo, n'amagaali ge, ne basajja be abeebagadde embalaasi bwe baayingira mu nnyanja, MUKAMA n'akomyawo amazzi ag'enyanja ne gabasaanikira; naye nga bo abaana ba Isirayiri batambulira ku ttaka kkalu wakati mu nnyanja. <sup>20</sup> Awo Miryamu, nnabbi omukazi era mwannyina wa Aloon, n'akwata ekitaasa; n'abakazi abalala ne bamugoberera nga balina ebitaasa era nga bwe bazina.  
<sup>21</sup> Miryamu n'abayimbira bw'ati nti,  
 "Muyimbire MUKAMA,  
 kubanga awangudde n'ekitiibwa kingi.  
 Asudde mu nnyanja  
 embalaasi n'agyebagadde."

*Amazzi g'e Mala n'aga Erimu*

- <sup>22</sup> Awo Musa n'akulembera Isirayiri, n'abaggya ku Nnyanja Emyufu, ne bayingirira eddungu ly'e Ssuuli. Ne batambulira ennaku ssatu mu ddungu nga tebalabye ku mazzi.  
<sup>23</sup> Bwe baatuuka e Mala, ne batasobola kunywa ku mazzi gaawo, kubanga gaali gakaawa: era eyo y'ensonga eyatumisa ekifo ekyo

Mala. <sup>24</sup> Abantu ne beemulugunyiza Musa, ne bamubuuza nti, "Tunywe ki?"

<sup>25</sup> Musa ne yeegayirira MUKAMA; MUKAMA n'amulaga ekitundu ky'omuti. Bwe yakisuula mu mazzi, amazzi ne gaba malungi okunywa.

Mu kifo kino MUKAMA we yabaweera ekiragiro kino n'etteeka, era n'abagezesza <sup>26</sup> ng'agamba nti, "Singa muwuliriza eddoboozi lya MUKAMA Katonda wammwe n'obwegendereza, ne mukola ebyo by'alaba nga bituufu, ne mussaayo omwoyo ku biragiro bye, era ne mugondera amateeka ge, sigenda kubaleetako ndwadde n'emu, ng'ezo ze naleetera Abamisiri, kubanga nze MUKAMA, nze mbawonya endwadde zammwe."

<sup>27</sup> Awo ne batuuka mu Erimu, awaali ensulo ekkumi n'ebbiri, n'enkindu ensanvu; ne bakuba awo eweema zaabwe okumpi n'amazzi.

## 16

### *Maanu n'Obukwale*

<sup>1</sup> Awo abaana ba Isirayiri, nga kibiina kinene, ne basitula okuva mu Erimu; ne batuuka mu ddungu lya Sini, eriri wakati wa Erimu ne Sinaayi, nga baakamala emyezi ebiri n'ennaku kkumi na ttaano kasookedde bava mu nsi y'e Misiri. <sup>2</sup> Nga bali mu ddungu eryo, ekibiina kyonna eky'abaana ba Isirayiri ne kyemulugunyiza Musa ne Alooni. <sup>3</sup> Abaana ba Isirayiri ne babagamba nti, "Singa twasigala mu nsi y'e Misiri, MUKAMA n'atuttira eyo n'omukono gwe! Kubanga eyo twalyanga sefuliya z'ennyama, n'emmere nnyingi nga bwe twayagalanga, ne

tukkuta; naye kaakano mutuleese mu ddungu lino, ekibiina kino kyonna kife enjala.”

<sup>4</sup> Awo MUKAMA n’agamba Musa nti, “Nzija kubatonnyeseza emmere ng’eva mu ggulu. Abantu banaakuŋjaanyanga buli lunaku ekitundu eky’olunaku olwo; ndyoke mbagezese ndabe obanga banaakwatanga amateeka gange, oba tebaagakwatenga. <sup>5</sup> Ku lunaku olw’omukaaga bwe banaabanga bakuŋjaanya emmere ey’olunaku olwo, bakuŋjaanya eyenkanaankana n’ey’ennaku bbiri.”

<sup>6</sup> Awo Musa ne Alooni ne bagamba abaana ba Isirayiri bona nti, “Obudde nga buwungeera, we munaategeerera nga MUKAMA ye yabaggya mu nsi y’e Misiri: <sup>7</sup> ate enkyia lwe munaalaba ekitiibwa kya MUKAMA, kubanga awulidde nga mumwemulugunyiza. Kubanga naffe ffe b’ani mmwe okutwemulugunyiza?” <sup>8</sup> Musa n’ayongera okubagamba nti, “Mujja kwongera okutegeera MUKAMA, olweggulo nga buwungeera bw’anaabawa ennyama ne mulya, ate enkyia n’abawa emmere ebamala: kubanga MUKAMA awulidde nga mumwemulugunyiza. Naffe ffe b’ani? Temwemulugunyiza ffe, wabula MUKAMA.”

<sup>9</sup> Awo Musa n’agamba Alooni nti, “Tegeeza ekibiina kyonna eky’abaana ba Isirayiri nti, ‘Musembere awali MUKAMA, kubanga awulidde okwemulungunya kwammwe!’”

<sup>10</sup> Awo olwatuuka, Alooni bwe yali ng’akyategeeza ekibiina kyonna eky’abaana ba Isirayiri, ne batunula mu ddungu; era, laba, ekitiibwa kya MUKAMA ne kirabikira mu kire.

<sup>11</sup> MUKAMA n'ayogera ne Musa, ng'agamba nti, <sup>12</sup> "Mpulidde okwemulugunya kw'abaana ba Isirayiri. Bagambe nti, 'Obudde nga buwungeera munaalya ennyama, n'enkya munakkusibwa emmere. Bwe mutyo munaategeera nga nze MUKAMA Katonda wammwe.'

<sup>13</sup> Obudde nga buwungeera enkwale ne zija ne zижжula olusiisira; ne mu makya ne wabaawo omusulo ku ttaka mu lusiisira. <sup>14</sup> Omusulo nga gwamuse ng'obudde bukaze, laba, ku ttaka ne kulabikako obuntu obutono obwekulungirivu obufaanana ng'omusulo ogukutte olw'obunnyogovu obungi. <sup>15</sup> Abaana ba Isirayiri bwe baabulaba ne beebuzaganya nti, "Kiki kino?" Kubanga baali tebakimanyi. Musa n'abategeeza nti, "Eno ye mmere MUKAMA gy'abawadde okulya. <sup>16</sup> MUKAMA alagidde bw'ati nti, 'Buli muntu akunŋjaanye gy'anaamalawo. Buli muntu ali mu weema zammwe mumukuŋjaanyize kilo bbiri.'

<sup>17</sup> Abaana ba Isirayiri ne bakola nga bwe baalagirwa; abamu ne bakunŋjaanya nnyingi, n'abalala ntono. <sup>18</sup> Bwe baagipimiranga mu kabakuli aka oma, ze lita ebbiri, oyo eyali akunŋjaanyizza ennyingi teyasukkirizanga, n'oyo ow'entono nga teyeesseera. Buli muntu yakunŋjaanyanga ng'okwetaaga kwe bwe kwabanga.

<sup>19</sup> Musa n'abagamba nti, "Tewabaawo omuntu n'omu agifissaako okutuusa enkeera." <sup>20</sup> Kyokka abamu Musa tebaamufaako; ne beeterekerako okutuusa enkeera; n'ezaala envunyu, era n'ewunya. Musa n'abasunguwalira.

<sup>21</sup> Buli nkya ne bakuŋŋaanyanga buli omu gye yayinzanga okulya nga anaagimalawo; naye akasana bwe kaayakanga nga kakazizza, n'esaanuuuka.

### *Emmere y'oku Ssabbiiti*

<sup>22</sup> Awo ku lunaku olw'omukaaga ne bakuŋŋaanya emmere ya mirundi ebiri, ze kilo nnya buli muntu; abakulembeze bonna mu kibiina ne bajja ne bategeeza Musa.

<sup>23</sup> N'abagamba nti, "MUKAMA yalagidde bw'ati nti, 'Enkya lunaaba lunaku lwa kuwummula, ye Ssabbiiti ya MUKAMA Entukuvu. Leero mwokye emmere yammwe gye mwetaaga okwokya, era mufumbe gye mwagala okufumba; eneeba esigaddewo mugyetererekere okutuusa enky'a.'"

<sup>24</sup> Bwe batyo ne bagyeterekera okutuusa enkeera, nga Musa bwe yabalagira; n'etewunya wadde okuzaala envunyu. <sup>25</sup> Musa n'abagamba nti, "Eyo mugirye leero, kubanga leero ye Ssabbiiti ya MUKAMA, ku ttaka temujja kusangako mmere. <sup>26</sup> Mu nnaku omukaaga mujjanga kugikuŋŋaanya, naye ku lunaku olw'omusanvu, olwa Ssabbiiti, emmere teebeerengawo."

<sup>27</sup> Naye era abamu ku bantu baafuluma ku lunaku olw'omusanvu bagikuŋŋaanye, naye tebasangayo kantu. <sup>28</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Mulituusa ddi nga mukyajeemera ebiragiyo byange? <sup>29</sup> Mutegeere nga MUKAMA abawadde Ssabbiiti; ku lunaku olw'omukaaga kyava abawa emmere ya nnaku bbiri. Buli muntu abeerenga mu maka ge nga tafulumye n'akatono ku lunaku olw'omusanvu."

**30** Abantu bwe batyo ne bawummula ku lunaku olw'omusantu.

**31** Ab'omu nnyumba ya Isirayiri, emmere eyo ne bagiyitanga maanu. Yali efaanana ng'akasigo ka koliyanda, nga njeru; ng'ewoomerera ng'obusukuuti obufumbiddwa n'omubisi gw'enjuki. **32** Musa n'agamba nti, "MUKAMA alagidde bw'ati nti, 'Muddire akabakuli aka kilo bbiri mukajjuze maanu mugiterekere ab'emirembe egigenda okujja; balyoke balabe ku mmere gye nabaliisanga mu ddungu, bwe nabaggya mu nsi y'e Misiri.' "

**33** Musa n'agamba Aloonni nti, "Ddira akabakuli osseemu maanu ejjuza oma, ze lita bbiri, obungi, ogisse awali MUKAMA, eterekwerwe ab'emirembe egigenda okujja."

**34** Bw'atyoo Aloonni n'ateeka maanu awali Endagaano, ekuumirwe awo, nga MUKAMA bwe yala-gira Musa. **35** Abaana ba Isirayiri ne balya maanu okumala emyaka amakumi ana, okutuusa lwe baatuuka mu nsi omuli abantu. Baalya maanu\* okutuusa lwe baatuuka ku nsalo ya Kanani.

**36** Oma† emu yenkana kimu kya kkumi ekya efa.‡

## 17

### *Amazzi Agaava mu Lwazi*

---

\* **16:35** Baalekeraawo okugabulwa maanu ku lunaku olw'Embaga ey'Okuyitako eyasooka mu nsi y'e Kanani (Yos 5:10-12). † **16:36** oma emu yankanankana lita bbiri ‡ **16:36** efa emu yankanankana lita nnya n'ekitundu

<sup>1</sup> Awo ekibiina kyonna eky'abaana ba Isirayiri ne kisitula okuva mu ddungu ly a Sini, ne batambula ng'ekiragiro kya MUKAMA bwe kyali. Ne bakuba eweema zaabwe mu Lefidimu, naye nga tewaliwo mazzi bantu ge banaanywa. <sup>2</sup> Abantu ne bayombesa Musa nga bagamba nti, "Tuwe amazzi tunywe." Musa n'abaddamu nti, "Lwaki munnyombesa? Lwaki mugezesza MUKAMA?"

<sup>3</sup> Naye abantu ennyonta y'amazzi n'ebaluma, ne beemulugunyiza Musa. Ne bagamba nti, "Lwaki watuggya mu Misiri, ennyonta okututtira wano, ffe n'abaana baffe n'ebisibo byaffe?"

<sup>4</sup> Musa n'akaabira MUKAMA nti, "Abantu bano mbakole ntya? Baabano baagala kunkuba mayinjia."

<sup>5</sup> MUKAMA n'addamu Musa nti, "Abantu abo bakulembere, otwale ne ku bakulembeze ba Isirayiri; n'omuggo gwo gwe wakubisa ku mugga genda nagwo ng'ogukutte mu mukono gwo, mutambule. <sup>6</sup> Nange nzija kukwesooka mu maaso nyimirire ku lwazi e Kolebu, onookuba olwazi ne muvaamu amazzi abantu banywe." Musa n'akola bw'atyo nga n'abakulembeze ba Isirayiri balaba. <sup>7</sup> Ekifo ekyo n'akituma erinnya Masa ne Meriba, olw'okuyomba kw'abaana ba Isirayiri, n'olw'okugezesza MUKAMA nga bagamba nti, "MUKAMA waali mu ffe oba taliiwo?"

### *Olutalo Abayisirayiri lwe Baasooka Okulwana*

<sup>8</sup> Awo Abamaleki\* ne bajja balwane ne Isirayiri

---

\* **17:8** Abamaleki baali bazzukulu ba mukoddomi wa Esawu, eyawasa muwala wa Esawu, era baanyaganga bunyazi batambuze mu ddungu.

mu Lefidimu. <sup>9</sup> Musa n'agamba Yoswa nti, "Tuyunguliremu abasajja bagende balwanyise Abamaleki. Enkyia nzija kuyimirira ku ntikko y'olusozi nga nkutte omuggo gwa Katonda mu mukono gwange."

<sup>10</sup> Yoswa n'akola nga Musa bwe yamulagira, n'alwana n'Abamaleki. Musa ne Aloonie ne Kuli ne bambuka ku ntikko y'olusozi. <sup>11</sup> Musa bwe yawanikanga emikono gye, Abayisirayiri nga bagoba, naye bwe yagissanga, nga Abamaleki bagoba. <sup>12</sup> Emikono gya Musa ne gitandika okumufuuyirira. Aloonie ne Kuli ne bamuleetera ejinja, n'atuula okwo; ne bawanirira emikono gye, omu ng'ali ku ludda olumu, ne munne ku ludda olulala, emikono gye olwo ne ginywerera waggulu okutuusa enjuba lwe yagwa. <sup>13</sup> Yoswa n'awangula Abamaleki ng'akozesa obwogi bw'ekitala.

<sup>14</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Kino kiwandiike mu kitabo kiryoche kijjukirwenga ennaku zonna, era Yoswa asaana akimanye, kubanga Abamaleki ijnjenda kubasangulirawo ddala ku nsi."

<sup>15</sup> Musa n'azimbawo ekyoto n'akituuma erinya MUKAMA ye Bendera Yang. <sup>16</sup> N'agamba nti, "Kubanga Abamaleki baalwanyisa entebe ya MUKAMA ey'obwakabaka, MUKAMA alayidde okubalwanyisa emirembe gyonna."

## 18

*Yesero Akyalira Musa*

<sup>1</sup> Yesero, kabona w'e Midiyaani, era kitaawe wa mukyala wa Musa, n'awulira byonna Katonda bye yakolera Musa n'abantu be, Abayisirayiri; era nga MUKAMA yaggya Isirayiri mu Misiri. <sup>2</sup> Ye yalabiriranga Zipola, mukyala wa Musa; kubanga Musa yali amuzzizza ewaabwe ng'amumulekedde, <sup>3</sup> ne batabani be babiri. Mutabani we omu yamutuumma Gerusomu, kubanga Musa yagamba nti, "Mbadde mugwira mu nsi etali yange;" <sup>4</sup> n'erinnya ly'omulala lyali Eryeza, kubanga yagamba nti, "Katonda wa kitange ye yali omubeezi wange, era n'amponya ekitala kya Falaawo."

<sup>5</sup> Yesero, mukoddomi wa Musa, n'ajja ne batabani ba Musa ne mukyala we eri Musa mu ddungu, we yali asiisidde okuliraana olusozi lwa Katonda. <sup>6</sup> Yesero yali amutumidde nti, "Nze Yesero mukoddomi wo, nzija okukulabako. Ndi ne mukyala wo ne batabani be bombi."

<sup>7</sup> Awo Musa n'afuluma n'agenda okwaniriza mukoddomi we; n'akutamako ng'amulamusa, n'amugwa mu kifuba. Ne balamusaganya, n'oluvannyuma ne bayingira mu weema. <sup>8</sup> Musa n'anyumiza mukoddomi we ebyo byonna MUKAMA bye yakola Falaawo n'Abamisiri ng'abalanga Isirayiri; n'ebizibu ebyabatuukako mu lugendo lwabe, ne MUKAMA nga bwe yabibawonya.

<sup>9</sup> Yesero n'asanyuka nnyo okuwulira ebirungi ebyo byonna MUKAMA bye yakolera Isirayiri, ng'abanunula ku Bamisiri. <sup>10</sup> Yesero n'agamba nti, "MUKAMA atenderezebwé eyabanunula mu mikono gy'Abamisiri ne mu mukono

gwa Falaawo, n'aggya abantu be mu mikono gy'Abamisiri. <sup>11</sup> Kaakano ntegedde nga MUKAMA mukulu wa kitibwa okukira bakatonda bonna, kubanga yanunula abantu be mu mikono gyabo abaali babeeragirako." <sup>12</sup> Awo Yesero, mukoddomi wa Musa, n'awaayo eri Katonda ekiweebwayo ekyokye ne ssaddaaka endala; Alooni n'abakulembeze ba Isirayiri bonna ne balya ne mukoddomi wa Musa emmere mu maaso ga Katonda.

### *Okulonda Abalamuzi*

<sup>13</sup> Awo bwe bwakya enkya, Musa n'atuula ku ntebe ye okulamula abantu. Abantu ne bamwetooloola okuva enkya okutuusa akawungeezi. <sup>14</sup> Mukoddomi we bwe yalaba Musa bye yali akolera abantu, n'amugamba nti, "Kiki kino ky'okola? Lwaki olamula bw'omu, abantu bano bonna ne bayimirira okukwetooloola okuva ku nkya okutuusa akawungeezi?" <sup>15</sup> Musa n'addamu mukoddomi we nti, "Kubanga abantu bajja gye ndi bategeere Katonda by'ayagala. <sup>16</sup> Buli lwe babeera n'obutakkiriziganya, bajja gye ndi, ne mbasalirawo, era ne mbategeeza amateeka ga Katonda n'ebiragiro bye."

<sup>17</sup> Mukoddomi wa Musa n'amugamba nti, "Ky'okola si kirungi. <sup>18</sup> Ggwe, n'abantu bano bonna abajja gy'oli, mujja kukoowa nnyo. Kubanga omulimu guno munene nnyo; tosobola kugukola bw'omu. <sup>19</sup> Nkusaba ompulirize nkusalire ku magezi, ne Katonda ng'ali naawe. Osaana obeere omubaka w'abantu ewa Katonda, era omutuusengako ensonga

zaabwe. <sup>20</sup> Bayigirize amateeka n'ebiragiro, era obalage nga bwe basaana okweyisanga, awamu n'emirimu gye basaanidde okukola. <sup>21</sup> Londayo abasajja abalina ebisaanyizo, ng'obaggya mu bantu bona, abasajja abatya Katonda, ab'amazima era abatalya nguzi; obawe obukulembeze, ng'abamu bavunaanyizibwa abantu enkumi, n'abalala abantu ebikumi, n'abamu ebibiina eby'ataano n'abalala eby'ekkumi kkumi. <sup>22</sup> Bawe obuyinza okulamulanga abantu ebbanga lyonna, naye ng'emisango emizibu bagikuleetera, emisango emyangu bo bagisalenga. Ekyo kinaawewulanga ku buzito bw'omugugu gwo, kubanga banaabanga bagukukwatirako. <sup>23</sup> Singa okola bw'otyo, nga ne Katonda bw'akulagidde, ojja kusobola okugumira emirimu egyo, era n'abantu bano bona balyoke baddeyo ewaabwe nga basanyuse."

<sup>24</sup> Musa bw'atyo n'awuliriza amagezi gonna mukoddomi we ge yamuwa, n'akolera ku ebyo byonna bye yamubuulirira. <sup>25</sup> Musa n'alonda mu Isirayiri yonna abasajja abasobola, n'abafuala abakulembeze b'abantu; nga bavunaanyizibwa enkumi, n'abalala ebikumi, n'abamu amakumi ataano ataano, n'abalala kkumi kkumi. <sup>26</sup> Ne balamula abantu ebbanga lyonna. Emisango emizibu nga bagireetera Musa, naye emyangu nga bagisala.

<sup>27</sup> Awo Musa n'asiibula mukoddomi we, mukoddomi we n'akwata ekkubo ne yeddirayo mu nsi y'ewaabwe.

# 19

## *Eddungu lya Sinaayi*

<sup>1</sup> Mu mwezi ogwokusatu abaana ba Isirayiri nga bavudde mu Misiri, ne batuuka mu Ddungu lya Sinaayi. <sup>2</sup> Kubanga baali basitudde okuva mu Lefidimu ne bayingira Eddungu lya Sinaayi. Abayisirayiri ne basimba eweema zaabwe mu ddungu omwo mu maaso g'olusozi Sinaayi.

<sup>3</sup> Awo Musa n'ayambuka eri Katonda; MUKAMA n'amuyita ng'asinziira ku lusozi ng'agamba nti, "Bino by'onoogamba ennyumba ya Yakobo, by'onootegeeza abaana ba Isirayiri nti, <sup>4</sup> 'Mwalaba bye nakola Abamisiri, mmwe ne mbasitulira ku biwaawaatiro by'empungu\* n'embeereetera gye ndi. <sup>5</sup> Kale, singa mugondera eddoboozi lyange awatali kwerekera, ne mukuma endagaano yange, mulibeera eggwanga lyange ery'enjawulo egganzi mu mawanga gonna, kubanga ensi yonna yange. <sup>6</sup> Munaabeeranga obwakabaka bwange obwa bakabona, era eggwanga ettukuvu.' Ebyo bye bigambo by'ojja okutegeeza abaana ba Isirayiri."

<sup>7</sup> Awo Musa n'akomawo, n'ayita abakulem-beze b'abantu n'abategeeza ebigambo ebyo byonna MUKAMA bye yamulagira. <sup>8</sup> Abantu bonna ne baddiramu wamu nti, "Ebyo byonna MUKAMA by'agambye, tujja kubikola." Musa n'ategeeza MUKAMA ng'abantu bwe baayogera. <sup>9</sup> MUKAMA n'agamba Musa nti, "Nzija kujja gy'oli mu

\* **19:4** empungu Empungu enseera esutulira abaana baayo ku biwaawaatiro byayo ng'ebuuka (Ma 32:11).

kire ekikutte, abantu bawulire nga njogera naawe, bakukkirizenga era bakwesigenga en-naku zonna.” Musa n’ategeeza MUKAMA abantu bye baayogera.

### *Okutukuza Abantu*

<sup>10</sup> MUKAMA n’agamba Musa nti, “Genda eri abantu, obatukuze leero n’enkya. Bagambe booze engoye zaabwe, <sup>11</sup> ku lunaku olwokusatu babeere beetegefu, kubanga ku lunaku olwo MUKAMA alikka ku lusozi Sinaayi ng’Abayisirayiri bona balaba. <sup>12</sup> Abayisirayiri bakugire n’olukomera okwetooloola olusizi, obagambe nti, ‘Mwekuume muleme okwambuka ku lusozi oba okulukwatako we lutandikira. Anaalukwatako ajja kuttibwa. <sup>13</sup> Tajja kukwatibwako, wabula ajja kukubirwa ddala amayinja oba kufumitibwa. Omuntu tajja kulama, n’ebisolo tewaabeeso kirama.’ Akagombe bwe kanaamala okuvugira akabanga, olwo abantu ne balyoka bajja awali olusizi.<sup>†</sup>”

<sup>14</sup> Awo Musa n’ava ku lusozi n’aserengeta eri abantu, n’abatukuza ne bayoza engoye zaabwe. <sup>15</sup> N’abagamba nti, “Mwetegekere olunaku olwokusatu, ne bakyala bammwe temubasember-era.”

### *Musa Asisinkana Katonda ku Lusozi Sinaayi*

<sup>16</sup> Awo ku lunaku olwokusatu ku nkya ne waba okubwatuka n’okumyansa, n’ekire ekikutte ku lusozi, n’eddoboozi ly’akagombe ery’omwanguka ennyo; abantu bona abaa

---

<sup>†</sup> **19:13** Aloonie batabani be ababiri, awamu n’abakadde ba Isirayiri ensavu, be baalinnyanga ku lusozi lwa Katonda (24:1, 9-10)

mu lusiisira n'okukankana ne bakankana. <sup>17</sup> Musa n'aggya abantu mu lusiisira n'abaleeta basisinkane Katonda; ne bayimirira wansi w'olusozi. <sup>18</sup> Olusozi Sinaayi ne lubikkibwa omukka; kubanga MUKAMA yalukkako mu muliro. Omukka ne gunyooka nga gwambuka ng'oguva mu kyoto, n'olusozi lwonna ne lukankana nnyo. <sup>19</sup> Eddoboozi ly'akagombe bwe lyeyongera okuvuga n'omwanguka ogw'amaanyi, Musa n'ayogera, ne Katonda n'amwanukula n'eddoboozi ery'okubwatuka.

<sup>20</sup> Awo MUKAMA n'akka ku ntikko y'Olusozi Sinaayi. MUKAMA n'ayita Musa agende ku ntikko y'olusozi; Musa n'alinnya. <sup>21</sup> MUKAMA n'agamba Musa nti, "Serengeta eri abantu obalabule baleme kuwaguza okujja okutunula ku MUKAMA, abantu bangi baleme kuzikirira. <sup>22</sup> Ne bakabona, abasemberera MUKAMA, nabo basaana beetukuze, kubanga MUKAMA ayinza okubasaanyaawo."

<sup>23</sup> Musa n'addamu MUKAMA nti, "Abantu tebasobola kwambuka ku Lusozi Sinaayi, kubanga ggwe wennyini watulagira nti, 'Muteekeewo akakomera okwetooloola olusozi, lusigale lwokka nga lutukuvu.'"

<sup>24</sup> MUKAMA n'alagira Musa nti, "Serengeta oleete Aloon; naye bakabona n'abantu tobaganya kuwaguza kujja kwambuka eri MUKAMA, kubanga ayinza okubasaanyaawo."

<sup>25</sup> Bw'atyo Musa n'aserengeta mu bantu n'abategeeza.

## 20

### *Amateeka Ekkumi*

<sup>1</sup> Awo Katonda n'ayogera ebigambo bino, n'agamba nti:

- <sup>2</sup> "Nze MUKAMA Katonda wo, eyakuggya mu Misiri, mu nsi gye mwafuulibwa abaddu.
- <sup>3</sup> "Tobeeranga na bakatonda balala wabula Nze nzekka.
- <sup>4</sup> Tweekoleranga kintu kyonna ekyole eki-faanana n'ekintu kyonna ekiri waggulu mu ggulu, oba wansi ku nsi, oba ekiri mu mazzi agali wansi w'ensi. <sup>5</sup> Tobivuunamiranga so tobisinzanga. Kubanga, nze MUKAMA Katonda wo ndi Katonda wa buggy; mbonereza abaana olw'ebibi bya baki-taabwe n'eba bajjajaabwe okutuusa ku mulembe ogwokusatu n'ogwokuna ogw'abo abankyawa. <sup>6</sup> Naye abo enkumi n'enkumi abanjagala era abawkata amateeka gange, mbalaga okwagala kwange okutaggwaawo.
- <sup>7</sup> Tokozesanga linnya lya MUKAMA Katonda wo ng'olayira ebitaliimu nsa; kubanga MUKAMA talirema kumusalira musango ne gumusinga omuntu oyo alayirira obwerefere erinnya lye.
- <sup>8</sup> Olunaku lwa Ssabbiiti lujjukirenga era olutukuzenga. <sup>9</sup> Kolanga emirimu gyo, ofaabini mu nnaku omukaaga, <sup>10</sup> naye olunaku olw'omusantu ye Ssabbiiti ya MUKAMA Katonda wo. Ku lunaku olwo tokolerangako mulimu gwonna; ggwe, wadde mutabani

wo, wadde muwala wo, wadde omuweereza wo omusajja, oba omuweereza wo omukazi, wadde ensolo zo, wadde omugenyi ali omumwo. <sup>11</sup> Kubanga mu nnaku omukaaga MUKAMA Katonda mwe yakolera eggulu n'ensi, n'ennyanja, ne byonna ebibirimu, n'awummulira ku lunaku olw'omusanvu. MUKAMA kyeyava awa omukisa olunaku olwa Ssabbiiti n'alutukuza.

<sup>12</sup> Kitaawo ne nnyoko obassangamu ekitiibwa, olyoke owangaale mu nsi MUKAMA Katonda wo gy'akuwa.

<sup>13</sup> Tottanga.

<sup>14</sup> Toyendanga.

<sup>15</sup> Tobbanga.

<sup>16</sup> Towaayirizanga muntu munno.

<sup>17</sup> Teweegombanga nnyumba ya muliraanwa wo. Teweegombanga mukazi wa muliraanwa wo, newaakubadde omuweereza we omusajja, newaakubadde omuweereza we omukazi, wadde ente ye, oba endogoyi ye, oba ekintu kyonna ekya muntu munno."

<sup>18</sup> Awo abantu bwe baalaba okumyansa kw'eraddu, ne bawulira n'okubwatuka kw'eggulu awamu n'eddoboozi ly'akagombe, ne balaba n'olusozi nga lunyooka ne bakankana nga batidde nnyo. Ne bayimirira walako, <sup>19</sup> ne bagamba Musa nti, "Ggwe yogera naffe, tujja kubiwliriza. Naye Katonda aleme kwogera naffe tuleme okufa."

<sup>20</sup> Musa n'agamba abantu nti, "Temutya, kubanga Katonda azze kubagezesha, mumu-

tyenga bulijjo, mulyoke muleme okwonoona.”

### *Ebiragiro ku Byoto*

<sup>21</sup> Abantu ne basigala nga bayimiridde walako, naye Musa n'asembera mu kizikiza ekikwafu Katonda mwe yali. <sup>22</sup> MUKAMA n'agamba Musa nti, “Bw'oti bw'oba otegeeza abaana ba Isirayiri nti, ‘Mmwe bennyini mwerabiddeko nga njogera nammwe nga nsinziira mu ggulu. <sup>23</sup> Temwekoleranga bakatonda balala wendi; temwekoleranga bakatonda ba ffeeza oba baktonda ba zaabu.

<sup>24</sup> “Munkolere ekyoto eky'ettaka, muweereyo okwo ssaddaaka zammwe ezookebwa, n'essaddaaka olw'emirembe, ey'endiga zo n'ente zo. Mu buli kifo mwe nnaaleeteranga erinnya lyange okuweebwa ekitiibwa, nnajjanga ne mbawera omwo omukisa. <sup>25</sup> Bwe munzimbiranga ekyoto eky'amayinja, temukizimbisanga mayinja mayooyoote, kubanga ekyuma bwe kirigakoonako kirigafuula agatasaanira kyoto kyange. <sup>26</sup> Ekyoto kyange temukizimbangako madaala, muleme okukiweebuula nga mulinnya amadaala.”

## 21

### *Amateeka ku Baddu*

<sup>1</sup> Amateeka gano gabategeeze nti:

<sup>2</sup> “Bw'ogulanga omuddu Omwebbulaniya, akuweererezanga emyaka mukaaga. Mu mwaka ogw'omusantu omuddizanga eddembe lye n'agenda, era talisasuliranga. <sup>3</sup> Bw'aba

nga yajja yekka, era agendanga yekka; naye bw'aba nga yajja ne mukazi we, era agendanga naye. <sup>4</sup> Mukama we bw'abanga amuwadde omukazi, n'amuzaalira abaana aboobulenzi n'aboobuwala; omukazi n'abaana babanga ba mukama wa muddu oyo; omusajja yekka ye yaddizibwanga eddembe lye. <sup>5</sup> Naye omuddu bw'agambanga nti, 'Nze mukama wange mmwagala, ne mukazi wange n'abaana bange bonne mbagala, era seetaaga ddembe,' <sup>6</sup> mukama we amutwalanga eri abalamuzi, amuleetanga ku luggi oba ku mwango gw'oluggi, n'amuwummula okutu n'olukato.\* Olwo anaamuweerezanga okutuusa okufa.

<sup>7</sup> "Omusajja bw'anaatundanga omwana we owoobuwala ng'omuddu, omuwala oyo taddizibwenga ddembe ng'omuddu omusajja. <sup>8</sup> Bw'ataasanyusenga mukama we eyamugula, anaayinzanga okununulibwa. Kyokka mukama we taabenga na buyinza kumutunda mu bannamawanga, kubanga mukama we yanaabanga amukuusizakuusiza okumala okumuwasa ate n'amwegobako. <sup>9</sup> Singa amugabira mutabani we, olwo anaabanga ng'omu ku bawala be. <sup>10</sup> Singa amuwasizaako omukazi omulala, mukama we taamuggyengako mmere ye oba engoye ze, wadde ebimukwatako byonna eby'obufumbo. <sup>11</sup> Ebantu ebyo ebisatu singa abimumma, omuwala omuddu anaayinzanga okuleka mukama we n'amuvaako

---

\* **21:6** Okuwummula amatu, yali mpisa y'Abasuli n'amawanga agabeetoolodde. Kaali kabonero akakakasa ng'omuddu bw'ali owa mukama we.

awatali kusasulirwa.

*Amateeka ku Butemu*

<sup>12</sup> “Anaakubanga omuntu n'amutta, naye ateekwa buteekwa okuttibwa. <sup>13</sup> Kyokka singa akitola nga tagenderedde, naye Katonda n'akikkiriza okubaawo, anaddukanga ne yeekweka mu kifo kye ndibateekerateekera. <sup>14</sup> Naye singa omuntu anaasalanga olukwe n'alumba munne n'amutta mu bugenderevu, bw'anaabanga ku kyoto kyange, mumusikan-gako ne mumutwala ne mumutta.

<sup>15</sup> “Akubanga kitaawe oba nnyina, ateekwa buteekwa okuttibwa.

<sup>16</sup> “Oyo awambanga omuntu n'amutunda oba n'akwatibwa naye nga tannamutunda attib-wanga buttibwa.

<sup>17</sup> “Anaakolimiranga kitaawe oba nnyina ateekwa kuttibwa.

*Amateeka ku Kuyomba n'Okulwana*

<sup>18</sup> “Abantu singa bayomba ne balwana, omu n'akuba munne ejinja oba ekikonde, n'atafa wabula n'abeera ku kitanda; <sup>19</sup> singa ava ku kitanda, n'atandika n'okutambilako ebweru n'omuggo gwe, oli eyamukuba taavunaanibwenga; wabula anaasasuliranga ebiseera by'oyo gwe yakuba, era n'amujjanjaba okutuusa ng'awonedde ddala.

<sup>20</sup> “Omuntu bw'anaakubanga omuddu we omusajja oba omuddu we omukazi n'omuggo, omuddu oyo emiggo ne gimutta, omusajja oyo anaabonerezebwanga; <sup>21</sup> naye omuddu

oyo bw'anaalamanga okumala olunaku oba en-naku ebbiri, mukama we taabonerezebwenga, kubanga ye nannyini ye.

**22** “Singa abantu babadde balwana, ne bakubiramu omukazi ali olubuto, olubuto ne luvaamu, kyokka n'atabaako mutawaana mulala gwonna, oyo amukubye anaatanzibwanga omutango bba w'omukazi gw'anaasalanga, era nga n'abalamuzi bagukkirizza. **23** Naye singa omukazi oyo abaako omutawaana ogw'amaanyi, ekibonerezo kineenkanaakananga n'ekyo ky'amukoze. Bw'anattanga anattibwanga, **24** bw'anaaggyangamu eriiso lya munne, n'eriryе banaaligyangamu, oba omuntu bw'anaaggyangamu erinnyo lya munne, n'eriryе banaalikuulangamu, bw'anaamutemangako omukono, n'ogugwe banaagutemangako, bw'anaamutemangako ekigere, n'ekikye banaakitemangako, **25** bw'anaamwokyanga, naye anaayoyebwanga, bw'anaamussangako ekiwundu, naye anaassibwangako ekiwundu, bw'anaamunuubulanga, naye anaanuubulwanga.

**26** “Omuntu bw'akubanga omuddu we omusajja oba omuddu we omukazi, n'amuggyamu eriiso, anaamuddizanga eddembe lye n'amuleka n'agenda, nga kwe kumuliyira olw'eriiso eryo. **27** Singa akuba omuddu we omusajja oba omuddu we omukazi, n'amukuulamu erinnyo, anaamuddizanga eddembe lye, nga kwe kumuliyira olw'erinnyo eryo.

*Amateeka ku Nsolo Ezirundibwa*

<sup>28</sup> “Singa ente ya seddume etomera omusajja oba omukazi n’emutta, seddume eyo eteekwa okukubwanga amayinja n’efa, n’ennyama yaayo teriibwanga. Kyokka nannyini yo taabengako musango. <sup>29</sup> Naye seddume eyo singa emanyid-dwa nga bulijjo ntomezi, era nga ne nannyini yo yalabulwako dda, kyokka n’atagisibira mu lugo lwayo, n’etta omusajja oba omukazi, eneekubwanga amayinja n’efa, ne nannyini yo anattibwanga. <sup>30</sup> Naye singa asalirwa engassi, aneenunulanga n’awona okufa ng’asasuddeyo kyonna ekinaabanga kimusaliddwa. <sup>31</sup> Seddume bw’eneetomeranga mutabani w’omuntu oba muwala we, etteeka lye limu eryo lye linaakoze-sebwanga. <sup>32</sup> Seddume bw’etomeranga omuddu omusajja oba omuddu omukazi, nannyini yo ateequa okusasula mukama w’omuddu oyo, ebitundu bya ffeeza amakumi asatu,<sup>†</sup> ne sed-dume ekubwenga amayinja efe.

<sup>33</sup> “Omuntu bw’anaabikkulanga ekinya n’akireka nga kyasamye, oba bw’anaasimanga ekinya n’atakisaanikirako, seddume n’ekigwamu oba endogoyi, <sup>34</sup> nannyini kinnya anaasasuliranga okufirwa okwo; anaasasulanga nannyini nsolo efudde, era n’okugitwala anaagitwalanga.

<sup>35</sup> “Seddume y’omuntu bw’eneerumyanga sed-dume y’omulala, n’emala egitta; banaatundanga seddume ennamu, ensimbi ne bazigabana; ne

---

<sup>†</sup> **21:32** ebitundu bya ffeeza amakumi asatu Omuddu omunnag-gwanga yali yankanankana ebitundu bya ffeeza amakumi asatu.

seddume enfu nayo banaagigabananga. <sup>36</sup> Oba singa seddume eyo ng'emanyiddwa nga ntomez-itomezi, naye nannyini yo nga tagiggalira mu lugo lwayo, atekwa asasule seddume olwa seddume, yo enfu eneebanga yiye.

## 22

### *Amateeka ku Bintu by'Abantu*

<sup>1</sup> “Omuntu bw'anabbanga ente ya munne, oba endiga, n'agitta oba n'agitunda; anazzangawo ente ttaano olw'emu gy'abbye, n'endiga nnya olw'endiga emu.

<sup>2</sup> “Omubbi bw'anaakwatibwanga ng'amenya ennyumba, n'akubibwa emiggo n'afa; amukubye taabengako musango olw'okuyiwa omusaayi gw'omubbi oyo; <sup>3</sup> naye singa ebyo bigwawo ng'enjuba emaze okuvaayo, anaabangako omusango olw'okuyiwa omusaayi ogwo. Omubbi anaateekwanga okuliwa; naye bw'abanga talina kantu, anaatundibwanga alyoke asasulire bye yabba.

<sup>4</sup> “Omubbi singa akwatibwa lubona nga n'ensolo gy'abbye agirina nnamu, oba nte, oba ndogoyi oba ndiga, anazzangawo bbiri bbiri.

<sup>5</sup> “Omuntu bw'anaabanga alunda ebisolo bye mu ddundiro lye oba mu nnimiro ye ey'emizabbibu, ensolo ze n'azireka ne zigenda ziriira mu nnimiro y'omuntu omulala; anaasasulanga ku bibala ebisinga obulungi n'ezabbibu ebiva omumwe.

**6** “Omuliro bwe gunaalandanga ne guyita mu bisaka\* ne gukwata ennimiro y’omuntu, ne gwokya ebinywa by’eŋjaano, oba eŋjaano ekyakula, oba ne guzikiriza ennimiro ye yonna; eyakumye omuliro ogwo anaasasuliranga by-onna ebyonoonese.

**7** “Omuntu bw’anaateresanga munne ensimbi oba ebintu bye ebirala, ne bamala babibbira mu nnyumba ye; omubbi bw’anaakwatibwanga anaaliwanga emirundi ebiri. **8** Naye omubbi bw’atakwatibwenga, nannyini nnyumba ateekwa agende eri abalamuzi, basalewo obanga ebintu bya munne ye yabitutte. **9** Mu buli misango gyonna egy’okubeera n’ebintu mu ngeri emenya amateeka, ng’okubeera n’ente, oba endogoyi, oba endiga, oba ekyambalo, oba ekintu ekirala kyonna ekinaabanga kibuze, omuntu n’amala akyogerako nti, ‘Kino kyange,’ omuntu akirina n’oyo akiyita ekikye banaatwalanga ensonga zaabwe eri abalamuzi. Oyo abalamuzi gwe banaasaliranga nti gumusinze, anaddizangawo munne emirundi ebiri.

**10** “Omuntu bw’anaateresanga munne endogoyi, oba ente, oba endiga, oba ensolo endala yonna; n’emala efa, oba n’erumizibwa, oba n’etwalibwa nga tekitegeerekese agitutte, **11** ensonga zaabwe zinaagonjoolwanga nga eyatereka alayidde mu maaso ga MUKAMA nti ensolo eyo si ye yagibba. Nannyini nsolo ateekwanga okukkiriza ekirayiro ekyo,

---

\* **22:6** bisaka Mu biro ebyo, ebisaka byakozesebwanga ng’ebikomera.

era taasasulwenga kintu kyonna. <sup>12</sup> Naye bw'eneemubbibwangako, anaagiriwanga. <sup>13</sup> Bw'eneebanga erumbiddwa ensolo enkambwe n'etaagulwataagulwa, anaaleetanga ebitundutundu byayo ebisigaddeo ng'obujulizi; taaliwenga nsolo etaaguddwataaguddwa.

<sup>14</sup> "Omuntu bw'aneeyazikanga ensolo ku muliraanwa we, n'erumizibwa, oba n'emufaako nga nnyini yo taliiwo, anaateekwanga okugisasulira. <sup>15</sup> Naye nannyini yo bw'anaabangawo, taaliyirwenga. Ensolo ng'ebadde epangisibbwaa bu-pangisibwa, omuwendo ogugipangisizza gunaa-malanga mu kugisasulira.

### *Amateeka ku Mbeera y'abantu*

<sup>16</sup> "Omusaja bw'anaasendasendanga omuwala omuto akyali embeerera, ne yeebaka naye, atwalengayo ebantu ebyobuko, amuwase. <sup>17</sup> Naye singa kitaawe w'omuwala agaanira ddala okumumuwa, era asasulangayo omuwendo gw'ensimbi ogwenkanankana n'eb'yobuko ebiweebwayo ku mbeerera.

<sup>18</sup> "Omukazi omulogo omuttanga bussi.

<sup>19</sup> "Omuntu akola eby'ensonyi n'ensolo ateekwanga kuttibwa.

<sup>20</sup> "Omuntu atwalanga ssaddaaka eri katonda omulala, atali nze MUKAMA, azikirizibwenga.

<sup>21</sup> "Bannamawanga temubayisanga bubi, so temubanyigirizanga, kubanga nammwe mwali bannaggwanga mu nsi y'e Misiri.

<sup>22</sup> "Nnamwandu ne mulekwa temubajooganga.

<sup>23</sup> Bwe munaabajooganga ne bankaabira, nnaabawulirizanga. <sup>24</sup> Obusungu bwange

ne bubuubuuka, mmwe ne mbatta n'ekitala. Bakyala bammwe ne bafuuka bannamwandum n'abaana bammwe bamulekwa.

<sup>25</sup> "Bw'owolanga ensimbi omu ku bantu bange abali mu mmwe, ng'ali mu kwetaaga, teweeyisanga ng'abawozi b'ensimbi abalala; tomusasuzanga magoba. <sup>26</sup> Bw'otwalanga ekyambalo ky'omuntu ng'akakalu, kimuddize ng'enjuba egenda okugwa; <sup>27</sup> kubanga ekyambalo kye ekayo kye ky'okwebikka kye kyokka ky'alina. Kale bw'otokimuddiza olwo asule mu ki? Bw'anankaabiriranga nzijanga kumuwliriza, kubanga ndi wa kisa.

<sup>28</sup> "Tovumanga Katonda, wadde okwogera obubi ku bafuzi bammwe.

<sup>29</sup> "Tolwangawo kuwaayo ku bibala ebibereberye nga byengedde.

"Mutabani wo omubereberye onoomumpanga. <sup>30</sup> Ente zo n'endiga zo nazoonookolanga bw'otyo. Onoozirekeranga bannyina baazo okumala ennaku musanvu; onoozimpanga ku lunaku olw'omunaana.

<sup>31</sup> "Mujjanga kuba bantu bange batukuvu. Noolwekyo temuulyenga nnyama ya nsolo etaaguddwataaguddwa ebisolo eby'omu nsiko. Munaagirekeranga mbwa.

## 23

### *Amateeka ku Kusaasira ne ku Bwenkanya*

<sup>1</sup> "Tosaasaanyanga ηnjambo. Teweegattanga na muntu mubi, ng'owa obujulirwa obw'obulimba bulyoke bumuyambe.

<sup>2</sup> “Tokolagananga na kibiina ky’omanyi nga bye kiriko bikyamu. Bw’obanga owa obujulirwa mu musango, tokkirizanga kusikibwa kibiina ne kikuweesa obujulizi obw’obulimba nga weekubira ku ludda lwe kiriko; <sup>3</sup> era towanga bujulirwa bukyamu oyambe omuntu yenna olwokubanga mwavu.

<sup>4</sup> “Bw’osanganga ente y’omulabe wo, oba endogoyi ye, ng’ebuzze ogimuddizangayo eka.

<sup>5</sup> Bw’olabanga endogoyi y’omuntu atakwagala, ng’omugugu gugisudde wansi, togirekanga, naye omuyambangako okugiyimusa.

<sup>6</sup> “Tolemanga kusalirawo muntu nsonga ze mu bwenkanya, olwokubanga mwavu.

<sup>7</sup> Teweeyingizanga mu nsonga za bulimba, era tottanga muntu atalina kibi oba atazzizza musango, kubanga aliko omusango sigenda kumwejeeereza.

<sup>8</sup> “Tolyanga nguzi, kubanga enguzi eziba omuntu amaaso n’ekyamya n’abatuukirivu.

<sup>9</sup> “Temuwalagganya mu nunnaggwanga, kubanga mmwe bennyini mumanyi nga bwe kiri okuba bannaggwanga, kubanga mwali bannaggwanga mu nsi y’e Misiri.

<sup>10</sup> “Mu myaka omukaaga osigirangamu emmere yo mu nnimiro zo era n’ogikungula;

<sup>11</sup> naye mu mwaka ogw’omusanvu ettaka olirekanga ne liwummula, abaavu mu mmwe basobolenga okulya ku mmere okuva mu bimererezi; eneefikkangawo ebisolo by’omu nsiko binaagiryanga. Era bw’otyo bw’onookolanga n’ennimiro zo ez’emizabbibu n’ez’emizeeyituuni.

**12** “Mu nnaku omukaaga mw’okoleranga emirimu gyo, naye ku lunaku olw’omusantu tokolanga, ente yo n’endogoyi yo ziryoke zisobole okuwummulako; ne mutabani w’omuweereza wo, ne munnaggwanga ali mu maka go bawummuleko baddemu endasi.

**13** “Weegenderezanga n’okolanga byonna bye nkulagidde. Bakatonda abalala toboogerangako, era amannya gaabwe tegayitanga mu kamwa ko.

### *Amateeka ku Mbaga Enkulu Essatu eza Buli Mwaka*

**14** “Ononkoleranga embaga emirundi esatu buli mwaka.

**15** “Onookolanga Embaga ey’Emigaati Egitali Mizimbulukuse. Onoolyanga omugaati ogutali-imu kizimbulukusa okumala ennaku musantu, nga bwe nakulagira. Kino okikolanga mu kiseera ekyategekebwa, mu mwezi gwa Abibu, kubanga mu mwezi ogwo mwe waviira mu nsi y’e Misiri.

“Tewabangawo ajja gye ndi engalo ensa.

**16** “Onookolanga Embaga ey’Amakungula\* ey’ebibala ebibereberye eby’ebirime bye wasiga mu nnimiro yo.

“Onookolanga Embaga ey’Amayingiza† buli nkomerero ya mwaka, bw’onookunjaanya ebibala by’omu nnimiro, n’obiyingiza.

**17** “Abasajja bona banajjanga awali MUKAMA Katonda emirundi egyo esatu buli mwaka.

\* **23:16** Embaga ey’Amakungula y’emu yeeyitibwa Embaga eya Wiiki (34:22) kubanga Embaga ey’Amakungula yabangawo olu-vannyuma lw’Embaga ey’Okuyitako, ng’okukungula kwa kaggwa

† **23:16** Embaga ey’Amayingiza yabangawo ng’okukungula kwa kaggwa.

**18** “Temuwangayo kintu kyonna gye ndi ekirimu ekizimbulukusa nga mundeetedde ssaddaaka erimu omusaayi; n’amasavu aga ssaddaaka yange tegasulangawo kutuusa nkeera.

**19** “Ebibala ebisinga obulungi mu ebyo ebisoose okuva mu ttaka lyo obitwalanga mu nnyumba ya MUKAMA Katonda wo. Tofumbanga akaana k’embuzi mu mata ga nnyina waako.‡

### *Ekisuubizo ky’Okukuumibwa Katonda*

**20** “Laba, ntuma malayika akukulembere, akutuuse bulungi mu kifo kye nteeseteese.

**21** Omuwulirizanga, era ogonderanga by’agamba. Tomujeemeranga; bw’olijeema tagenda kukusonyiwa, kubanga aliba akola mu Linnya lyange. **22** Naye bw’onoowulirizanga eddoboozi lye, n’okola nga bwe ηnjamba, kale nnaakyawanga abakukyawa, n’abalabe bo banaabanga balabe bange. **23** Malayika wange alikwesooka mu maaso akukulemberenga akutuuse mu nsi y’Abamoli, ne mu y’Abakiiti, ne mu y’Abaperezzi, ne mu y’Abakanani, ne mu y’Abakiivi, ne mu y’Abayebusi, nange ndibazikiririza ddala. **24** Tovuunamiranga bakatonda baabwe, so tobaweeerezanga, era tokwatanga mpisa zaabwe, wabula obabetetaranga ddala, n’omenyaamenya n’empagi zaabwe. **25** Oweerezanga MUKAMA Katonda wo yekka, emmere yo n’amazzi go ndyoke mbiwe omukisa. Ndiggyawo endwadde mu mmwe; **26** tewaabengawo mugumba wadde

---

‡ **23:19** Okufumba akaana k’embuzi mu mata ga nnyina waako yali mpisa y’Abakanani

avaamu olubuto. Ennaku z'obulamu bwo zonna nnaazituukirizanga.

<sup>27</sup> “Nnaasindikanga ekikangabwa mu mawanga agaagala okukwolekera, ne ntabalatabula abo bona abanaakwegezangamu, era abalabe bo nnaabafuumuulanga emisinde. <sup>28</sup> Ndisindika ennumba ne zikukulembera, ne zigoba Abakiivi, n'Abakanani, n'Abakiiti ne bakuviira mu kkubo lyo. <sup>29</sup> Naye mu nsi omwo siribagobamu mu mwaka gumu, ebikande bireme kusukkirira, n'ensolo ez'omu nsiko ne zaala ne zibayitirira obungi. <sup>30</sup> Nzijanga kubagobamu mpolo mpolo, okutuusa nga mwaze ne mulyoka mulya ensi eyo.

<sup>31</sup> “Ndisala ensalo zammwe okuva ku Nnyanja Emyufu okutuuka ku Nnyanja y'Abafirisuuti, n'okuva ku ddungu okutuuka ku Mugga Fulaati. Abantu b'omu nsi omwo ndibabawa, ne mubagobamu. <sup>32</sup> Temukolanga nabo ndagaano, wadde ne bakatonda baabwe. <sup>33</sup> Temubakkirizanga kubeera mu nsi yammwe, tebalwa kubanyoomesa biragiro byange; kubanga singa muweereza bakatonda baabwe muliba mugudde mu mutego.”

## 24

### *Isirayiri Akkiriza Endagaano*

<sup>1</sup> Awo MUKAMA n'alagira Musa nti, “Mwambuke eno gye ndi, ggwe ne Alooni, ne Nadabu, ne Abiku, n'abakulembeze ba Isirayiri nsanvu. Musinze nga mwesuddeko akabanga, <sup>2</sup> Musa yekka y'anaansemberera;

abalala tebasembera. Era abantu tebasaana kujja naye.”

<sup>3</sup> Musa n’ajja n’ategeeza abantu ebigambo byonna MUKAMA bye yamugamba awamu n’amateeka ge gonna. Abantu bona ne baddiramu wamu ne bagamba nti, “Ebigambo ebyo byonna MUKAMA by’agambye tunaabikola.” <sup>4</sup> Bw’atyo Musa n’awandiika ebigambo byonna MUKAMA bye yayogera.

Awo Musa n’akeera mu makya n’azimba ekyoto awo wansi w’olusozi; n’asimbako n’empagi kkumi na bbiri ng’ebika bya Isirayiri ekkumi n’ebibiri bwe byali. <sup>5</sup> N’atuma abasajja abavubuka Abayisirayiri, ne bawaayo ebiweebwayo ebyokebwa eri MUKAMA, ne ssaddaaka ey’emirembe ey’ente. <sup>6</sup> Musa n’addira ekitundu ky’omusaayi n’akissa mu mabeseni, n’ekitundu ekirala n’akimansira ku kyoto. <sup>7</sup> N’asitula Ekitabo ky’Endagaano, n’akisomera abantu nga bona bawulira. Ne bagamba nti, “Ebyo byonna MUKAMA by’agambye tujja kubikola; era tunaa-mugonderanga.”

<sup>8</sup> Awo Musa n’addira omusaayi n’agumansira ku bantu, n’agamba nti, “Guno gwe musaayi gw’endagaano MUKAMA Katonda gye yabalagira okukwata.”

<sup>9</sup> Awo Musa ne Alooni, ne Nadabu, ne Abiku, n’abakulembeze ba Isirayiri ensanvu, ne bambuka; <sup>10</sup> ne balaba Katonda wa Isirayiri. Wansi w’ebigere bye nga waliwo ng’omwaliiro ogw’amayinja ga safiro, agalabika obulungi ng’eggulu eritaliiko bire. <sup>11</sup> Naye Katonda

teyakola kabi konna ku bakulembeze ba Isirayiri abo; Katonda baamulaba, ne balya era ne banya.

<sup>12</sup> MUKAMA n'agamba Musa nti, "Yambuka eno gye ndi ku lusozi, obeere wano olinde; nzija kukuwa ebipande eby'amayinja okuli amateeka g'empandiise ogayigirize abantu."

<sup>13</sup> Awo Musa n'asituka n'omuweereza we Yoswa; Musa n'ayambuka ku lusozi lwa Katonda. <sup>14</sup> N'agamba abakulembeze b'abantu nti, "Mugira mutulindako wano nga naffe bwe tukomawo. Mbalekedde Aloonie ne Kuuli; buli anaaba n'ensonga yonna agende gye bali, bajja kugimumalira."

<sup>15</sup> Awo Musa n'alinnyalinnya olusozi, ekire ne kirubikka. <sup>16</sup> Ekitiibwa kya MUKAMA ne kibeera ku Lusozi Sinaayi. Ekire ne kibikka olusozi okumala ennaku mukaaga; ku lunaku olw'omusanvu MUKAMA n'ayita Musa ng'asinziira wakati mu kire. <sup>17</sup> Abaana ba Isirayiri bwe baatunuulira ekitiibwa kya MUKAMA, ne kibalabikira ng'omuliro ogw'amaanyi ennyo ku ntikko y'olusozi. <sup>18</sup> Musa n'ayingira mu kire ng'agenda alinnyalinnya olusozi. Ku lusozi yamalako ennaku amakumi ana.

## 25

### *Ebiweebwayo mu Weema Entukuvu*

<sup>1</sup> MUKAMA n'ayogera ne Musa nti, <sup>2</sup> "Gamba abaana ba Isirayiri bandeetere ekiweebwayo. Buli muntu aleete ekiweebwayo ng'okuteesa kw'omutima gwe bwe kuli, okimunzijireko.

<sup>3</sup> “Bino bye biweebwayo bye banaakuk-wasa:

“zaabu, ne ffeeza, n’ekikomo;  
<sup>4</sup> n’olugoye olwa bbululu, n’olwa kakobe, n’olumyufu, n’olugoye olwa linena erangid-dwa mu wuzi ennungi; n’obwoya bw’embuzi,  
<sup>5</sup> n’amaliba g’endiga ennume amakunye amannyike mu langi emyufu, n’ekika ky’eddiba ekirala ekiwangaazi; n’embaawo z’omuti gwa akasiya;  
<sup>6</sup> n’amatuta g’ettaala; n’ebiyakaloosa eby’okukozesa mu mafuta ag’okwawula, ne mu bubaane obw’okunyookeza;  
<sup>7</sup> n’amayinja aga onuku n’amayinja amalala ag’omuwendo, ag’okutona ku kkanzu ey’obwakabona eyitibwa efodi, era ne ku kyomukifuba.

<sup>8</sup> “Bankolere ekifo ekitukuvu ndyoke mbeerenga wakati mu bo. <sup>9</sup> Mukole Eweema ya MUKAMA eyo entukuvu n’ebigibeeramu byonna nga bwe nnaabalagirira.

### *Essanduuko*

<sup>10</sup> “Bakole essanduuko mu muti gwa akasiya, obuwanyu mita emu ne sentimita kkumi na ssatu, obugazi sentimita nkaaga mu musanvu n’obugulumivu sentimita nkaaga mu musanvu.  
<sup>11</sup> Ogiteekoko zaabu omuka ennyo munda ne kungulu, era ogyetoolooze omuge ogwa zaabu.  
<sup>12</sup> Ogiweeseze empeta nnya eza zaabu ozisibe

ku magulu gaayo ana, ng'empeta ebbiri ziri ku ludda olumu, n'endala ebbiri ku ludda lwayo olulala. <sup>13</sup> Obajje emisituliro mu muti ogwa akasiya, ogibikkeko zaabu. <sup>14</sup> Ogisonseke mu mpeta eziri ku ssanduuko, okusituzanga essanduuko. <sup>15</sup> Emisituliro egyo ginaalekebwanga mu mpeta ze ssanduuko, si zaakuggyangamu. <sup>16</sup> Mu ssanduuko omwo mw'onossa Amateeka ge nnaakuwa.

<sup>17</sup> "Okolereko ekisaanikira, ye ntebe ey'okusaasira, nga kya zaabu omuka ennyo; obuwantu bwakyo sentimita nkaaga mu musanvu, n'obugazi sentimita nkaaga mu musanvu. <sup>18</sup> Era okolereko ebifaananyi bya bakerubi babiri mu zaabu empeese, ku njuyi ebbiri ez'ekisaanikira. <sup>19</sup> Oteeke ekifaananyi kya kerubi omu ku ludda lumu olw'ekisaanikira, n'ekifaananyi kya kerubi omulala ku ludda olwokubiri, nga ebifaananyi bya bakerubi byombi byekutte wamu n'ekisaanikira. <sup>20</sup> Ebiwaawaatiro bya bakerubi bibe bibikkule nga bisonze waggulu, era nga bisiikiriza ekisaanikira. Bakerubi batunulagane nga boolekedde ekisaanikira. <sup>21</sup> Ekisaanikira onookissa kungulu ku Ssanduuko; ekiwandiiko eky'Endagaano ey'Amateeka kye nnaakuwa, okisse munda mu Ssanduuko. <sup>22</sup> Awo waggulu w'ekisaanikira, mu bakerubi bombi abali ku Ssanduuko ey'Endagaano, we nzija okukusisinkana ndyoke nkuwe ebiragiyo byange byonna bye nkoledde abaana ba Isirayiri.

<sup>23</sup> “Okole emmeeza mu muti gwa akasiya, obuwantu bwayo sentimita kyenda, obugazi sentimita amakumi ana mu ttaano, n’obugulumivu sentimita nkaaga mu musanvu.

<sup>24</sup> Ogibikkeko zaabu omuka ennyo; era oyeyetoolooze ne zaabu omuge gwonna. <sup>25</sup> Era oyeyetoolooze olukugiro oluweza sentimita musanvu ne desimoolo ttaano obugazi, n’omuge ogwa zaabu okwetooloola olukugiro olwo. <sup>26</sup> Ogikolere empeta nnya eza zaabu, ozisibe mu nsonda ennya awali amagulu ana. <sup>27</sup> Empeta zija kubeera waggulu okumpi n’omuge, emisituliro gy’emmeeza mwe ginaayisibwa. <sup>28</sup> Okole emisituliro mu muti gwa akasiya, ogibikkeko zaabu, egoy emmeeza kw’eneesitulirwanga. <sup>29</sup> Era ogikolere essowaani eza zaabu, n’ebijiiko ebya zaabu, n’ensuwa eza zaabu, n’ebibya ebya zaabu eby’okufukanga ebiweebwayo. <sup>30</sup> Era ku mmeeza eno onossaako Emigaati egyp’Okulaga, egyp’okubeeranga mu maaso gange bulijjo.

### *Elikondo ky’Ettaala*

<sup>31</sup> “Okole ekikondo ky’ettaala nga kya zaabu omuka. Ekikondo kyonna na bino ebikiriko: entobo yaakylo n’enduli, ebikopo ebifaanana ng’ebimuli, amatabi n’emitunsi n’ebimuli byako, byonna byakuweesebwa mu kyuma kya zaabu kimu bulambalamba. <sup>32</sup> Kunaabako amatabi mukaaga omutuula emisubbaawa: amatabi asatu nga gali ku ludda lumu, n’amalala asatu nga gali ku ludda olulala. <sup>33</sup> Ku matabi gonna omukaaga agava ku kikondo

ky'ettaala, kubeko ku buli ttabi, ebikopo bisatu ebikole ng'ebimuli by'alumondi; mu buli kikopo nga mulimu omutunsi n'ekimuli. <sup>34</sup> Ku kikondo ky'ettaala kyennnyini kubeko ebikopo bina ebifaanana ebimuli by'alumondi nga mulimu emitunsi n'ebimuli. <sup>35</sup> Omutunsi gumu gujja kuba wansi w'amatabi abiri agava ku kikondo, n'omutunsi ogwokubiri gubeere wansi w'amatabi abiri amalala, n'omutunsi ogwokusatu gubeere wansi w'amatabi abiri amalala; amatabi gonna omukaaga ne gaggwaayo. <sup>36</sup> Emitunsi n'amatabi biweesebwe mu kyuma kya zaabu omwereere, nga kiri bulambalamba n'ekikondo ky'ettaala.

<sup>37</sup> “Era ekikondo kikolere ettaala musanvu; ettaala zino nga zaakira mu maaso gaakyo. <sup>38</sup> Makansi ezikomola entambi, n'essowaani ez'okussaako ebisirinza, byonna bikolebwe mu zaabu mwereere. <sup>39</sup> Ojja kwetaaga zaabu omwereere aweza obuzito bwa kilo asatu mu nnya, okukola ekikondo ky'ettaala ne byonna ebigenderako. <sup>40</sup> Weegendereze, byonna obikole ng'ogoberera ekifaananyi kye nkulaze wano ku lusozi.”

## 26

### *Eweema ya MUKAMA*

<sup>1</sup> “Onookola Weema n'emitanda gy'entimbe kkumi, nga girukiddwa mu wuzi eza linena omulebevu alangiddwa n'ewuzi eza bbululu, ne kakobe, ne myufu. Omutunzi ow'amagezi ennyo akoleremu bakerubi. <sup>2</sup> Emitanda gy'entimbe gyonna gjija kwenkanankana:

obuwanyu mita kkumi na bbiri n'ekitundu, n'obugazi mita emu ne desimoolo munaana.

<sup>3</sup> Emitanda gy'entimbe etaano onoogigatta wamu, ng'ogisengese gumu ku gunnaagwo, era ne ginnaagyo ettaano ogikole bw'otyo.

<sup>4</sup> Otunge ejnjango eza bbululu ku mukugiro gw'omutanda gw'entimbe ogukomererayo mu kitundu ekimu eky'entimbe ettaano, era okole bw'otyo ne ku ejnjango ekomererayo mu kitundu ekyokubiri. <sup>5</sup> Otunge ejnjango amakumi ataano ku mutanda gw'entimbe ogumu, n'ejnjango endala amakumi ataano ku mukugiro gw'omutanda gw'entimbe mu kitundu ekikomererayo, ejnjango ezo nga zoolekaganye.

<sup>6</sup> Okole ebikwaso amakumi ataano ebya zaabu, okwase wamu emitanda gy'entimbe gyombi n'ebikwaso ebyo, olwo Eweema ya MUKAMA ebeere wamu nga nnamba.

### *Eby'okussa mu Weema*

<sup>7</sup> "Okole entimbe kkumi na lumu nga zilukiddwa mu bwoya bw'embuzi, ozibikke ku Weema. <sup>8</sup> Entimbe zonna ekkumi n'olumu zija kwenkanankana obunene: ng'obuwanyu mita kkumi na ssatu n'ekitundu, n'obugazi mita emu ne desimoolo munaana. <sup>9</sup> Ogatte entimbe ttaano wamu, n'entimbe omukaaga ozigatte wamu. Olutimbe olw'omukaaga oluwegemmu mu maaso g'Eweema. <sup>10</sup> Ojja kutunga ejnjango amakumi ataano ku mukugiro gw'omutanda gw'entimbe ogukomererayo mu kitundu ky'entimbe ekimu, ne ku mukugiro gw'olutimbe olukomererayo mu kitundu ekyokubiri. <sup>11</sup> Okole ebikwaso

eby'ekikomo amakumi ataano, obiyise mu njango, bikwate ekibikka ku Weema, ebeere wamu nga nnamba. <sup>12</sup> Ekitundu ky'entimbe ekisigaddewo ku masuuka g'ebibikka ku Weema kijja kuleebeetera emabega wa Weema. <sup>13</sup> Entimbe z'ekibikka ku Weema mu mbiriizi zombi ziyise Eweema kitundu kya mita emu mu buwanvu. Ebitundu bino byombi bija kuleebeetera mu mbiriizi zombi eza Weema nga bigibisse. <sup>14</sup> Ekibikka ku Weema okikolerekko ekibikkako eky'amaliba g'endiga nga gasiigiddwa erangi emyufu, okwo obikkeko amaliba g'ente ey'omu nnyanja.

<sup>15</sup> "Obajje embaawo mu muti gwa akasiya oziyimirize zikole omudaala gw'Eweema kweneetuula. <sup>16</sup> Buli lubaawo lube obuwanyu mita nnya n'ekitundu, ate obugazi sentimita nkaaga mu musanvu. <sup>17</sup> Buli lubaawo oluteekoko obubaawo obuyiseemu bubiri, nga butunulaganye n'embaawo zonna. Embaawo zonna ez'omudaala gw'Eweema ozikole bw'otyo. <sup>18</sup> Okole embaawo amakumi abiri ozisse ku ludda olw'obukiikaddyo obw'Eweema, <sup>19</sup> era okole entobo eza ffeeza amakumi ana, zibeere wansi w'obubaawo obuyiseemu obubiri ku buli lubaawo. <sup>20</sup> Ku ludda olwa bukiakkono olw'Eweema okolereyo embaawo amakumi abiri, <sup>21</sup> n'entobo eza ffeeza amakumi ana, bbiri wansi wa buli lubaawo. <sup>22</sup> Okole embaawo mukaaga oziteeke ku ludda olw'emabega, lwe lw'ebugwanjuba bwa Weema; <sup>23</sup> era okole embaawo bbiri ez'okussa ku nsonda ku ludda olwo. <sup>24</sup> Ku nsonda zino ebbiri embaawo zombi ozisibe wamu nabansasaana okuviiira ddala

wansi okutuuuka waggulu, ozinyweze n'empeta.  
<sup>25</sup> Kwe kugamba nti wajja kubeerawo embaawo zonna awamu munaana, n'entobo eza ffeeza kkumi na mukaaga, nga ku buli lubaawo wansi waalwo eriyo bbiri.

<sup>26</sup> "Osale buliti mu muti gwa akasiya: buliti ttaano ez'okukozesa ku mbaawo eziri ku lusebenju lwa Weema olumu, <sup>27</sup> ne buliti ttaano ku mbaawo eziri ku lusebenju lwa Weema olulala, ne buliti ttaano okukozesa ku mbaawo eziri ku ludda olw'emabega wa Weema olw'ebugwanjuba. <sup>28</sup> Omulabba guyite wakati w'embaawo nga guva ku ludda olumu okutuuuka ku ludda olulala. <sup>29</sup> Embaawo ozibikkeko zaabu, era okole empeta eza zaabu ozisibise buliti; ne buliti nazo ozibikkeko zaabu. <sup>30</sup> Eweema onoogizimba ng'ogoberera ekifaananyi ekyakulagibwa ng'oli ku lusozi.

### *Eggigi*

<sup>31</sup> "Okole eggigi mu wuzi eza bbululu, ne kakobe, ne myufu, ne linena omulebevu alangiddwa; era omukozi omukugu atungiremu bakerubi. <sup>32</sup> Oliwanike n'amalobo aga zaabu ku mpagi nnya ezibajjiddwa mu muti gwa akasiya nga zibikkiddwako zaabu, era nga ziylimiriziddwa mu ntobo eza ffeeza. <sup>33</sup> Eggigi olinyweze n'ebikwaso; olyoke otereeze Essanduuko ey'Endagaano munda waalyo. Eggigi liryoke lyawule Ekifo Ekitukuvu n'Ekifo

Ekitukuvu Ennyo.\* <sup>34</sup> Onosse ekisaanikira, ye ntebe ey'okusaasira ku Ssanduuko ey'Endagaano munda mu Kifo Ekitukuvu Ennyo. <sup>35</sup> Oddire emmeeza ogisse ku ludda olwa ddyo mu kisenge ebweru w'eggigi mu Weema, n'ettaala ogisse ku ludda olwa kkono ng'eyolekedde emmeeza.

<sup>36</sup> “Okole olutimbe lw'omu mulyango gw'Eweema mu wuzi eza bbululu, ne kakobe, ne myufu, ne linena omulebevu alangiddwa omulungi; nga byonna bitungiddwa bulungi. <sup>37</sup> Olutimbe olukolere empagi ttaano ng'ozibazze mu muti gwa akasiya, ozibikkeko zaabu, n'amalobo gaalwo gabe zaabu; ogiweeseze entobo ttaano ez'ekikomo.”

## 27

### *Ekyoto*

<sup>1</sup> “Zimba ekyoto mu miti gya akasiya, obuguluminu mita emu ne desimoolo ssatu, n'obuwavanu mita bbiri ne desimoolo ssatu, ate obugazi mita bbiri ne desimoolo ssatu. <sup>2</sup> Era ku nsonda zaakyo ennya kolerako amayembe; ng'ekyoto n'amayembe bibajiddwa bumu mu muti gumu; ekyoto kyonna olyoke okibikkeko ekikomo. <sup>3</sup> Kola ebbakuli omunaayoolerwanga evvu lyakyo, n'ebisena evvu, n'ebbensani, n'ewuma z'ennyama, ne fulampeni; ebyo byonna nga bikolebwa mu kikomo. <sup>4</sup> Ekyoto

---

\* **26:33** Ekifo Ekitukuvu Ennyo Kabona Asinga Obukulu yekka ye yakkirizibwanga okuyingira mu Kifo Ekitukuvu Ennyo, omulundi gumu gwokka mu mwaka, era lwe lunaku olw'okutangiririrako

kikolere ekitindiro eky'obutimba eky'ebiyuma eby'ekikomo; ku nsonda ennya ez'ekitindiro olyoke okolereko empeta nnya ez'ekikomo.

<sup>5</sup> Leebeeseza ekitindiro ekyo mu kyoto, nga waggulu kinyweredde ku muziziko ne kireebeeta okukoma wakati ng'ekyoto bwe kikka. <sup>6</sup> Kola emisituliro gy'ekyoto mu muti gwa akasiya, ogibikkeko ekikomo. <sup>7</sup> Emisituliro egoy ogiyin-gize mu mpeta ennya, gibeere ku njuyi zombi ez'ekyoto nga kibadde kisitulwa okubaako gye kitwalibwa. <sup>8</sup> Ekyoto kikole n'embaawo, nga wakati kya muwulukwa. Okikole nga bwe kyakulagibwa ku lusozi.

### *Oluggya*

<sup>9</sup> "Eweema ya MUKAMA gikolere oluggya. Ku ludda olwa ddyo oluggya lubeere mita amakumi ana mu mukaaga obuwantu, era nga lulina amagigi aga linena omulebevu alangid-dwa, <sup>10</sup> n'entobo amakumi abiri n'ebikolo ebikondo mwe bituula eby'ekikomo amakumi abiri; nga ku bikondo kuliko amalobo aga ffeeza n'emikiikiro egya ffeeza. <sup>11</sup> Ne ku ludda olwakkono oluggya lubeere mita ana mu mukaaga obuwantu, era ebeeeyo amagigi n'ebikondo amakumi abiri, n'entobo zaabyo eby'ekikomo amakumi abiri, nga ku bikondo kuliko amalobo aga ffeeza n'emikiikiro egya ffeeza.

<sup>12</sup> "Ku ludda olw'obugwanjuba oluggya lubeere mita amakumi abiri mu ssatu obugazi, era lubeere n'amagigi n'ebikondo kkumi awamu n'entobo zaabyo kkumi. <sup>13</sup> Ku ludda

olw'ebuvanjuba, enjuba gy'efulumira, nayo oluggya lubeere mita amakumi abiri mu ssatu obugazi. <sup>14</sup> Ku ludda olumu olw'omulyango kubereko amagigi mita mukaaga ne desimoolo mwenda obuwanvu, n'ebikondo bisatu n'entobo zaabyo ssatu, <sup>15</sup> ne ku ludda olulala nakwo kubereko amagigi mita mukaaga ne desimoolo mwenda obuwanvu, n'ebikondo bisatu n'entobo zaabyo ssatu.

<sup>16</sup> "Mu mulyango oguyingira mu luggyga wanikamu eggigi mita mwenda obuwanvu, nga lya wuzi za bbululu, ne kakobe, ne myufu, ne linena endebevu ennange, nga bikolebwa omutunzi omukugu, era ng'eggigi lirina ebikondo bina n'entobo zaabyo nnya. <sup>17</sup> Ebikondo byonna mu luggyga bibeere n'emikiikiro gya ffeeza, n'amalobo ga ffeeza, n'entobo za kikomo. <sup>18</sup> Oluggya lubeere mita amakumi ana mu mukaaga obuwanvu, n'obugazi mita amakumi abiri mu ssatu, n'amagigi aga linena endebevu ennange, mita bbiri ne desimoolo ssatu obugulumivu, n'entobo ez'ekikomo. <sup>19</sup> Ebintu ebirala byonna ebinaakozesebwa ku mirimu gya Weema egya buli ngeri, ng'otaddeko n'obukondo obukomerera Weema n'obw'omu luggyga, byonna bibeera bya kikomo.

### *Amafuta g'Ettaala*

<sup>20</sup> "Lagira abaana ba Isirayiri bakuleetere amafuta ag'emizeeyituuni amalungi ennyo ag'okukozesa mu ttaala, eryoke eyakenga obudde bwonna nga tezikira. <sup>21</sup> Mu kisenge kya Weema ey'Okukuŋjaanirangamu, ebweru

w'eggigi eribisse Endagaano, awo Alooni ne batabani be we banaabeeranga nga balabirira ettaala eyakirenga awali MUKAMA okuva olweggulo okutuusa mu makya. Lino libeere tteeka abaana ba Isirayiri lye banaakwatanga emirembe gyonna.”

## 28

### *Ebyambalo by'Obwakabona*

<sup>1</sup> “Muganda wo Alooni muyiteyo mu baana ba Isirayiri, awamu ne batabani be: Nadabu, ne Abiku, ne Eriyazaali, ne Isamaali, bajje bampeereze nga be bakabona. <sup>2</sup> Muganda wo Alooni mutungire ebyambalo ebitukuvu, nga bya kitiibwa era nga birabika bulungi. <sup>3</sup> Yogera n'abo bonna abasobola, be nawa ekirabo eky'amagezi mu mirimu egyo, bakolere Alooni ebyambalo mw'anaayawulirwa okubeera kabona wange. <sup>4</sup> Bino bye byambalo bye banaakola: eky'omu kifuba, ekkanzu ey'obwakabona okutali mikono ennyimpi eyitibwa ekkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi; ng'ekoma mu ntumbwe; omunagiro; ekkooti erimu obusaze obw'obusimba n'obw'obukiika; ekitambaala; n'olukoba. Bakolere Alooni ne batabani be ebyambalo ebitukuvu balyoke bampeereze nga be bakabona. <sup>5</sup> Abakozi baweebwe ewuzi eza zaabu, ne bbululu, ne kakobe, ne myufu, ne linena omulebevu omulange.

### *Ekkanzu eyitibwa Efodi*

<sup>6</sup> “Abakozi abakugu bakole ekkanzu ey'obwakabona ennyimpi etaliiko mikono

n'ewuzi eza zaabu, ne bbululu, ne myufu, ne linena omulebevu omulange. <sup>7</sup> Ebeere n'ebi'okubibegabega bibiri nga bitungiddwa w'ekoma, eryoke egattibwe bulungi. <sup>8</sup> Omusipi gwayo mu kiwato gukolebwe n'amagezi mangi nga aganaakola ekkanzu ey'obwakabona, era n'ebinaakola bifaanagane, ng'ewuzi za zaabu, ne bbululu, ne kakobe, ne myufu, ne linena omulebevu alangiddwa.

<sup>9</sup> "Oddire amayinja ga onuku abiri, ogalambeko amannya ga batabani ba Isirayiri, <sup>10</sup> amannya mukaaga ku jjinja erimu, n'amannya g'abasigaddewo omukaaga ku jjinja eryokubiri, ng'okuzaalibwa kwabwe bwe kugenda kuddiriragana. <sup>11</sup> Olambe amannya ga batabani ba Isirayiri ku mayinja ago abiri ng'omusazi w'amayinja bw'ayola akabonero ku jjinja; ogateeke mu fuleemu ogeetoolooze n'emikugiro egya zaabu. <sup>12</sup> Amayinja ago ojja gakwasiza ku by'okubibegabega eby'ekkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi, ng'amayinja ag'ekijjukizo ky'abaana ba Isirayiri. Alooni asitulenga amannya gaabwe awali MUKAMA ng'ekijjukizo. <sup>13</sup> Okole fuleemu eza zaabu, <sup>14</sup> n'enjegere bbiri eza zaabu omuka, ozirange ng'emiguwa; olyoke osibire enjegere ez'oku fuleemu.

### *Ekyomukifuba*

<sup>15</sup> "Kola ekyomukifuba eky'okutereezanga esongwa, nga mulimu gwa kikugu ng'ogw'ekkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi, n'ewuzi eza zaabu, ne bbululu, ne kakobe, ne myufu, ne linena

omulebevu omulange. <sup>16</sup> Kijja kwenkanankana, buli ludda sentimita amakumi abiri mu bbiri, okiwetemu wakati. <sup>17</sup> Otungireko ennyiriri nnya ez'amayinja ag'omuwendo omungi. Mu lunyiriri olusooka osseemu amayinja saasiyo, ne topazi, ne kaabankulo; <sup>18</sup> ne mu lunyiriri olwokubiri osseemu emalada, ne safiro ne dayamandi; <sup>19</sup> ne mu lunyiriri olwokusatu osseemu jasinta; ne ageti, ne ametisita, <sup>20</sup> ne mu lunyiriri olwokuna osseemu berulo, ne onuku, ne yasipero, ogateeke mu fuleemu ya zaabu. <sup>21</sup> Wabeerewo amayinja kkumi n'abiri, n'amannya gaago ng'amannya g'abatabani ba Isirayiri. Gasalibwe bulungi ng'obubonero obuwoolebwa, nga ku buli limu kulambiddwako erinnya lyako okumalirayo ddala amannya g'ebika ekkumi n'ebibiri.

<sup>22</sup> "Ekyomukifuba kikolere enjegere ennange ng'emiguwa gya zaabu omuka. <sup>23</sup> Era ekyomukifuba kikolere empeta za zaabu bbiri, oteeke empeta ezo zombi ku mikugiro ebiri egy'ekyomu kifuba. <sup>24</sup> Oyise enjegere ebbiri eza zaabu mu mpeta ebbiri eziri ku mikugiro gy'eky'omu kifuba. <sup>25</sup> Oddire enjuuyi ebbiri ezsigaddewo ez'enjegere ozikwasize ku fuleemu ebbiri, ozinywereze mu maaso g'ebi'oku bibegabega byombi eby'ekkantu ey'obwakabona eyitibwa efodi. <sup>26</sup> Era okole empeta bbiri eza zaabu, ozitunge ku mikugiro gy'eky'omu kifuba ku luuyi olw'omunda oluliraanye ekkantu ey'obwakabona eyitibwa efodi. <sup>27</sup> Era okole empeta bbiri eza zaabu oziteeke mu maaso, mu bitundu ebya wansi

eby'ebi'okubibegabega byombi eby'ekkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi, wagguluko okumpi n'oluzizi lw'omusipi olw'ekkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi. <sup>28</sup> Empeta ez'oku kyomukifuba zisibwe wamu n'empeta z'ekkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi n'akaguwa aka bbululu, kagattibwe n'olukoba, olw'omu kifuba luleme kutaggulukuka ku kkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi.

<sup>29</sup> "Buli kiseera Aloonni lw'anaayingiranga mu Kifo Ekitukuvu, anaabanga ayambadde amannya ga batabani ba Isirayiri ku kyomukifuba eky'okumala ensonga, nga kiri ku mutima gwe, kibeerenga ekijjukizo awali MUKAMA. <sup>30</sup> Mu ky'omu kifuba eky'okumala ensonga, onooteekamu Ulimu ne Sumimu\*, era binaabeeranga ku mutima gwa Aloonni buli lw'anaayingiranga awali MUKAMA. Bw'atyo Aloonni anaasitulanga ekkubo omuyitwa okumala ensonga z'abaana ba Isirayiri okumpi n'omutima gwe buli lw'anaagendanga awali MUKAMA.

### *Ebyambalo eby'Obwakabona ebirala*

<sup>31</sup> "Onookola ekyambalo ekiri ng'ekkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi, nga kyonna kya bbululu. <sup>32</sup> Waggulu mu makkati gaakyo munaabaamu ekituli omw'okuyisa omutwe; okwetooloola ekituli ekyo kunaabaako omuge omuyonde obulungi ng'omuleera ku kituli ky'omutwe eky'ekkanzu ey'obwakabona,

---

\* **28:30** Ulimu ne Sumimu byali bintu ebyakozesebwanga okumanya okuteesa kwa Katonda

kireme okuyulika. <sup>33</sup> Okwetooloola ebirenge wansi onootungayo amajjolobera mu wuzi eza bbululu, ne kakobe, ne myufu; nga mu makkati ga buli langi eziriraanye otobekamu obude obwa zaabu. <sup>34</sup> Ng'otunga amajjolobera n'ozzaako akade, ate n'oddiriza amajjolobera n'ozzaako akade; bw'otyo okwetooloola ebirenge by'ekyambalo ekyo. <sup>35</sup> Gunaabanga mulimu gwa Aloonni okwambala ekyambalo ekyo ng'agenda okuweereza. Obude obwo bunaawulirwanga ng'ayingira mu Kifo Ekitukuvu awali MUKAMA, ne bw'anaabanga afuluma, aleme okufa.

<sup>36</sup> "Onookola akapande aka zaabu omuka ennyo, okayoleko, nga bwe bayola akabonero, nti, Mutukuvu wa Mukama.

<sup>37</sup> Akapande okasibeko akaguwa aka bbululu, okanywereze ku kitambaala ky'oku mutwe ku ludda olw'omu maaso olw'ekitambaala.

<sup>38</sup> Akapande ako kanaabeeranga mu kyenyi kya Aloonni, era Aloonni y'anaabangako obuvunaanyizibwa nga wabaddewo ebitatuuse mu biweebwayo ebitukuvu abaana ba Isirayiri bye banaaleetanga nga bamaze okubyawula ng'ebirabo byabwe ebitukuvu; kanaabeeranga ku kyenyi kye bulijo, MUKAMA alyoke akkirize ebirabo ebyo.

<sup>39</sup> "Luka ekkooti erimu obusaze obw'obusimba n'obw'obukiika mu wuzi eza linena omulebevu, era okole n'ekitambaala eky'oku mutwe mu linena omulebevu, era okole olukoba ng'olutunzeemu amajjolobera. <sup>40</sup> Batabani ba Aloonni bakolere amakooti, n'emisipi, n'enkuufiira; nga byonna bya kitiiibwa era

nga birabika bulungi nnyo. <sup>41</sup> Aloonni muganda wo mwambaze ebyambalo ebyo, ne batabani be nabo bw'otyo; olyoke obafukeko amafuta ag'omuzeeyituuni, obaaawule, obatukuze, bampeerezenga nga be bakabona.

<sup>42</sup> "Bakolere empale ez'omunda eza linena, nga ziva mu kiwato okukoma mu bisambi, zibikke omubiri gwabwe. <sup>43</sup> Aloonni ne batabani be banaazambalanga nga bajja mu Weema ey'Okukuŋjaanirangamu oba bwe banaasembereranga Ekyoto okuweereza mu Kifo Ekitukuvu, baleme okwerefetako omusango ne bafa.

"Aloonni ne batabani be ne bazzukulu be abalimuddirira banaakuumanga etteeka lino nga lya nkalakkalira."

## 29

### *Okwawula Bakabona*

<sup>1</sup> "Bino by'onookola okwawula Aloonni ne batabani be okubafuula bakabona balyoke bampeereze. Ojja kulaba ente ya seddume emu ento, n'endiga ennume ento bbiri, zonna nga teziriiko kamogo. <sup>2</sup> Era onookola mu buwunga bw'enjaano ennungi emigaati egitaliimu kizimbulukusa, ne zikkeeke enkole n'amafuta ag'omuzeeyituuni ezitali nzimbulukuse, n'obusukuuti obw'oluwegere obutaliimu kizimbulukusa naye nga busiigiddwako amafuta ag'omuzeeyituuni. <sup>3</sup> Obiteeke mu kibbo kimu obireete awamu n'ente n'endiga ebbiri. <sup>4</sup> Leeta Aloonni ne batabani be ku mulyango gw'Eweema ey'Okukuŋjaanirangamu, obanaaaze n'amazzi. <sup>5</sup> Ddira ebyambalo, oyambaze Aloonni ekkooti,

n'ekyambalo ekiri ng'ekkantu ey'obwakabona eyitibwa efodi, n'ekkantu ey'obwakabona eyitibwa efodi, n'ekyomukifuba, omusibeko omusipi gw'ekkantu ey'obwakabona eyitibwa efodi ogwalukibwa n'amagezi amangi; <sup>6</sup> omusibe n'ekitambaala ku mutwe olyoke otereeze bulungi engule entukuvu ku kitambaala eky'oku mutwe. <sup>7</sup> Ddira amafuta ag'okwawula ogafuke ku mutwe gwe, omwawule. <sup>8</sup> Leeta batabani be obambaze amakooti, <sup>9</sup> obasibeko emisipi, obambaze n'enkuufira; olwo nga bafuuka bakabona emirembe gyonna ng'ekiragiro bwe kigamba. Bw'otyo bw'onooyawula Aloonni ne batabani be.

### *Ekiweebwayo olw'Ebibi*

<sup>10</sup> “Onoleeta ente eyo ento mu maaso g'Eweema ey'Okukunjaanirangamu. Aloonni ne batabani be banaagikwatako ku mutwe, <sup>11</sup> n'olyoka ogittira awo awali MUKAMA ku mulyango gw'Eweema ey'Okukunjaanirangamu. <sup>12</sup> Onoddira omusaayi ogw'ente eyo omutonotono, n'ogusiiga n'olugalo lwo ku mayembe ag'oku kyoto; omusaayi ogunaasigalawo oguyiwe wansi w'ekyoto. <sup>13</sup> Onoddira amasavu gonna ag'oku byenda n'ogabikka ku kibumba n'ensigo zombi n'amasavu gaazo, obyokere ku kyoto. <sup>14</sup> Naye ennyama y'ente eyo n'eddiba lyayo, n'obusa bwayo, byokere ebweru w'olusiisira. Ekyo ky'ekiweebwayo olw'ekibi.

### *Ekiweebwayo Ekyokye*

<sup>15</sup> “Kwata endiga zombi, Aloonie batabani be banaakwatanga ku mutwe gw’endiga emu; <sup>16</sup> otte endiga eyo, n’oddira omusaayi gwayo n’ogumansa buli wantu ku kyoto. <sup>17</sup> Onoosalasala endiga eyo mu bifi, onaaze eby’omunda byayo n’amagulu gaayo; obisse wamu n’ebifi n’omutwe, <sup>18</sup> endiga yonna ogyokere ku kyoto. Ekyo ky’ekiweebwayo eri MUKAMA ekyokye, eky’akawoowo akasanyusa, nga kiweebwayo ku muliro eri MUKAMA.

### *Ekiweebwayo ku Kwawulibwa*

<sup>19</sup> “Onoddira endiga endala, Aloonie batabani be ne bassa emikono ku mutwe gwayo; <sup>20</sup> onoogitta, n’oddira ku musaayi gwayo n’ogusiiga ku kasongezo k’okutu kwa Aloonie okwa ddyo, ne ku busongezo bw’amatu ga batabani be aga ddyo, ne ku binkumu by’emikono gyabwe egya ddyo, ne ku bigere byabwe ebisajja ebya ddyo; omusaayi ogunaasigalawo ogumansire ku kyoto okukyetooloola. <sup>21</sup> Onoddira ku musaayi oguli ku kyoto, oddire ne ku mafuta ag’okwawula, obimansire ku Aloonie ne ku byambalo bye, era ne ku batabani be ne ku byambalo byabwe. Bw’atyo Aloonie ne batabani be bajja kutukuzibwa awamu n’ebyambalo byabwe.

<sup>22</sup> “Onoggya ku ndiga eyo amasavu, n’omukira omusava, n’amasavu agabikka eby’omu lubuto ne ku kibumba, n’ensigo zombi awamu n’amasavu agaziriko, n’ekisambi ekyo ddyo; kubanga eyo y’endiga ey’okukozesa mu kwawula bakabona. <sup>23</sup> Era olabe mu

kibbo ekirimu ebitali bizimbulukuse ebiri awali MUKAMA oggyemu omugaati gumu, ne keeke emu okuli amafuta ag'omuzeeyituuni, n'akasukuuti ak'oluwehere; <sup>24</sup> ebyo byonna obikwase Aloonni ne batabani be, babiwuubire awali MUKAMA ng'ekiweebwayo ekiwuubibwa. <sup>25</sup> Onoobibaggyako, n'obyokera ku kyoto ng'obyongera ku kiweebwayo ekyokebwa, mulyoke muveemu akawoowo akalungi akasanyusa MUKAMA; kye kiweebwayo eri MUKAMA ekyokye mu muliro. <sup>26</sup> Era onoddira ekifuba ky'endiga y'okwawulibwa kwa Aloonni, okiwuube ng'ekiweebwayo eri MUKAMA ekiwuubibwa; ogwo gwe gunaaba omugabo gwo. <sup>27</sup> Onootukuza ekifuba eky'ekiweebwayo ekiwuubibwa, n'ekisambi eky'ekiweebwayo ekiwuubibwa, n'ekisambi eky'omugabo gwa bakabona era nga nakyo kiwuubibwa ekiva ku ndiga y'okwawulibwa, nga bwe guli omugabo gwa Aloonni ne batabani be. <sup>28</sup> Gunaabanga mugabo gwa Aloonni ne batabani be, nga guva mu baana ba Isirayiri emirembe gyonna; kubanga gwe mugabo gwa bakabona ogunaavanga ku kiweebwayo ky'abaana ba Isirayiri eky'emirembe, nga kye kiweebwayo kyabwe eri MUKAMA.

<sup>29</sup> "Ebyambalo bya Aloonni ebitukuvu, batabani be, be banaabisikiranga, era mwe banaafukirwangako amafuta, era mwe banaayawulirwanga. <sup>30</sup> Omwana anaabanga azze mu bigere bya Aloonni nga kabona, anaabyambaliranga ennaku musanvu, bw'anajjanga mu Weema ey'Okukunjaaanirangamu okuweereza mu Kifo

Ekitukuvu.

*Emmere ku Kwawulibwa*

<sup>31</sup> “Ojja kuddira endiga y’okwawulibwa, ofumbe ennyama yaayo mu kifo ekitukuvu; <sup>32</sup> Aloonni ne batabani be balye ku nnyama y’endiga eyo, ne ku mugaati oguli mu kibbo, nga bali ku mulyango gwa Weema ey’Okukuŋŋaanirangamu. <sup>33</sup> Banaalya ku ebyo ebikozesebbwaa ku mukolo ogw’okusonyiyibwa kwabwe lwe batukuzibwa era lwe bayawulirwako. Naye atali kabona tabiryangako, kubanga bitukuvu. <sup>34</sup> Era singa ku nnyama y’okwawula ne ku migaati wasigalawo ebiremye okutuusa enkeera, byonna byokebwanga bwokeebwa; tewabanga abirya, kubanga bitukuvu.

<sup>35</sup> “Bwe kutyo okwawulibwa kwa Aloonni ne batabani be bw’onookukola nga bwe nkulagidde. Omukolo gwonna gujja kumala ennaku musanvu; <sup>36</sup> era buli lunaku ojja kuwaayo seddume y’ente emu ng’ekiweebwayo olw’ekibi, olw’okusonyiyibwa. Waayo ekiweebwayo olw’okulongoosa ekyoto, okifukeko amafuta, okitukuze. <sup>37</sup> Ojja kumala ennaku musanvu ng’owaayo ekiweebwayo olw’okulongoosa ekyoto, okitukuze; era ekyoto kijja kubeera kitukuvu nnyo, buli ekinaakikomangako nga nakyo kifuuka kitukuvu.

*Ekyoto eky’Ebiweebwayo Ebyokebwa*

<sup>38</sup> “Bino by’onoowangayo ku kyoto buli lunaku: onoowangayo endiga ento bbiri ez’omwaka ogumu. <sup>39</sup> Endiga emu

onoogiwangayo mu makya, ne ginnaayo n'ogiwaayo akawungeezi. <sup>40</sup> Endiga esooka onoogawaayo ne lita bbiri ez'obuwunga obulungi, nga butabuddwamu lita ng'emu ey'amatuta ge zeyituuni, n'oteekerako ne lita emu ey'envinnyo nga ky'ekiweebwayo ekyokunywa. <sup>41</sup> Endiga eyookubiri onoogawaayo akawungeezi awamu n'obuwunga n'ebiyokunywa nga bw'onooba okoze mu makya, ne biryoka bivaamu akawoowo akalungi akasanyusa ak'ekiweebwayo ekyokebwa eri MUKAMA.

<sup>42</sup> "Mu mirembe gyonna egigenda okujja, ekiweebwayo kino ekyokebwa kinaaweebwangayo eri MUKAMA obutayosa, mu mulyango gw'Eweema ey'Okukunjaaanirangamu. Awo we nnaakusanga ne njogera naawe. <sup>43</sup> Era awo we nnaasisinkana abaana ba Isirayiri, ekifo ekyo ne kitukuzibwa nga kijjudde ekitiibwa kyange.

<sup>44</sup> "Bwe ntyo nnaatukuza Eweema ey'Okukunjaaanirangamu n'ekyoto, era Alooni ne batabani be nabo nnaabatukuza, bampeereze nga bakabona. <sup>45</sup> Bwe ntyo ndyoke mbeere mu baana ba Isirayiri era mbeere Katonda waabwe. <sup>46</sup> Awo banaamanya nga nze MUKAMA Katonda waabwe, eyabaggya mu nsi y'e Misiri ndyoke mbeerenga mu bo. Nze MUKAMA Katonda waabwe."

## 30

### *Ekyoto ky'Obubaane*

<sup>1</sup> "Onookola ekyoto mu miti gya akasiya, okwoterezangako obubaane. <sup>2</sup> Kya

kwenkanankana, sentimita amakumi ana mu ttaano buli ludda mu buwanvu ne mu bugazi; era kinaabeera n'obugulumivu bwa sentimita kyenda. Kubeeko amayembe amakole mu muti ogw'ekyoto nga si mayungeko buyunzi.<sup>3</sup> Ekyoto okiteekeko zaabu kyonna, waggulu ne mu mbiriizi, ne ku mayembe. Era kikolereko omuge ogwa zaabu okukyetooloola.<sup>4</sup> Wansi w'omuge, mu mbiriizi z'ekyoto zombi, kolerawo empeta bbiri eza zaabu, okuyisaamu emisituliro gyakyo nga waliwo gye kitwalibwa.<sup>5</sup> Emisituliro ogikole mu muti gwa akasiya, era ogiteekeko zaabu.<sup>6</sup> Ekyoto kitereeze mu maaso g'eggigi awali essanduuko ey'endagaano, awali ekisaanikira, ye ntebe ey'okusaasira, ekiri ku Ndagaano; awo we nnaakusisinkana.

<sup>7</sup> “Alooni anaayoyezanga obubaane buli nkya, bw'anajjanga okulongoosa ettaala.<sup>8</sup> Era Alooni bw'anajjanga okukoleeza ettaala akawungheezi, anyookezenga obubaane mu maaso ga MUKAMA mu mirembe gyammwe gyonna.<sup>9</sup> Ku kyoto kino tojja kwoterezaako bubaane bulala, wadde ekiweebwayo ekyokebwa, newaakubadde eky'enjaano era tojja kufukako ekiweebwayo eky'ekyokunywa.<sup>10</sup> Alooni anaakolanga omukolo ogw'okulangiririra ku mayembe gaakyo omulundi gumu mu buli mwaka. Okulongoosa kuno okwa buli mwaka kunaakolebwanga n'omusaayi ogw'ekiweebwayo olw'ekibi mu mirembe gyammwe gyonna egigenda okujja. Ekyoto kya MUKAMA kino kitukuvu nnyo.”

*Ebiweebwayo mu Weema ya MUKAMA*

<sup>11</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa nti,  
<sup>12</sup> "Bw'onoobalanga abaana ba Isirayiri, buli gw'onoobalanga anaasasulanga omuwendo eri MUKAMA olw'okununula obulamu bwe mu kiseera mw'abaliddwa, kawumpuli aleme okubagwamu. <sup>13</sup> Buli abalibwa ne yeegatta ku bamaze okubalibwa, anaawaangayo gulaamu mukaaga eri MUKAMA, ng'okubala okw'Awatukuvu okutongole bwe kuli. Sekeri emu yenkanankana ne gera amakumi abiri. Gulaamu omukaaga zinaaweebwangayo ng'ekiweebwayo eri MUKAMA. <sup>14</sup> Bonna abeegatta ku bamaze okubalibwa, okuva ku b'emyaka amakumi abiri egy'obukulu, n'okweyongerayo, anaawaayo ekiweebwayo ekyo eri MUKAMA. <sup>15</sup> Abagagga tebaawengayo kusussa kitundu kya sekeli, n'omwavu taawengayo kitatuuka kitundu kya sekeli bwe munaawangayo ekiweebwayo eri MUKAMA olw'okwtangirira obulamu bwammwe. <sup>16</sup> Ensimbi abaana ba Isirayiri ze banaakuwa onoozikozesanga ku mirimu gy'Eweema ey'Okukunjaaanirangamu. Kinaabanga ekijukizo mu maaso ga MUKAMA, olw'okwtangirira obulamu bwammwe."

*Ebbensi Omunaabirwa*

<sup>17</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa nti,  
<sup>18</sup> "Onookola ebbensi enaabirwamu nga ya kikomo ne ky'etuulako nga kya kikomo. Giteeke wakati w'ekyoto n'Eweema ey'Okukunjaaanirangamu; osseemu amazzi. <sup>19</sup> Alooni ne batabani be ge banaakozesanga

okunaaba engalo zaabwe n'ebigere byabwe.  
<sup>20</sup> Bwe banaabanga bagenda okuyingira mu Weema ey'Okukunjaanirangamu, banaanaabanga amazzi, baleme okufa. Era ne bwe banajjanga ku kyoto okuweereza nga bawaayo eri MUKAMA ekiweebwayo ekyokyе n'omuliro, <sup>21</sup> banaanaabanga engalo zaabwe n'ebigere byabwe, baleme okufa. Kino kinaabanga kiragiro eky'olubeerera eri Alooni n'ezzadde lye emirembe gyonna."

### *Amafuta ag'Okusiiga*

<sup>22</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, <sup>23</sup> "Ddira ebyakawoowo bino eby'omuwendo: Kiro mukaaga ez'omugavu omuyenge omuka, ne kiro ssatu eza kinamoni, ne kiro ssatu eza kalamu omuwoomerevu; <sup>24</sup> ne kiro mukaaga eza kasiya, ne lita nnya ez'amafuta g'omuzeeyituuni; ng'ebipimo by'obuzito bw'omu Watukuvu bwe biri. <sup>25</sup> Bino byonna obikolemu amafuta amatukuvu ag'okusiiga, nga bigattikibbwaa bulungi ng'ebikoleddwa omutabuzi w'ebi'akawoowo, ne galyoka gabeera amafuta amatukuvu ag'okufukibwangako. <sup>26</sup> Olyoke osiige n'amafuta ago Eweema ey'Okukunjaanirangamu, n'Essanduuko ey'Endagaano, <sup>27</sup> n'emmeeza n'ebibeerako byonna, n'ekikondo ky'ettaala n'ebiyakyo byonna, n'ekyoto eky'obubaane, <sup>28</sup> n'ekyoto eky'ekiweebwayo ekyokebwa n'ebikozesebwako, n'ebbensani ne kw'etuula. <sup>29</sup> Obyawule bifuuke bitukuvu nnyo, era

buli ekinaabikomangako nga nakyo kifuuka kitukuvu.

<sup>30</sup> “Alooni ne batabani be onoobafukako amafuta, obaawule, balyoke bampeerezenga nga bakabona. <sup>31</sup> Era abaana ba Isirayiri obagambe nti, ‘Gano ge ganaabanga amafuta gange amatukuvu ag’okufukibwangako, mu mirembe gyammwe gyonna. <sup>32</sup> Tegajjanga kufukibwa ku bantu ba bulijo; era tewabangawo amafuta amalala agatabulwa mu ngeri eno. Gano matukuvu, era mujjukirenga nti matukuvu. <sup>33</sup> Omuntu yenna anaakolanga amafuta ga kalifuuwa okufaanana ne gano, oba anaafukanga gano ku muntu yenna atali kabona, anaawanjjangusibwanga, n’ava mu bantu b’ewaabwe.’”

### *Ebyakaloosa*

<sup>34</sup> Awo MUKAMA n’agamba Musa nti, “Ddira ebyakaloosa bino eby’omuwendo ennyo: sitakite, n’onuka, ne galabano, n’obubaane obuka, nga byenkanankana obuzito, <sup>35</sup> Okolemu ebyakaloosa eby’omuwendo, bibe ng’ebikooleddwa omukugu w’ebjakaloosa. Obiteekemu omunnyo bibeere birongoofu era nga bitukuvu. <sup>36</sup> Onoggyako ekitundu n’okisa ne kifuuka lufufugge, n’okiteeka okwolekera Essanduuko ey’Endagaano mu Weema ey’Okukuŋjaanirangamu, awo we nnaakusisinkananga. Ekyo kinaabeeranga kitukuvu nnyo, gy’oli. <sup>37</sup> Temwekoleranga ebyakaloosa ebyammwe ku bwammwe mu ntabula eno; bino binaabanga bitukuvu era

nga bya MUKAMA. <sup>38</sup> Omuntu yenna alikola ebibifaanana yeesanyuse olw'akaloosa kaabyo, anaawaŋjangusibwanga, n'ava mu bantu b'ewaabwe."

## 31

### *Okulondebwa kw'Abakozi*

<sup>1</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa nti,  
<sup>2</sup> "Laba, nnonze Bezaaleeri mutabani wa Uli, muzzukulu wa Kuuli, ow'omu kika kya Yuda; <sup>3</sup> era mmujjuzza Omwoyo wa Katonda, n'okumanya, n'obusobozi n'amagezi mu kukola ebitali bimu ebyemikono <sup>4</sup> okutetenkanya ebintu ebinaakolebwa mu zaabu ne ffeeza n'ekikomo, nga bwe binaafaanana, <sup>5</sup> okwola amayinja n'okugategeka, n'okwola emit, era n'okukola byonna ebyemikono ebya buli ngeri.  
<sup>6</sup> Ate mmulondeddeko Okoliyaabu mutabani wa Akisamaki, ow'omu kika kya Ddaani, okumuyamba.

"Era abakugu abakola ebintu byonna ebya buli ngeri, mbawadde amagezi okukola bino byonna bye nkulagidde:

<sup>7</sup> "Eweema ey'Okukuŋjaanirangamu, n'Essanduuko ey'Endagaano n'ekibikkako eky'entebe ey'okusaasira, awamu n'ebikozesebwa byonna mu Weema,  
<sup>8</sup> emmeeza n'ebigenderako, ekikondo ekya zaabu omuka eky'ettaala n'ebigenderako, n'ekyoto eky'obubaane,

- <sup>9</sup> n'ekyoto eky'ebiweebwayo ebyokebwa  
n'ebigenderako,  
n'ebbensani ne kw'etuula;  
<sup>10</sup> n'ebiyambalo ebyalukibwa obulungi,  
ebiyambalo ebitukuvu ebya Aloon, kabona,  
n'ebiyambalo bya batabani be bye baweer-  
erezaamu mu bwakabona;  
<sup>11</sup> n'amatuta ag'okufukibwa, n'ebiyakaloosa  
akalungi ak'omu Kifo Ekitukuvu.

“Byonna babikole nga bwe nakulagira.”

### *Ssabiiti*

<sup>12</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa nti,  
<sup>13</sup> “Tegeeza abaana ba Isirayiri nti,  
Munaateekwanga okukuuma Ssabiiti zange,  
kubanga ako ke kabonero akanaabeeranga  
wakati wammwe nange mu mirembe gyammwe  
gyonna, mulyoke mumanye nga Nze MUKAMA,  
Nze mbatukuza.

<sup>14</sup> “Munaakuumanga Ssabiiti, kubanga lu-  
naku lutukuvu. Buli anaaluweebuulanga waak-  
ufa; ne buli anaakolanga omulimu gwonna ku  
lunaku olwo waakuggibwa mu bantu be, at-  
tibwe. <sup>15</sup> Emirimu ginaakolwanga mu nnaku  
mukaaga, naye olunaku olw'omusantu ye Ss-  
abiiti ey'okuwummula, lunaku lwa MUKAMA  
lutukuvu. Buli anaakolanga omulimu ku lunaku  
lwa Ssabiiti wa kuttibwa. <sup>16</sup> Noolwekyo abaana  
ba Isirayiri banaakumanga olunaku lwa Ssabi-  
iti, nga balujjukira mu mirembe gyabwe gyonna,  
ng'endagaano etaggwaawo. <sup>17</sup> Kanaabeeranga  
kabonero wakati wange n'abaana ba Isirayiri  
emirembe gyonna, akalaga nti MUKAMA yakola

eggulu n'ensi mu nnaku mukaaga, ne ku lunaku olw'omusantu n'alekeraawo okukola, n'awummula.'"

<sup>18</sup> Awo MUKAMA bwe yamaliriza okwogera ne Musa ku lusozi Sinaayi, n'awa Musa ekipande bibiri eby'amayinja, eby'Endagaano Katonda gye yawandiika n'engalo ye, ye kennyni.

## 32

### *Ennyana eya Zaabu*

<sup>1</sup> Abantu bwe baalaba nga Musa aluddeyo nnyo ku lusozi, ne bakunjaanira awali Aloonii, ne bamugamba nti, "Jjangu, otukolere baka-tonda abanaatukulembera; kubanga Musa ono eyatuggyga mu nsi y'e Misiri, tetumanyi kimutuseeko."

<sup>2</sup> Aloonii n'abaddamu nti, "Mwambule empeta eza zaabu, bakyala bammwe, ne batabani bammwe, ne bawala bammwe ze bambadde ku matu gaabwe, muzindeetere." <sup>3</sup> Awo abantu bonna ne beenaanulako empeta zaabwe eza zaabu ez'oku matu, ne bazireetera Aloonii. <sup>4</sup> Aloonii n'azisaanuusa; zaabu eyavaamu n'agibumbamu ennyana, ng'agirongoosa n'ekyuma. Ne balyoka boogera nti, "Bano be bakatonda bo ggwe Isirayiri abaakuggyga mu nsi y'e Misiri!"

<sup>5</sup> Aloonii bwe yalaba ebyo, n'azimba ekyoto mu maaso g'ennyana, n'alyoka alangirira nti, "Enkyaa tujja kukolera MUKAMA embaga." <sup>6</sup> Awo enkeera, abantu ne bazuukuka mu makya, ne bawaayo ebiweebwayo ebyokebwa, ne baleeta n'ebiweebwayo olw'emirembe; ne batuula ne

balya era ne banywa, ne basituka ne bakola effujo.

<sup>7</sup> MUKAMA n'agamba Musa nti, "Serengeta, kubanga abantu bo be waggya mu nsi ey'e Misiri boonoonye; <sup>8</sup> bavudde mangu mu kkubo lye nabalagira; beekoledde ennyana ensaanuuse ne bagisinza, ne bagireetera ebiweebwayo, ne boogera nti, 'Bano be bakatonda bo, ggwe Isirayiri, abaakuggyga mu nsi y'e Misiri!'"

<sup>9</sup> MUKAMA n'agamba Musa nti, "Abantu bano mbalabye, era ndabye nga bakakanyavu. <sup>10</sup> Kale, kaakano ndeka obusungu bwange bubabu-ubuukireko, mbazikirize; kyokka ggwe ndikufula eggwanga ekkulu."

### *Musa Yeegayirira Katonda*

<sup>11</sup> Naye Musa ne yeegayirira MUKAMA Katonda we, n'agamba nti, "Lwaki obusungu bwo bubuubuukira abantu bo be waggya mu nsi y'e Misiri n'obuyinza, awamu n'omukono gwo ogw'amaanyi? <sup>12</sup> Lwaki okwogeza Abamisiri nti, 'Yabatwala ng'agenderedde kubakola kabi, abattire mu nsozi, abazikirize, bave ku nsi?' Nyigulukuka, obusungu obubuubuuka bukuveeko, oleme kuleeta bulabe ku bantu bo. <sup>13</sup> Jjukira abawereesa bo Ibulayimu, ne Isaaka, ne Isirayiri, be walayirira ggwe kennyini, n'obagamba nti, 'Ndyaza bazzukulu bammwe ng'emmunyeenyenye ez'oku ggulu, era n'ensi eno gye mbasuubizza ndigiwa bazzukulu bammwe, era eribeera omugabo gwammwe ennaku zonna.' " <sup>14</sup> MUKAMA akabi ke yali ategese okukola abantu be n'atakaleeta.

### *Musa Azikiriza Ennyana*

<sup>15</sup> Awo Musa n'aserengeta okuva ku lusozi ng'akutte mu mikono gye ebipande ebibiri eby'Endagaano, nga biwandiikkidwako ku njuyi zombi. <sup>16</sup> Ebipande byakolebwa Katonda, n'ebiwandiike ebyaliko byali bya Katonda, nga ye yabisala ku bipande ebyo.

<sup>17</sup> Yoswa bwe yawulira oluyoogaano lw'abantu nga baleekaana, n'agamba Musa nti, "Mu lusisira eriyo okuyoogaana ng'okw'olutalo."

<sup>18</sup> Naye n'amuddamu nti,  
 "Siwulira                        maloboozi                        galeekaana  
                                       olw'obuwanguzi,  
                                       oba                                amaloboozi                        g'okwaziirana  
                                       olw'okuwangulwa,  
                                       naye maloboozi ga kuyimba ge mpulira."

<sup>19</sup> Naye Musa bwe yasemberera olusiisira, n'alengera ennyana, n'alaba n'amazina; obusungu bwe ne bubuubuuuka, n'asuula eri ebipande ebyali mu mikono gye, ne bimenyekera awo wansi w'olusozi. <sup>20</sup> N'addir ennyana gye baali bakoze n'agyokya mu muliro n'agisekulasekula, n'agimerungulira ddala ng'olufuufu; olufuufu n'alumansa ku mazzi n'agawa abaana ba Isirayiri ne baganywa.

<sup>21</sup> Awo Musa n'agamba Alooni nti, "Abantu bano baakukoze ki, n'obaleetera okwonoona ennyo bwe batyo?"

<sup>22</sup> Alooni n'amuddamu nti, "Tonnyiigira nnyo, mukama wange, naawe abantu bano obamanyi, ng'emitima gyabwe bwe gyamanyiira okwonoona. <sup>23</sup> Banjambye nti, 'Tukolere baktonda abanaatukulembra kubanga Musa ono

eyatuggya mu nsi y'e Misiri, tetumanyi kimutuuseeko.' <sup>24</sup> Nange kwe kubagamba nti, 'Buli alina ebya zaabu abyeyambuleko,' ne babimpa ne mbiteeka mu muliro, ne bivaamu ennyana eno."

### *Abantu Abattibwa Abaleevi*

<sup>25</sup> Awo Musa bwe yalaba ng'abantu basasamadde, nga Aloonii yali abalese ne basasamala, era ng'abalabe baabwe babasekerera, <sup>26</sup> n'ayimirira mu mulyango gw'olusiisira, n'agamba nti, "Ani ali ku ludda lwa MUKAMA? Ajje wano we ndi." Awo batabani ba Leevi bona ne bakuŋŋaanira w'ali. <sup>27</sup> N'abagamba nti, "Bw'ati MUKAMA Katonda wa Isirayiri bw'ayogera nti, 'Buli musajja yeesibe ekitala kye mu kiwato kye, muyiteeyite mu nsiiisira okuva ku ludda olumu okutuuka ku ludda olulala, nga buli musajja atta muganda we ne mukwano gwe, ne muliraanwa we.'" <sup>28</sup> Abaleevi ne bakola nga Musa bwe yabalagira; era ku lunaku olwo abantu ng'enkumi ssatu ne battibwa. <sup>29</sup> Awo Musa n'agamba nti, "Mwawuddwa leero eri MUKAMA, bwe musse buli omu mutabani we, era ne muganda we; MUKAMA abawadde omukisa ku lunaku lwa leero."

<sup>30</sup> Enkeera Musa n'agamba abantu nti, "Mwonoonye nnyo. Naye nze ka ŋŋende eri MUKAMA ndabe obanga nnaatangiririra ekibi kyammwe." <sup>31</sup> Bw'atyo Musa n'addayo eri MUKAMA, n'agamba nti, "Kitalo! Abantu bano nga boonoonye nnyo; bwe beekoledde bakatonda aba zaabu!" <sup>32</sup> Bw'oba osiima

basonyiwe ekibi kyabwe; naye bwe kitaba kityo, nkwegayirira onsangule mu kitabo kyo ky'owandiise."

<sup>33</sup> Naye MUKAMA n'agamba Musa nti, "Oyo yekka ankozeeko ekibi gwe ndisangula mu kitabo kyange. <sup>34</sup> Kaakano genda otwale abantu mu kifo ekyo kye nakutegeeeza; era, laba, malayika wange ajja kukukulembera. Naye ekiseera nga kituuse okubabonereza ndibabonerereza ddala olw'ekibi kyabwe."

<sup>35</sup> Awo MUKAMA n'aleetera abantu kawumpuli, kubanga beekolera ennyana, Aloonii gye yababumbira.

## 33

### *Okuzza Obuggya Endagaano*

<sup>1</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Vva mu kifo kino ogende, ggwe n'abantu be waggya mu nsi y'e Misiri, olage mu nsi gye nalayirira Ibulayimu ne Isaaka, ne Yakobo, nga njogera nti, 'Ndigiwa bazzukulu bammwe.' <sup>2</sup> Ndiweereza malayika abakulemberenga; era ndigobamu Abakanani, n'Abamoli, n'Abakiiti, n'Abaperezi, n'Abakiivi n'Abayebusi. <sup>3</sup> Yambuka mu nsi ekulukutiramu amata n'omubisi gw'enjuki. Naye sija kugenda nammwe; sirwa kubazikiririza mu kkubo, kubanga muli bantu ab'ensingo enkakanyavu."

<sup>4</sup> Abantu bwe baawulira amawulire ago ag'ennaku, ne bakungubaga ne watabaawo ayambala eby'omu matu wadde eby'oku mikono ebyokwewoomya. <sup>5</sup> Kubanga MUKAMA yali

alagidde Musa nti, "Gamba abaana ba Isirayiri nti, 'Mulina omutima omukakanyavu, era singa ntambula nammwe okumala akaseera wadde katono katya, nzija kubazikiriza. Kale kaakano mweyambulemu ebyokwewoomya byammwe, ndyoke ndabe kye nnaakola.' "<sup>6</sup> Bwe batyo abaana ba Isirayiri ne beeyambulamu eby'obugagga byabwe nga bali ku lusozi Kolebu.

<sup>7</sup> Kale, Musa yaddiranga eweema n'agisimba ebweru w'olusiisira, ewala ddala n'olusiisira; n'agiyita Eweema ey'Okukuŋjaanirangamu. Ne buli eyeetaaganga MUKAMA, ng'agenda awali Eweema ey'Okukuŋjaanirangamu, eyali ebweru w'olusiisira. <sup>8</sup> Era buli Musa lwe yafulumanga n'alaga eri Eweema, abantu bonna nga bayimirira mu miryanggo gy'eweema zaabwe ne batunuulira Musa okutuusa lwe yayingiranga mu Weema. <sup>9</sup> Musa bwe yayingiranga mu Weema, empagi ey'ekire n'ekka n'eyimirira mu mulyango gw'Eweema; MUKAMA n'alyoka ayogera ne Musa. <sup>10</sup> Abantu bwe baalabanga ng'empagi ey'ekire eyimiridde mu mulyango gw'Eweema, bonna ne basituka ne basinza, buli omu mu mulyango gw'eweema ye. <sup>11</sup> Bw'atyo MUKAMA bwe yayogeranga ne Musa nga batunulaganye, ng'omuntu bw'ayogera ne mukwano gwe. Musa bwe yaddangayo mu lusiisira, omuweereza we, omuvubuka Yoswa mutabani wa Nuuni, ye n'asigalayo mu Weema.

### *Musa Atunuulira Ekitiibwa kya MUKAMA*

<sup>12</sup> Musa n'agamba MUKAMA nti, "Obadde on-tegeeza nti, 'Kulembera abantu bano,' naye

omuntu gw'onontuma naye tomuntegeezenza. Ogambye nti, 'Nkumanyi awamu n'erinnya lyo, era onsanyusizza.' <sup>13</sup> Obanga nkusanyusizza, njigiriza amakubo go ndyoke nkumanye era nneeyongeranga okukusanyusa. Jjukira nti egg-wanga lino be bantu bo."

<sup>14</sup> MUKAMA n'addamu nti, "Nnaagendanga naawe, era nnaakuwummuzanga."

<sup>15</sup> Musa n'amugamba nti, "Obanga toogende naffe, totuggya wano. <sup>16</sup> Kale abantu balitegeera ku ki nga Nkusanyusizza, nze n'abantu bo? Si lwa kubanga onooba ogenze naffe, ne tuba ba njawulo, nze n'abantu bo, nga twawukana ku bantu bona ab'oku nsi?"

<sup>17</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Nzija kukola ekyo kyennyini ky'osabye; onsanyusizza, era nkumanyi awamu n'erinnya lyo."

<sup>18</sup> Musa n'agamba nti, "Nkwegayiridde, ndaga ekitiibwa kyo."

<sup>19</sup> MUKAMA n'agamba nti, "Nzija kuggyayo obulungi bwange bwonna nga mbuyisa mu maaso go. Era nzija kukutegeeza erinnya lyange, MUKAMA. Buli gwe nnaayagalanga okukwatirwa ekisa, nnaamukwatirwanga ekisa, ne buli gwe nnaayagalanga okusaasira nnaamusaasiranga."

<sup>20</sup> Era n'agamba nti, "Naye toyinza kulaba maaso gange, kubanga tewali muntu antunulako n'aba mulamu."

<sup>21</sup> MUKAMA n'agamba nti, "Waliwo wano okumpi nange ekifo ku lwazi kw'onooyimirira.

<sup>22</sup> Ekitiibwa kyange bwe kinaaba kiyitawo,

nnaakuteeka mu mpataanya mu lwazi, ne nku-bikkako omukono gwange okutuusa lwe nnaamala okuyitawo. <sup>23</sup> Oluvannyuma omukono gwange nnaaguggyawo, n'olaba amabega gange; naye tojja kulaba ku maaso gange."

## 34

### *Ebipande eby'Amayinja Ebyokubiri*

<sup>1</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Teekateeka ebipande bibiri eby'amayinja nga biri ebyasooka, nange nnaabiwandiikako ebigambo ebyali ku bipande ebyasooka bye wamenya.

<sup>2</sup> Weetegeke mu makya, ojje mu makya ago olinnye waggulu ku lusozi Sinaayi, olyoke onneeyanjilire eyo ku ntikko y'olusozi. <sup>3</sup> Tewasaana kubaawo muntu ajja naawe, era ku lusozi wonna wonna tewasaana kulabikawo muntu n'omu; era n'amagana n'ebisibo by'endiga tebisaana kuliira mu maaso ga lusozi."

<sup>4</sup> Bw'atyo Musa n'atema mu mayinja ebipande bibiri nga bifaanana nga biri ebyasooka; n'akeera mu makya n'alinnya ku lusozi Sinaayi, nga MUKAMA bwe yamulagira, ng'asitudde n'ebipande eby'amayinja byombi mu mikono gye. <sup>5</sup> Awo MUKAMA n'akkira mu kire, n'ayimirira awo ne Musa, n'alangirira erinnya lye, MUKAMA. <sup>6</sup> MUKAMA n'ayita mu maaso ga Musa n'agamba nti, "Nze MUKAMA, MUKAMA Katonda alina ekisa n'okusaasira okungi, atasunguwala mangu, ajjudde obwesigwa n'okwagala okutaggwaawo. <sup>7</sup> Akuumma okwagala eri enkumi n'enkumi asonyiwa ebisobyo

byabwe, n'obujeemu bwabwe, n'ebibi byabwe. Talema kubonereza oyo asingiddwa omusango. Abonereza abaana n'abazzukulu olw'ebisobyo bya bakadde baabwe n'ebya bajjajaabwe, okutuukira ddala ku mulembe ogwokusatu n'ogwokuna."

<sup>8</sup> Amangwago Musa n'avuunama wansi, n'asinza. <sup>9</sup> N'agamba nti, "Obanga kaakano nkusanyusizza, Ayi Mukama, jjangu, Mukama, ogende naffe. Newaakubadde ng'abantu bano balina ensingo nkakanyavu, naye tusonyiwe ebyonoono byaffe n'ebibi byaffe, otukkirize tubeere abantu bo ab'obusika bwo."

<sup>10</sup> Awo MUKAMA n'addamu nti, "Laba, nkola naawe endagaano. Nzija kukolera mu bantu bo ebyamagero ebitakolwangako mu nsi yonna, wadde mu ggwanga lyonna. Abantu bonna b'oli nabo banaalaba eby'ekitalo MUKAMA by'anaakolera mu ggwe.

### *Okulabula ku Kusinza Ebifaananyi*

<sup>11</sup> "Gondera bye nkulagira leero. Nange, gye mulaga, nzija kugobayo Abamoli, n'Abakanani, n'Abakiiti, n'Abaperezzi, n'Abakiivi, n'Abayebusi. <sup>12</sup> Kirungi weekuumme oleme kukola ndagaano n'abatuuze ab'omu nsi gy'olagamu, kubanga bayinza okubafuukira omutego. <sup>13</sup> Olimenyaamenya ebyoto byabwe, obetente empagi zaabwe, n'otemaatema ebifaananyi byabwe ebibajje bye basinza. <sup>14</sup> Tosinzanga katonda mulala yenna, kubanga Nze MUKAMA, ayitibwa Waabuggya, ndi Katonda wa buggya.

**15** "Temukolanga ndagaano ey'okukolagana n'abatuuze b'omu nsi omwo. Kubanga bwe baliba bagoberera bakatonda baabwe, nga bawaayo ssaddaaka, gamba omu ku bo n'abayita, mulirya ku biweebwayo byabwe ebyo. **16** Era bwe muliwasiza batabani bammwe abamu ku bawala baabwe, abawala abo ne bagoberera bakatonda baabwe, balireetera batabani bammwe nabo okukola bwe batyo.

**17** "Temwekoleranga bakatonda mu byuma ebisaanuuse.

### *Amateeka ku Mbaga Ennonde*

**18** "Embaga ey'Emigaati Egitali Mizimbulukuse ogikwatanga. Munaamalanga ennaku musanvu nga mulya emigaati egitali mizimbulukuse, mu kiseera ekyategekebwa mu mwezi gwa Abibu nga bwe nablagira; kubanga mu mwezi gwa Abibu mwe mwaviira mu Misiri.

**19** "Ebiggulanda byonna byange, n'ennume zonna mu magana go embereberye, oba nte oba ndiga. **20** Endogoyi embereberye onoozin-unulanga n'endiga, naye nga toginunudde ogimenganya ensingo n'ogitta. Abaana bo abaggulanda bona obanunulanga. Era tewabanga aija gye ndi engalo ensa.

**21** "Onookolanga okumala ennaku mukaaga, naye ku lunaku olw'omusanvu n'owummula; ne mu biseera eby'okukabala n'ebiyokukungula onoowummulanga.

**22** "Onookwatanga Embaga eya Wiiki, n'Embaga ey'Amakungula g'Ebibala Ebibereberye eby'Enjaano, n'Embaga ey'Okuyingiza Amakungula ku nkomerero

y'omwaka. <sup>23</sup> Abasajja bona mu mmwe banaalabikanga awali MUKAMA Katonda, Katonda wa Isirayiri, emirundi esatu mu buli mwaka. <sup>24</sup> Amawanga njenda kugagobawo wonna we muli, era ndigaziya n'ensalo zammwe. So tewalibaawo ayagala kutwala nsi yammwe nga mwambuse okulabika awali MUKAMA Katonda wammwe emirundi egyo esatu mu mwaka.

<sup>25</sup> "Temuwangayo kintu kyonna gye ndi ekirimu ekizimbulukusa nga mundeetedde ssad-daaka erimu omusaayi; era ennyama ya ssad-daaka ey'Embaga y'Okuyitako tesigalangawo kuttusa nkeera.

<sup>26</sup> "Ebibala ebisinga obulungi mu ebyo ebisoose okuva mu ttaka lyo obitwalanga mu nnyumba ya MUKAMA Katonda wo.

"Omwana gw'embuzi togufumbiranga mu mata ga nnyina waagwo."

<sup>27</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa nti, "Wandi-ika ebigambo ebyo; kubanga nkoze endagaano naawe era ne Isirayiri ng'ebigambo ebyo bwe bigamba." <sup>28</sup> Musa n'abeera eyo ne MUKAMA, n'amalayo emisana amakumi ana n'ebiro amakumi ana, nga talya mmere wadde okunywa amazzi. N'awandiika ku bipande ebigambo eby'Endagaano, ge Mateeka Ekkumi.

### *Amaaso ga Musa Agamasamsa*

<sup>29</sup> Musa bwe yaserengeta okuva ku lusozi Sinaayi ng'akutte mu ngalo ze ekipande byombi eby'Endagaano, teyakimanya ng'obwenyi bwe bwali bumasamasa kubanga yali ayogedde ne

MUKAMA. <sup>30</sup> Era Aloonni n'abaana ba Isirayiri bona bwe baatunula ku Musa, ne balaba ng'obwenyi bwe bumasaamasa; ne batya okumuseemberera. <sup>31</sup> Naye Musa n'abayita; bw'atylo Aloonni n'abakulembeze b'abantu ne bajja gy'ali, Musa n'ayogera nabo. <sup>32</sup> Oluvannyuma abaana ba Isirayiri bona ne basembera, n'abategeeza amateeka gonna MUKAMA ge yamulagira ku lusozi Sinaayi.

<sup>33</sup> Awo Musa bwe yamala okwogera nabo, n'abikka obwenyi bwe olugoye. <sup>34</sup> Naye Musa bwe yabanga agenda awali MUKAMA okwogera naye, ng'olugoye olubikka obwenyi bwe alwebikkula okutuusa lwe yavangayo. Bwe yakoman-gawo okutegeeza abaana ba Isirayiri MUKAMA by'amulagidde, <sup>35</sup> baalabanga obwenyi bwe nga bumasaamasa. Bw'atylo Musa ne yezzaako olugoye olubikka obwenyi bwe, okutuusa lwe yad-dangayo eri MUKAMA okwogera naye.

## 35

### *Ebiragiro bya Ssabiiti*

<sup>1</sup> Awo Musa n'akuṇṇaanya ekibiina kyonna eky'abaana ba Isirayiri, n'abagamba nti, "Bino bye bintu MUKAMA by'abalagidde okukola. <sup>2</sup> Munaakolanga emirimu mu nnaku omukaaga; naye olunaku olw'omusantu lunaabanga Lwassabiiti, lutukuvu, munaaluwummulanga awali MUKAMA. Buli anaakoleranga omulimu ku lunaku olwo anattibwanga. <sup>3</sup> Temukumanga muliro mu nnyumba zammwe ku lunaku Lwassabiiti."

*Ekiragiro ky'Eweema ya MUKAMA*

<sup>4</sup> Musa n'agamba ekibiina kyonna eky'abaana ba Isirayiri nti, "Kino MUKAMA ky'alagidde.  
<sup>5</sup> Mutoole ku bye mulina muweeyo eri MUKAMA. Buli omu aweeyo, nga bw'ayagala mu mutima gwe ebiweebwayo eri MUKAMA:

- "zaabu, ne ffeeza, n'ekikomo;
- <sup>6</sup> n'olugoye olwa bbululu, n'olwa kakobe, n'olumyufu, n'olugoye olwa linena erangid-dwa mu wuzi ennungi;
- n'obwoya bw'embuzi,
- <sup>7</sup> n'amaliba g'endiga ennume amakunye amannyike mu langi emyufu, n'ekika ky'eddiba ekirala ekiwangaazi;
- n'embaawo z'omuti gwa akasiya,
- <sup>8</sup> n'amafuta g'ettaala,
- n'ebiyakaloosa eby'okukozesa mu mafuta ag'okwawula, ne mu bubaane obw'okunyookeza,
- <sup>9</sup> n'amayinja aga onuku n'amayinja amalala ag'omuwendo, ag'okutona ku kkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi era ne ku kyomukifuba.

<sup>10</sup> "Abo bona mu mmwe abakugu mu kukola, muveeyo mujje mukole ebyo byonna MUKAMA by'atulagidde:

- <sup>11</sup> "Eweema ya MUKAMA Omukunjaaanirwa n'olugoye lwayo n'ekibikkako, n'ebisiba, n'embaawo, n'emikiikiro, n'empagi zaayo, n'ebituarwamu;

- 12 essanduuko ey'Endagaano n'emisituliro gyayo, n'ekisaanikira, ye ntebe ey'okusaasira, n'eggigi erigisiikiriza;
- 13 emmeeza n'emisituliro gyayo ne byonna ebigureerako, n'emigaati gya egypt'Okulaga;
- 14 ekikondo ky'ettaala n'ebigenderako, ettaala n'amafuta gaazo;
- 15 ekyoto eky'okwoterezaamu obubaane n'emisituliro gyakyo; amafuta ag'okwawula, n'obubaane obw'akawoowo; olutimbe olw'omu mulyango oguyingira mu Weema ya MUKAMA;
- 16 ekyoto eky'ebiweebwayo ebyokebwa n'ekitindiro kyakyo eky'ekikomo; emisituliro gyakyo ne byonna ebikozeserwako; ebbensani ey'ekikomo ne ky'etuulako;
- 17 entimbe ez'oku bisenge eby'omu luggya n'empagi zaazo ne mwe zituula; n'olutimbe olw'omu mulyango oglaga mu luggya;
- 18 enkondo z'eweema n'ez'omu luggya n'emiguwa gyazo;
- 19 ebyambalo ebiruke ebyambalwa mu kuweereza mu Kifo Ekitukuvu, bye byambalo ebitukuvu ebya Aloon kabona, n'ebyambalo bya batabani be bye bakozesa mu bwakabona nga baweereza."

### *Abantu Baleeta Ebirabo Byabwe*

- 20 Awo abantu bonna ab'ekibiina ky'abaana ba Isirayiri ne bava awali Musa ne bagenda. 21 Buli eyayagala, era ng'omwoyo gwe bwe gwamukubiriza, n'awaayo eri MUKAMA eby'okukozesa Eweema

ey'Okukunjaanirangamu n'ebikozesebwamu byonna, n'eb'y'okukozesa ebyambalo ebitukuvu. <sup>22</sup> Abasajja n'abakazi bona abaayagala mu mitima gyabwe ne bajja; ne baleeta ebikwaso eby'omuwendo, empeta ez'omu matu, n'empeta ez'oku ngalo, n'ebikomo, n'ebirala ebya zaabu ebitali bimu; buli muntu n'awaayo ekirabo ekya zaabu eri MUKAMA. <sup>23</sup> Era buli muntu eyalina olugoye olwa bbululu, oba olwa kakobe, oba olumyufu, oba olwa linena ennungi, oba olw'obwoya bw'embuzi; oba amaliba amakunye ag'endiga ensajja oba ag'embuzi, byonna ne babireeta. <sup>24</sup> Buli omu eyalina eky'okuwaayo ekya ffeeza oba eky'ekikomo, yakireeta n'akiwaayo eri MUKAMA; era na buli musajja eyalina olubaawo olwa akasiya nga luyinza okugasa mu mulimu ogwali gukolebwa, yaluleeta n'aluwaayo. <sup>25</sup> Abakazibonnaabaali bamanyi ennyo okulanga ewuzi, ne balanga n'engalo zaabwe ewuzi eza bbululu, n'eza kakobe, n'emyufu n'eza linena omuyonde obulungi, ne bazireeta ne baziwaayo. <sup>26</sup> Era n'abakazi bonnaabaali abakugu era nga beeyagalidde, ne balanga ewuzi mu bwoya bw'embuzi. <sup>27</sup> Awo abakulembeze ne baleeta amayinja aga onuku, n'amayinja amalala ag'omuwendo, gasalibwe galyoke gatonebwe ku kkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi ne ku ky'omu kifuba. <sup>28</sup> Era ne baleeta n'ebjakaloosa, n'amafuta g'ettaala, n'amafuta ag'okwawula n'okukozesa ku bubaane. <sup>29</sup> Abaana ba Isirayiri bona, abasajja n'abakazi, abaalina omutima ogwagala okuleeta ekintu kyonna olw'omulimu

MUKAMA gwe yali alagidde Musa okukolebwa, ne bakireeta ng'ekiweebwayo kyabwe kye baawaayo eri MUKAMA nga beesiimidde.

*Bezaaleeri ne Okoliyaabu n'abakozi*

<sup>30</sup> Awo Musa n'agamba abaana ba Isirayiri nti, "Muwulire. MUKAMA alonze Bezaaleeri mutabani wa Uli, muzzukulu wa Kuuli, ow'omu kika kya Yuda. <sup>31</sup> MUKAMA amujizza Omwoyo we, n'obusobozi, n'amagezi, n'okuteteenkanya, n'okutegeera, awamu n'obukozi obwa buli ngeri; <sup>32</sup> ayiiye amajjolobera ag'okukolebwa mu zaabu ne ffeeza ne mu kikomo; <sup>33</sup> era n'ag'okusalwa mu mayinja ag'okutona, era n'ag'okwolebwa mu miti, n'okukola buli ngeri yonna ey'amagezi. <sup>34</sup> Era ye ne Okoliyaabu mutabani wa Akisamaki ow'omu kika kya Ddaani, MUKAMA abawadde obusobozi okuyigiriza abalala. <sup>35</sup> Abajjuzza amagezi ag'obukugu mu mitima gyabwe okukola eby'emikono ebya buli ngeri ng'ebikolebwa abayiyya amajjolobera, oba abasala amayinja, oba abatunzi b'emidalizo n'ebimuli mu wuzi eza bbululu, n'ezza kakobe n'emyufu mu bitambaala ebya linena omulungi, oba abalus, oba abakugu abakola ebintu byonna ebya buli ngeri n'abatetenkanya amajjolobera."

## 36

<sup>1</sup> "Bezaaleeri ne Okoliyaabu ne buli musajja mukugu yenna, MUKAMA gw'awadde obusobozi n'amagezi okumanya okukola omulimu gwonna ku kuzimba eweema ya MUKAMA, bajja kukola nga MUKAMA bw'alagidde."

<sup>2</sup> Awo Musa n'ayita Bezaaleeri ne Okoliyaabu, ne buli mukugu yenna MUKAMA gwe yali awadde amagezi n'obusobozi, era nga yeeyagalidde yekka okukola. <sup>3</sup> Musa n'abakwasa ebirabo byonna abaana ba Isirayiri bye baali batonedde MUKAMA nga bwe baali beeyagalidde eby'okukozaesa eweema ya MUKAMA. Abantu ne bongera okuleeta ku byabwe ebya kyeyagalire buli nkya. <sup>4</sup> Awo abakozi bali abakugu abaali bakola eweema ya MUKAMA ne bava ku mirimu gyabwe, <sup>5</sup> ne bajja eri Musa ne bamugamba nti, "Ebirabo abantu bye baleese bisukkiridde obungi ku ebyo ebyetaagibwa okumala omulimu MUKAMA gwe yalagira okukolebwa."

<sup>6</sup> Awo Musa n'awa ekiragiro ne kibunyisibwa mu lusiisira lwonna nti, "Tewabaawo musajja oba mukazi ayongera okuleeta ekiweebwayo olw'omulimu gw'Eweema ya MUKAMA." Bwe batyo abantu ne bagaanibwa okwongera okuwaayo; <sup>7</sup> kubanga ebyo abakozi bye baalina byali bimala omulimu ogwo era n'okufikkawo.

### *Eweema ya MUKAMA Ekolebwa*

<sup>8</sup> Awo bannakinku bona mu basajja abakozi ne bakola Eweema ya MUKAMA n'emitanda kkumi egya linena omunyoole omulungi ennyo, nga mulimu n'ebya bbululu, ne kakobe, ne myufu, ne bakerubi nga batungiddwamu n'amagezi mangi. <sup>9</sup> Emitanda gyonna gyali gyenkanankana; ng'omutanda ogumu guweza obuwanvu mita kkumi na bbiri n'ekitundu,

ate obugazi mita emu ne desimoolo munaana. <sup>10</sup> Baagatta emitanda etaano nga bagisengese, gumu ku gunnaagwo, n'emitanda emirala etaano nagyo ne bagigatta bwe batyo. <sup>11</sup> Ne batunga enjango eza bbululu ku mukugiro gw'omutanda gw'entimbe ogukomererayo mu kitundu ekimu eky'entimbe etaano, era ne batunga n'enjango endala mu ngeri y'emu ku ludda olulala. <sup>12</sup> Baatunga enjango amakumi ataano ku mutanda ogumu, era ne batunga enjango endala amakumi ataano ku mukugiro gw'omutanda ku ludda olulala, enjango nga zoolekaganye. <sup>13</sup> Ne bakola ebikwaso ebya zaabu amakumi ataano, ne bakwasa wamu enjuuyi zombi ez'emitanda n'ebikwaso; Eweema n'ebeera wamu nga nnamba.

<sup>14</sup> Ne bakola entimbe kkumi na lumu nga zirukiddwa mu bwoya bw'embuzi ne bazibikka ku Weema. <sup>15</sup> Entimbe zonna ekkumi n'olumu zaali zenkanankana: ng'obuwantu mita kkumi na ssatu n'ekitundu, obugazi zaali mita emu n'obutundu munaana. <sup>16</sup> Ne bagatta entimbe ttaano wamu ku bwazo, n'entimbe omukaaga nazo ne bazigatta ku bwazo. <sup>17</sup> Ne batunga enjango amakumi ataano ku mukugiro gw'entimbe ekomererayo ku bwazo, n'enjango amakumi ataano endala ku mukugiro gw'entimbe omulala ku bwazo. <sup>18</sup> Ne bakola ebikwaso eby'ekikomo amakumi ataano, ne babiyisa mu njango okunyweza enjuuyi zombi ez'entimbe ezo ng'ekintu ekimu. <sup>19</sup> Ne bakola ekibikka ku Weema mu maliba g'endiga ennume nga gannyikiddwa mu langi

emyufu; okwo ne babikkako amaliba g'ente ey'omu nnyanja.

<sup>20</sup> Awo ne babajja embaawo mu muti gwa akasiya ne baziyimiriza ne zikola entobo ya Weema. <sup>21</sup> Buli lubaawo lwali mita nnya n'ekitundu obuwanvu, ate ng'obugazi zaali sentimita nkaaga mu musanvu. <sup>22</sup> Buli lubaawo baaluteekako obubaawo obuyiseemu bubiri, obw'okukozesa mu kugatta, nga bulekawo amabanga agenkanankana. Embaawo zonna ez'entobo ya Weema bwe baazikola bwe batyo. <sup>23</sup> Baakola embaawo amakumi abiri ne bazissa ku ludda olw'obukiikaddyo obw'Eweema, <sup>24</sup> era ne bakola obubya obutono obwa ffeeza amakumi ana, ne babussa wansi w'obubaawo obuyiseemu obubiri ku buli lubaawo. <sup>25</sup> Ate ku ludda olw'obukiikkono olw'Eweema ne bakolerayo embaawo amakumi abiri, <sup>26</sup> n'entobo eza ffeeza amakumi ana, bbiri nga ziri wansi wa buli lubaawo. <sup>27</sup> Ne bakola embaawo mukaaga, ne baziteeka ku ludda olw'emabega wa Weema, lwe lw'ebugwanjuba; <sup>28</sup> era ne bakola embaawo endala bbiri ne bazissa ku nsonda ez'oku ludda olwo olw'ebugwanjuba. <sup>29</sup> Ku nsonda zino ebbiri, embaawo zombi baazisiba wamu nabansasaana okuvira ddala wansi okutuuka wag-gulu, ne bazinyweza n'empeta. <sup>30</sup> Noolwekyo waaliwo embaawo munaana, n'entobo eza ffeeza kkumi na mukaaga, nga buli lubaawo wansi waalwo eriyo bbiri bbiri.

<sup>31</sup> Ne bakola emikiikiro mu muti gwa akasiya. Emikiikiro etaano ne bagikozesa ku mbaawo eziri ku lusebenju lwa Weema olumu,

<sup>32</sup> n'emikiikiro etaano ku mbaawo eziri ku lusebenju lwa Weema olulala, n'emikiikiro etaano ne bagikozesa ku mbaawo eziri ku ludda olw'emabega wa Weema olw'ebugwanjuba. <sup>33</sup> Ne bassaayo omulabba nga guyita wakati w'embawo nga guva ku ludda olumu okutuuka ku ludda olulala. <sup>34</sup> Embaawo ne bazibikkako zaabu, era ne bakola empeta eza zaabu ne bazisibisa emikiikiro; n'emikiikiro nagyo ne bagibikkako zaabu.

### *Eggigi Likolebwa*

<sup>35</sup> Baakola eggigi mu wuzi eza bbululu, ne kakobe, ne myufu ne linena omulebevu omulungi alangiddwa; era omukozi omukugu n'atungiramu bakerubi. <sup>36</sup> Ne baliwanika n'amalobo aga zaabu ku mpagi nnya ezaabajibwa mu muti gwa akasiya, nga zibikkiddwako zaabu, era nga zisimbiddwa mu ntobo eza ffeeza. <sup>37</sup> Ne bakola olutimbe olw'omu mulyango gwa Weema mu wuzi eza bbululu, ne kakobe, ne myufu ne linena omulebevu alangiddwa obulungi. <sup>38</sup> Ne balukolera empagi ttaano nga bazibazze mu muti gwa akasiya, ne baziteekako n'amalobo gaazo. Ne babikka zaabu kungulu ku mpagi ne ku bisiba byazo. Entobo zaazo ettaano ne bazikola mu kikomo.

## 37

### *Essanduuko ey'Endagaano Ekolebwa*

<sup>1</sup> Awo Bezaaleeri n'akola Essanduuko mu muti gwa akasiya; ng'obuwantu bwayo mita emu ne desimoolo emu, n'obugazi sentimita

nkaaga mu musanvu, n'obugulumivu nabwo sentimita nkaaga mu musanvu. <sup>2</sup> N'agibikkako zaabu omuka ennyo kungulu ne munda, era n'agyetoolooza omuge ogwa zaabu. <sup>3</sup> N'agiweeseza empeta nnya eza zaabu, n'azisiba ku magulu gaayo ana, ng'empeta ebbiri ziri ku ludda lwayo olumu n'endala ebbiri ku ludda lwayo olulala. <sup>4</sup> N'abajja emisituliro mu muti ogwa akasiya, n'agibikkako zaabu, <sup>5</sup> n'agisonseka mu mpeta ziri okusituzanga essanduuko.

<sup>6</sup> N'akolerako ekisaanikira, ye ntebe ey'okusaasira nga kya zaabu omuka ennyo; obuwanvu bwakyo bwali mita emu ne desimoolo emu, n'obugazi sentimita nkaaga mu musanvu. <sup>7</sup> N'akolerako ne bakerubi babiri mu zaabu omuweese ku njuyi ebbiri ez'ekisaanikira, ye ntebe ey'okusaasira. <sup>8</sup> Kerubi omu yamuteeka ku ludda lumu olw'ekisaanikira, ye ntebe ey'okusaasira, ne kerubi omulala ku ludda olwokubiri, nga bakerubi bombi beekutte wamu n'ekisaanikirako, ye ntebe ey'okusaasira. <sup>9</sup> Ebiwaawaatiro bya bakerubi yabikola nga bibikkule nga bisonze waggulu, era nga bisiikirizza ekisaanikira, ye ntebe ey'okusaasira. Bakerubi ne batunulagana nga boolekedde ekisaanikira, ye ntebe ey'okusaasira.

### *Emmeeza Ekolebwa*

<sup>10</sup> N'akola n'emmeeza mu muti gwa akasiya, obuwanvu bwayo sentimita kyenda, n'obugazi sentimita amakumi ana mu ttaano, n'obugulumivu sentimita nkaaga mu musanvu. <sup>11</sup> N'agibikkako zaabu omuka

enryo, era n'agyetoolooza omuge ogwa zaabu. <sup>12</sup> N'agikolerako olukugiro oluweza sentimita musanvu ne desimoolo ttaano obugazi, n'omuge ogwa zaabu okwebungulula olukugiro olwo. <sup>13</sup> N'aweesa empeta nnya eza zaabu, n'azisiba mu nsonda ennya awali amagulu gaayo ana. <sup>14</sup> Empeta ezo yazissa kumpi n'olukugiro ziysisibwemu emisituliro gy'emmeeza. <sup>15</sup> N'akola emisituliro gy'emmeeza mu muti gwa akasiya, n'agibikkako zaabu. <sup>16</sup> N'akola mu zaabu omuka, ebikozesebwa eby'okubeeranga ku m meeza: essowaani zaako, n'ebijiiko byako, n'ebibya eby'okufukanga ebiweebwayo eby'okunywa.

### *Elikondo ky'ettaala*

<sup>17</sup> Yakola ekikondo ky'ettaala nga kya zaabu omuka. Yakiweesezaako entobo yaakylo n'enduli, n'ebikopo ebifaanana ng'ebimuli, amatabi n'emutunsi n'ebimuli byako; byonna yabiweesa mu kyuma kya zaabu kimu bulambalamba. <sup>18</sup> Kwaliko amatabi mukaaga agafaanana ng'omutuula emisubbaawa; amatabi asatu nga gali ku ludda lumu n'amalala asatu nga gali ku ludda olulala. <sup>19</sup> Ku ttabi erimu kwaliko ebikopo bisatu nga bikoleddwa ng'ebimuli by'alumondi n'emutunsi n'ebimuli, ate bisatu ne bibeera ku ttabi eddala, n'ebirala bisatu ne bibeera ku buli limu ku mataki amalala okutuusa amatabi omukaaga gonna agava ku kikondo ky'ettaala lwe gaabuna. <sup>20</sup> Ku kikondo ky'ettaala kwennyini kwaliko ebikopo bina ebyakolebwa ng'ebimuli by'alumondi

n'emitunsi gyabyo n'ebimuli byako. <sup>21</sup> Omutunsi ogumu gwali wansi w'amatabi abiri agava ku kikondo ky'ettaala, n'omuntunsi ogwokubiri ne gubeera wansi w'amatabi abiri agaddirira, n'omutunsi ogwokusatu ne gubeera wansi w'amatabi abiri agaddako, amatabi gonna omukaaga ne gabuna. <sup>22</sup> Emitunsi n'amatabi gaako yabikola bumu n'ekikondo ky'ettaala mu zaabu omuweese omuka nga biri wamu.

<sup>23</sup> Ekikondo ky'ettaala n'akikolera ettaala musanvu, ne makansi ezikomola entambi, n'essowaani ez'okussaako ebisirinza, nga byonna abikoze mu zaabu omuka. <sup>24</sup> Ekikondo ky'ettaala ne byonna ebigenderako yabikola mu zaabu omuka eyaweza obuzito bwa kilo amakumi asatu mu nnyia.

### *Ekyoto eky'Okwoterezangako Obubaane*

<sup>25</sup> Yakola ekyoto, mu miti gy'akasiya, okwoterezangako obubaane, nga kyenkanankana sentimita amakumi ana mu ttaano buli ludda mu buwanvu ne mu bugazi; n'obugulumivu bwa sentimita kyenda; n'amayembe gaakyo nga gali mu muti gumu nakyo. <sup>26</sup> Ekyoto yakisiigako zaabu omuka kyonna, waggulu ne mu mbiriizi ne ku mayembe, n'akolerako omuge ogwa zaabu okukyebungulula. <sup>27</sup> Wansi w'omuge mu mbiriizi z'ekyoto zombi, yakolerako empeta bbiri eza zaabu, okuyisangamu emisituliro gyakyo nga wabaddewo gye kitwalibwa. <sup>28</sup> Emisituliro yagikola mu muti gwa akasiya, n'agisiigako zaabu.

<sup>29</sup> N'atabula amafuta amatukuvu ag'okwawula, n'ateekateeka obubaane

obulongosebbwa ennyo, ng'abutabudde bulungi ng'omukugu mu byakaloosa bwe yandikoze.

## 38

### *Ekyoto eky'Ekiweebwayo Ekyokebwa*

<sup>1</sup> Yazimba ekyoto eky'ekiweebwayo ekyokebwa mu miti gy'akasiya, mita emu ne desimoolo ssatu obugulumivu, ne mita bbiri ne desimoolo ssatu obuwanyu, ate obugazi mita bbiri ne desimoolo ssatu. <sup>2</sup> Ku nsonda zaakyo ennya yakolerako amayembe; ng'ekyoto n'amayembe yabibajja bumu mu nduli y'omuti emu. Ekyoto kyonna n'alyoka akibikkako ekikomo. <sup>3</sup> Ate n'akola eby'okukozesa ku kyoto: ensaka, n'ebisena evvu, n'ebbensani, n'ewuuma z'ennyama, ne fulampeni. Ebyo byonna yabikola mu kikomo. <sup>4</sup> Ekyoto yakikolera ekitindiro eky'obutimba obw'ekikomo, n'akireebeeseza ku mukiikiro gw'ekyoto, n'akissa mu kyoto okutuuka mu makkati gaakyo. <sup>5</sup> N'akola empeta nnya ku nsonda ennya ez'ekitindiro ky'ekikomo nga ze z'okuwanirira emisituliro. <sup>6</sup> Emisituliro gino yagibajja mu muti gwa akasiya, n'agibikkako ekikomo. <sup>7</sup> N'asonseka emisituliro egyo ng'agiyisa mu mpeta mu mbiriizi z'ekyoto, gikozesebwenga ng'ekyoto kisitulwa. Yakikola n'embaawo nga wakati kya muwulukwa.

<sup>8</sup> N'akola ebbensani ey'ekikomo n'akameeza kaayo, bye yaweesa okuva mu ndabirwamu ez'ekikomo ezaagabwa abakazi abaaweerezanga ku mulyango gw'Eweema ey'Okukuŋjaanirangamu.

*Oluggya lw'Eweema ya MUKAMA*

<sup>9</sup> Ekyaddirira, yakola oluggya. Ku luuyi olw'obukiikaddyo, oluggya lwali obuwantu mita amakumi ana mu mukaaga, nga lulina amagigi aga linena omulungi omulebevu alangiddwa, <sup>10</sup> n'ebikondo amakumi abiri, n'entobo mwe bituula ez'ekikomo amakumi abiri, nga kuliko amalobo aga ffeeza n'emikiikiro egya ffeeza. <sup>11</sup> Ne ku luuyi olw'obukiikkono oluggya lwali obuwantu mita ana mu mukaaga, n'ebikondo amakumi abiri, n'ebikolo byabyo mwe bituula eby'ekikomo amakumi abiri, nga ku bikondo kuliko amalobo aga ffeeza n'emikiikiro gyako gyali nya ffeeza.

<sup>12</sup> Ku luuyi olw'ebugwanjuba oluggya lwali lwa mita amakumi abiri mu bbiri, ne desimoolo ttaano nga luliko entimbe, n'ebikondo kkumi, n'entobo kkumi; n'amalobo n'emikiikiro nya bya ffeeza. <sup>13</sup> Ne ku luuyi olw'ebuvanjuba oluggya lwali obugazi mita amakumi abiri mu bbiri n'obutundu butaano. <sup>14</sup> Ku ludda olumu olw'omulyango kwaliko amagigi obuwantu mita mukaaga n'obutundu munaana, n'ebikondo bisatu n'entobo zaabyo ssatu. <sup>15</sup> Ne ku ludda olulala olw'omulyango nakwo kwaliko entimbe obuwantu mita mukaaga n'obutundu munaana, era n'ebikondo bisatu n'entobo zaabyo ssatu. <sup>16</sup> Entimbe zonna okwebungulula oluggya zaali za linena omulungi omulebevu alangiddwa. <sup>17</sup> Entobo z'ebikondo zaali za kikomo, naye amalobo n'emikiikiro gyako nya bya ffeeza, ne ku mitwe gyabyo nya kubikkiddwako ffeeza;

bwe bityo ebikondo byonna eby'omu luggya byaliko emikiikirogya ffeeza.

<sup>18</sup> Olutimbe olw'omu mulyango gw'oluggya lwakolebwamu linena omulungi omulebevu alangiddwa obulungi, nga lutungiddwamu amajjolobera mu wuzi eza bbululu, ne kakobe ne myufu. Lwali luweza obuwanyu mita mwenda n'obugulumivu mita bbiri n'obutundu busatu, ng'entimbe ez'oluggya bwe zaali. <sup>19</sup> Lwalina empagi nnya, n'entobo zaazo nnya nga za kikomo, n'amalobo gaazo n'emikiikiro nga bya ffeeza, ne kungulu kwonna ne kubikkibwako ffeeza. <sup>20</sup> Enkondo zonna ez'Eweema n'okwebungulula oluggya zaali za kikomo.

### *Ebyakozesebwa ku Weema ya MUKAMA*

<sup>21</sup> Bino bye bintu byonna ebyakozesebwa ku Weema, Eweema ya MUKAMA ey'Obujulizi, nga Musa bwe yalagira okubibala bikozesebwe Abaleevi nga balabirirwa Isamaali mutabani wa Aloonikabona. <sup>22</sup> Bezaaleeri, mutabani wa Uli muzzukulu wa Kuuli, ow'omu kika kya Yuda, n'akola ebyo byonna MUKAMA bye yala-gira Musa; <sup>23</sup> baakolera wamu ne Okoliyaabu, mutabani wa Akisamaki ow'omu kika kya Ddaani, eyali omukugu ennyo mu kwola ne mu kutetenkanya, n'okutunga amajjolobera mu linena ennungi endebevu ennange n'ewuzi eza bbululu ne kakobe ne myufu. <sup>24</sup> Zaabu yenna eyali aweereddwayo eri MUKAMA, eyakozesebwa mu kuzimba ekifo ekitukuvu, yali nga ttani emu, ng'okupima kw'Awatukuvu okutongole bwe kuli.

25 Ne ffeeza eyaweebwayo abaabalibwa nga bava mu kibiina mu kubala abantu, yali wa kilo enkumi ssatu mu ebikumi bina, ng'okupima kw'Awatukuvu okutongole bwe kuli. 26 Noolwekyo, buli muntu yawangayo gulaamu ttaano ne desimoolo ttaano ng'okupima kw'Awatukuvu okutongole bwe kuli ng'aweebwayo abo abaabalibwa nga bava ku myaka egy'obukulu amakumi abiri n'okwewayongerayo, bona baawera abasajja obusiriiyu mukaaga mu enkumi ssatu mu bitaano mu ataano. 27 Ffeeza ow'obuzito bwa kilo enkumi ssatu mu ebikumi bina ye yasaanuusibwa okukolamu entobo ekikumi ez'Awatukuvu n'eggigi: noolwekyo, nga buli kilo amakumi asatu mu nnya zikola entobo emu. 28 Kilo amakumi asatu ezaasigalawo zaakolwamu amalobo ag'oku bikondo n'emikiikiro gyabyo, n'okubikka ku mitwe gy'ebikondo.

29 Ekikomo ekyaweebwayo eri MUKAMA olw'ekiweebwayo ekiwuubibwa kyalil kilo enkumi bbiri mu ebikumi bina. 30 Omwo Bezaaleeri mwe yakola ekituurwamu eky'omulyango gw'Eweema ey'Okukuññaanirangamu, n'ekyoto eky'ekikomo, n'ekitindiro eky'obutimba eky'ekikomo, n'ebikozesewa ebirala byonna eby'ekyoto, 31 n'ekituurwamu okwebungulula oluggyga, n'ekituurwamu eky'omulyango omunene ogw'oluggyga, n'enkondo zonna ez'Eweema, n'enkondo zonna okwebungulula oluggyga.

## 39

### *Ebyambalo by'Obwakabona*

<sup>1</sup> Awo ne bakola, mu wuzi eza bbululu; ne kakobe ne myufu, ebyambalo ebirukiddwa obulungi eby'okuweererezangamu mu Kifo Ekitukuvu. Ne bakolera ne Alooni ebyambalo ebitukuvu, nga MUKAMA bwe yalagira Musa.

### *Ekkanzu ey'obwakabona Ennyimpi Eyitibwa Efodi*

<sup>2</sup> Awo ne bakola ekkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi mu wuzi eza zaabu, ne bbululu, ne kakobe ne myufu, ne linena omulebevu omulange. <sup>3</sup> Ne baweesa zaabu ey'oluweewere, ne bagisala obulere ne babukozesa awamu n'ewuzi eza bbululu, ne kakobe, ne myufu ne linena omulebevu omulungi omulange, nga bikoleddwa mu majjolobera agakoleddwa n'obukugu. <sup>4</sup> Ekkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi ne bagikolera eby'okubibegabega bibiri nga bitungiddwa w'ekoma, n'egattibwa bulungi. <sup>5</sup> Ne bakola omusipi gwayo n'amagezi mangi ng'agaakola ekkanzu ey'obwakabona, n'ebyakozesebwa nga bye bimu. Ewazi nga za zaabu, ne bbululu, ne kakobe, ne myufu, ne linena omulebevu alangiddwa; nga MUKAMA bwe yalagira Musa.

<sup>6</sup> Ne baddira amayinja ga onuku ne bagakwasiza mu mapeesa aga zaabu, ng'amayinja gawandiikkwako, ng'empeta bw'ewandiikkwako, amannya g'abaana ba Isirayiri. <sup>7</sup> Ne bagakwasiza ku byokubibegabega eby'ekkanzu ey'obwakabona eyitibwa efodi,

okubeeranga amayinja g'ekijjukizo ky'abaana ba Isirayiri; nga MUKAMA bwe yalagira Musa.

### *Ekyomukifuba*

<sup>8</sup> Ne bakola ekyomukifuba, nga mulimu gwa kikugu ng'ogw'ekkanzu ey'obwakabona ey-itibwa efodi, mu wuzi za zaabu, ne bbululu, ne kakobe ne myufu ne linena omule-bevu omulange. <sup>9</sup> Kyali kyenkanankana, buli ludda sentimita amakumi abiri mu bbiri ne desimoolo ttaano nga kimaze okuwetebwamu wakati. <sup>10</sup> Ne batungirako ennyiriri nnya ez'amayinja ag'omuwendo omungi. Mu lunyiriri olusooka bassaamu amayinja: sadiyo, ne topazi, ne kaabankulo; <sup>11</sup> ne mu lunyiriri olwokubiri bassaamu amayinja: nnawandagala, ne safiro ne alimaasi; <sup>12</sup> ne mu lunyiriri olwokusatu bassaamu amayinja: jasinta, ne ageti, ne amesusito; <sup>13</sup> ne mu lunyiriri olwokuna bassaamu amayinja: berulo, ne onuku, ne yasipero; ne gategekebwaa mu fuleemu eya zaabu. <sup>14</sup> Waaliwo amayinja ag'omuwendo kkumi n'abiri, nga ku buli limu kusaliddwako erimu ku mannya g'abaana ba Isirayiri. Gaasalibwa bulungi ng'obubonero obu-woolebwa nga ku buli limu kuliko erinnya lyako okumalirayo ddala amannya g'ebika ekkumi n'ebibiri.

<sup>15</sup> Ku kyomukifuba baakolerako enjegere ennange ng'emiguwa, nga za zaabu omuka; <sup>16</sup> ne bakola fuleemu bbiri eza zaabu n'empeta bbiri eza zaabu; ne bassa empeta ezo zombi ku mikugiro ebiri egy'ekyomu kifuba. <sup>17</sup> Ne bayisa enjegere ebbiri mu mpeta ebbiri

ezaali ku mikugiro gy'eky'omu kifuba. <sup>18</sup> Ne baddira enjuuyi ebbiri ezaasigalawo ez'enjegere ne bazikwasiza ku fulleemu ebbiri, ne bazinywereza mu maaso g'ebi'okubibegabega byombi eby'ekkanzu ey'obwakabona eya efodi. <sup>19</sup> Era baakola empeta bbiri eza zaabu ne bazitunga ku mikugiro ebiri egy'ekyomu kifuba ku luuyi olw'omunda olwali luliraanye ekkanzu ey'obwakabona eya efodi. <sup>20</sup> Ne bakolayo empeta endala bbiri eza zaabu ne baziteeka mu maaso mu bitundu byombi ebya wansi eby'ebi'okubibegabega eby'ekkanzu ey'obwakabona eya efodi, wagguluko okumpi n'oluzizi lw'omusipi lw'ekkanzu ey'obwakabona eya efodi. <sup>21</sup> Baasiba empeta ez'oku kyomukifuba wamu n'empeta z'ekkanzu ey'obwakabona eya efodi n'akaguwa aka bbululu, ne bakagatta n'omusipi ekyomukifuba kireme kutaggulukuka ku kkanzu ey'obwakabona eya efodi. Byakolebwa nga MUKAMA bwe yalagira Musa.

### *Ebyambalo eby'Obwakabona Ebirala*

<sup>22</sup> Baakola ekyambalo eky'omunda mu kkanzu ey'obwakabona eya efodi, nga kiruke era nga kya bbululu kyonna. <sup>23</sup> Ne bassa ekituli wakati mu kyambalo omw'okuyisa omutwe. Ku kituli ekyo ne beetooloozaako omuge omuyonde ng'omuleera kireme okuyulika. <sup>24</sup> Okwetooloola ebirenge by'ekyambalo ekyo wansi ne batungayeo amajjolobera mu wuzi eza bbululu, ne kakobe, ne myufu, ne linena omulebevu omulange obulungi. <sup>25</sup> Era ne bakola n'obude obwa

zaabu omuka, ne bagenda nga babutobeka mu majjolobera; <sup>26</sup> baatunga amajjolobera ne baddirizaako akade, ate ne batunga amajjolobera ne baddirizaako akade, okwetooloola ebirenge by'ekyambalo ekyo eky'okuweererezangamu; nga MUKAMA bwe yalagira Musa.

<sup>27</sup> Era ne bakolera Aloonii n'abaana be amakooti agaalukibwa mu wuzi eza linena omulebevu omulungi. <sup>28</sup> Ne bakola n'ekitambaala eky'oku mutwe mu linena omulebevu omulungi, era n'enkuufiira ne bazikola mu linena omulebevu omulungi; ne bakola n'empale mu linena omulebevu omulungi omulange, <sup>29</sup> n'omusipi mu linena omulebevu omulungi omulange ow'ewuzi eza bbululu, ne kakobe ne myufu nga zitungiddwa ng'omudalizo n'amagezi mangi; nga MUKAMA bwe yalagira Musa.

<sup>30</sup> Era ne bakola akapande ak'engule entukuvu mu zaabu omuka, ne bayolako ebigambo, nga bw'owandiika ku kabonero, nti:

Mutukuvu wa MUKAMA.

<sup>31</sup> Ne bakasibako akakoba akatunge obulungi aka bbululu, kakanywerezenga waggulu ku kitambaala ky'oku mutwe; nga MUKAMA bwe yalagira Musa.

### *Okumaliriza Omulimu gw'Eweema ya MUKAMA*

<sup>32</sup> Bwe gutyo omulimu gwonna ogw'okukola Eweema ya MUKAMA, Eweema ey'Okukuŋjaanirangamu ne guggwa; ng'abaana ba Isirayiri bakoze ebyo byonna

nga MUKAMA bwe yalagira Musa. <sup>33</sup> Awo Weema ya MUKAMA ne bagireetera Musa;

Eweema yonna ne byonna ebyali bigirimu:  
 ebisiba byayo, n'embaaawo, n'emikiikiro,  
 n'empagi zaayo, n'ebituurwamu;  
<sup>34</sup> ekibikkako eky'amaliba g'endiga amakunye  
 amannyike mu langi emyufu, n'amaliba  
 g'embuzi amakunye, n'eggigi ery'okutimba;  
<sup>35</sup> essanduuko ey'Endagaano n'emisituliro  
 gyayo n'ekisaanikira, ye ntebe  
 ey'okusaasira;  
<sup>36</sup> emmeeza ne byonna ebigibeerako,  
 n'emigaati egy'Okulaga;  
<sup>37</sup> ekikondo ky'ettaala ekya zaabu omuka,  
 n'ettaala zaako n'ebigenderako ebikoze-  
 sebwa, n'amatfuta gaazo;  
<sup>38</sup> ekyoto ekya zaabu, amatfuta ag'okwawula  
 n'obubaane obw'akawoowo, n'olutimbe  
 olw'omulyango oguyingira mu Weema;  
<sup>39</sup> ekyoto eky'ekikomo n'ekitindiro kyakyo  
 eky'ekikomo, emisituliro gyakyo ne byonna  
 ebikozesebwako;  
 ebbensani ne ky'etuulamu;  
<sup>40</sup> entimbe ez'oku bisenge, eby'omu luggya  
 n'empagi zaazo ne mwe zituula, n'olutimbe  
 olw'omu mulyango oglaga mu luggya,  
 emiguwa gyalwo n'enkondo zaalwo;  
 ne byonna ebikozesebwa olw'emirimu  
 gy'omu Weema ya MUKAMA, Eweema  
 ey'Okukunjaanirangamu;  
<sup>41</sup> ebyambalo ebiruke obulungi ebyambalwa  
 mu kuweereza mu Kifo Ekitukuuu,

ebyambalo ebitukuvu ebya Aloonikabona,  
n'ebyambalo bya batabani be bye bakozesa  
mu bwakabona nga baweereza.

<sup>42</sup> Nga MUKAMA bwe yalagira Musa mu byonnia, bwe batyo abaana ba Isirayiri omulimu gwonna bwe baagukola. <sup>43</sup> Awo Musa n'akebera omulimu gwonna, era n'alaba nga bagumalirizza. Nga MUKAMA bwe yalagira, nabo bwe batyo bwe baagukola. Awo Musa n'abasabira omukisa.

## 40

### *Okusimba Eweema ya MUKAMA*

<sup>1</sup> Awo MUKAMA n'agamba Musa nti,  
<sup>2</sup> "Ku lunaku olw'olubereberye olw'omwezi ogw'olubereberye kw'olisimbira Eweema ya MUKAMA, Eweema ey'Okukunjaanirangamu.  
<sup>3</sup> Essanduuko ey'Endagaano oligiyingiza mu Weema; Essanduuko n'olyoka ogisiikiriza n'eggigi. <sup>4</sup> Oliyingiza emmeeza, n'otegeka bulungi byonnia ebikolerwako. Oliyingiza ekikondo ky'ettaala era n'otegekako ettaala zaakwo n'ozikoleeza. <sup>5</sup> Era oliteeka ekyoto ekya zaabu eky'okwoterezangako obubaane mu maaso g'Essanduuko ey'Endagaano, n'ossaawo olutimbe mu mulyango gw'Eweema ya MUKAMA.

<sup>6</sup> "Ekyoto eky'ekiweebwayo ekyokebwa olkissa mu maaso g'omulyango ogwa Weema ya MUKAMA, Weema ey'Okukunjaanirangamu, <sup>7</sup> olyoke oteeke ebbensani wakati wa Weema ey'Okukunjaanirangamu n'ekyoto, mu

bbensani oteekemu amazzi. <sup>8</sup> Olikola oluggya okwebungulula Weema ya MUKAMA, n'ossaawo olutimbe mu mulyango oguyingira mu luggya.

<sup>9</sup> "Oliddira amafuta ag'okwawula n'ogamansa ku Weema ya MUKAMA ne byonna ebigrimu, olyoke oyawule Eweema ya MUKAMA n'ebigrimu byonna, ebeere ntukuvu. <sup>10</sup> Olimansira amafuta ku kyoto eky'ebiweebwayo ebyokebwa n'ebikozesebwako byonna, n'oyawula ekyoto, bwe kityo ekyoto kiribeera kitukuvu nnyo. <sup>11</sup> Era n'ebbensani oligimansirako amafuta, ne kw'etuula, n'ogyawula, n'ogitukuza.

<sup>12</sup> "Olireta Aloonni ne batabani be ku mulyango gw'Eweema ey'Okukuŋñaanirangamu, n'obanaaza n'amazzi, <sup>13</sup> n'oyambaza Aloonni ebyambalo ebitukuvu n'omusiigako amafuta n'omwawula, alyoke ampeereze nga kabona. <sup>14</sup> Olireta ne batabani be n'obambaza ekkanzu ey'obwakabona, <sup>15</sup> n'obasiigako amafuta, nga bwe wasiize ku kitaabwe, balyoke bampeereze nga bakabona: era okusiigibwako amafuta okwo kulibafuula bakabona ebbanga lyonna mu mirembe gyabwe." <sup>16</sup> Musa bw'atyo n'akola ebyo byonna nga MUKAMA bwe yamulagira.

<sup>17</sup> Awo ku lunaku olusooka mu mwezi ogw'olubereberye, mu mwaka ogwokubiri, Eweema ya MUKAMA n'esimbibwa. <sup>18</sup> Musa n'asimba Eweema ya MUKAMA; n'ateekateeka ebya wansi mw'etuula, n'ategeka olukangaga lwayo, n'asimba empagi zaayo; <sup>19</sup> n'assaako ekibikka ku Weema ya MUKAMA, nga MUKAMA bwe yamulagira.

<sup>20</sup> N'addirra Endagaano, ey'ebipande eby'amayinja okwasalibwa Amateeka Ekkumi, n'agiteeka munda mu Ssanduuko ey'Endagaano, n'assa emisituliro ku Ssanduuko ey'Endagaano, n'assaako kungulu ekisaanikira, ye ntebe ey'okusaasira; <sup>21</sup> n'ayingiza Essanduuko ey'Endagaano munda mu Weema ya MUKAMA, n'atimbawo eggigi, n'asiikiriza Essanduuko ey'Endagaano, nga MUKAMA bwe yalagira Musa.

<sup>22</sup> N'ayingiza emmeeza mu Weema ey'Okukunjaanirangamu, n'agiteeka ku ludda olw'Obukiikkakkono olwa Weema ya MUKAMA, wabweru w'eggigi, <sup>23</sup> n'assaako emigaati ng'agitegese bulungi awali MUKAMA, nga MUKAMA bwe yalagira Musa. <sup>24</sup> N'assa ekikondo ky'ettaala mu Weema ey'Okukunjaanirangamu ku ludda olw'Obukiikkaddyo obw'Eweema ya MUKAMA, okwolekera emmeeza, <sup>25</sup> n'ategeka ettaala awali MUKAMA, nga MUKAMA bwe yalagira Musa.

<sup>26</sup> N'ayingiza ekyoto ekya zaabu mu Weema ey'Okukunjaanirangamu mu maaso g'eggigi, <sup>27</sup> n'ayokerako obubaane obwa kawoowo, nga MUKAMA bwe yalagira Musa. <sup>28</sup> N'ateeka olutimbe olw'omu mulyango gw'Eweema ya MUKAMA mu kifo kyalwo.

<sup>29</sup> N'ateeka ekyoto eky'ebiweebwayo ebyokebwa ku mulyango gw'Eweema ya MUKAMA, Weema ey'Okukunjaanirangamu, n'aweerayo okwo ekiweebwayo ekyokebwa eky'obuwunga, nga MUKAMA bwe yalagira Musa. <sup>30</sup> N'atereeza ebbensani wakati wa Weema ey'Okukunjaanirangamu n'ekyoto,

n'assaamu amazzi ag'okunaaba; <sup>31</sup> Musa ne Alooni ne batabani ba Alooni mwe baanaabiranga engalo zaabwe n'ebigere byabwe. <sup>32</sup> Buli lwe baayingiranga mu Weema ey'Okukunjaanirangamu, ne buli lwe baasembereranga ekyoto nga banaaba, nga MUKAMA bwe yalagira Musa.

<sup>33</sup> N'akola oluggya okwebungulula Weema ya MUKAMA n'ekyoto, n'assaawo olutimbe mu mulyango oguyingira mu luggya. Bw'atyo Musa omulimu n'agumaliriza.

### *Ekitiibwa kya MUKAMA*

<sup>34</sup> Awo ekire ne kibuutikira Eweema ey'Okukunjaanirangamu, yonna n'ejula ekitiibwa kya MUKAMA. <sup>35</sup> Musa n'atasobola kuyingira mu Weema ey'Okukunjaanirangamu, kubanga ekire kyagibuutikira, n'ekitiibwa kya MUKAMA ne kijijula.

<sup>36</sup> Mu lugendo lwabwe lwonna, ekire bwe kyaggyibwanga ku Weema ya MUKAMA, olwo abaana ba Isirayiri nga basitula nga batambula; <sup>37</sup> naye ekire bwe kitaggyibwangako ku Weema ya MUKAMA, olwo nga tebasitula kutambula okutuusa ku lunaku lwe kyaggyibwangako. <sup>38</sup> Ekire kya MUKAMA kyabeeranga ku Weema ya MUKAMA emisana, ate ekiro nga mu kire ekyo mubaamu muliro, ng'abaana ba Isirayiri bonne ebyo babiraba mu lugendo lwabwe lwonna.

**Biblica® Bayibuli Entukuvu, Endagaano  
Enkadde n'Endagaano Empya ekwatiddwa  
ku katambi™**

**Ganda: Biblica® Bayibuli Entukuvu, Endagaano  
Enkadde n'Endagaano Empya ekwatiddwa ku  
katambi™ (Bible) of Uganda**

copyright © 2017 Biblica, Inc.

Language: Luganda

Contributor: Biblica, Inc.

This work is made available under the Creative Commons Attribution-ShareAlike 4.0 International License (CC BY-SA). To view a copy of this license, visit <http://creativecommons.org/licenses/by-sa/4.0> or send a letter to Creative Commons, PO Box 1866, Mountain View, CA 94042, USA.

Biblica® is a trademark registered by Biblica, Inc., and use of the Biblica® trademark requires the written permission of Biblica, Inc. Under the terms of the CC BY-SA license, you may copy and redistribute this unmodified work as long as you keep the Biblica® trademark intact. If you modify a copy or translate this work, thereby creating a derivative work, you must remove the Biblica® trademark. On the derivative work, you must indicate what changes you have made and attribute the work as follows: "The original work by Biblica, Inc. is available for free at [www.biblica.com](http://www.biblica.com) and [open.bible](http://open.bible)."

Notice of copyright must appear on the title or copyright page of the work as follows:

**Biblica® Open Akuapem Twi Contemporary Bible™**  
Copyright © 1996, 2020 by Biblica, Inc.

"Biblica" is a trademark registered in the United States Patent and Trademark Office by Biblica, Inc. Used with permission.

You must also make your derivative work available under the same license (CC BY-SA).

If you would like to notify Biblica, Inc. regarding your translation of this work, please contact us at <https://open.bible/contact-us>.

This translation is made available to you under the terms of the Creative Commons Attribution Share-Alike license 4.0.

You have permission to share and redistribute this Bible translation in

any format and to make reasonable revisions and adaptations of this translation, provided that:

You include the above copyright and source information.

If you make any changes to the text, you must indicate that you did so in a way that makes it clear that the original licensor is not necessarily endorsing your changes.

If you redistribute this text, you must distribute your contributions under the same license as the original.

Pictures included with Scriptures and other documents on this site are licensed just for use with those Scriptures and documents. For other uses, please contact the respective copyright owners.

Note that in addition to the rules above, revising and adapting God's Word involves a great responsibility to be true to God's Word. See Revelation 22:18-19.

2021-12-30

---

PDF generated using Haiola and XeLaTeX on 21 Feb 2024 from source files dated 16 Nov 2021

b8f803ca-b3a3-5d67-9825-04daa3956553